

OKUKUZA ABAANA NABWO BUWEREZA MU BITUNDU

TENDEKA ABAANA BO

EKITABO EKY'OKUJJUZAMU

OMUZINGO 3

“Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo” (Matayo 28:19–20).



Craig Caster

Train Up Your Children in Luganda
Parenting Is a Ministry series, Volume 3 of 4

Tendeka Abaana Bo Muzingo gwa 3 Mu Kukuza Abaana Nabwo Buwereza Mu Bitundu.

Emitwe emilala mubuwereza bwokuza abaana

Enkuza y'Abaana Ekyusa (Omuzingo 1)

Empuliziganya ey'Okwagala (Omuzingo 2)

Okukangavvula Okw'omu Baibuli (Omuzingo 4)

Ekitabo ky'Omukulembeze

Obutabo Obulala Obwa FDM.world

Omusingi gw'Obu Kristayo Ogw'Amazima: Omusingi Omunywevu og'Omuyigirizwa aka Craig caster.

Obufumbo buwereza aka Craig caster

Okutegeera abavubuka aka Craig caster.

Obutabo bwona obwa FDM.world bukirizibwa okusomebwa omuntu kinomu, oba abangi ngekikozesebwa mukuyigirizibwa era n'okuwabula.

Kino Kikulu: Amabanga age'mpapuula okuva mukatabo k'okujjuzaamu akasooka gagidwamu. Enamba z'empapuula ezimu zandiba nga zibukidwa ku lwe nsonga eno.

Tendeka Abaana Bo

Okukuza Abaana Buwereza Mu Bitundu Omuzingo 3
Amaka ag'Obuwangwa, Amagatte, n'Agakuzibwa Omuzadde Omu

Craig Caster

Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe: era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo. (Matayo 28:19-20).

OBUWEREZA MUKUYIGIRIZIBWA KW'AMAKKA

Esimu: (619) 590-1901

Emayilo: info@FDM.world

Website: www.FDM.World, www.discipleshipworkbooks.com

Tendeka Abaana Bo mu Okukuza Abaana Buwereza Mu Bitundu Omuzingo 3, aka Craig caster.

ISBN 978-1-7331045-8-6

Okukubisa ne nkola eya kali magezi obwananyini ©2020 bwa Craig caster. Obwananyini bwona busigalidwa. 09012020 kadidwamu.

Okugyako mungeri endala ewandikidwa, byonna ebyawandikibwa bigidwa okuva mu nkola empya eya king James version. Obwananyini 1982 bya Thoma Nelson. Bikozesedwa awali olukuusa. Obwananyini bwona busigalidwa.

Ebyawandikibwa ebilabidwa na kabonera NASB bigidwa mu New American standard Bible obwananyini 1960,1962,1963,1968,1971,1972,1973,1975,1977,19995 bya musinji gwa Lock man. Bikozesedwa awali olukuusa.

Ebyawandikibwa ebilambidwa ne NIV bigidwa okuva mu Baibuli entukuvu, New international Version. NIV obwananyini 1973,1978,1984,2011 bya Biblica. Bikozesedwa awali olukosa. Obwananyini bwona busigalidwa ensi yonna.

Awatali kukoma kulukusa lwa bwa nanyini obusigalidwa wagulu, tewali kitundu kukufulumya kuno - newankubade mu bukubisiswa oba munkola eya e-book, oba ekintu kyona ekikubisidwa ekyawukana - kyandi nadamu Okufulumizibwa, okuterekebwa munda oba nekyanjulibwa mu mutendeera ogwo'kukiza oba nekisindikibwa, mu ngeri yona oba mungeri zonna (mubyamasanyalaze, ebyuma, okwokesamu, okukwata a maloboozi oba nengeri endaala) awatali lukuusa luwandiike.

Ebirimu

Entandikwa	v
Enyanjula	vii
Essomo 1: Engeri Katonda gy'Afugamu	10
Essomo 2: Okutunulira Ekigambo Kya Katonda.....	20
Essomo 3: Amaanyi ga Taata	29
Essomo 4: Obutabanguko Mumaka	38
Essomo 5: Obuvunaanyizibwa Okuva mu Baibuli.....	45
Essomo 6: Okuyigiriza Amazima Ga Bayibuli	62
Essomo 7: Okuyiriza Abaana Bo.....	70
Essomo 8: Ennono Z'okuyigiriza.....	76
Essomo 9: Okubeera n'Amaka Ag'obwa Katonda.....	84
Essomo 10: Mu Beere Bumu.....	90
Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa	95
Ekyongerezeddwako D: Ebitabo Ebisembewa	96
Ekyongerezeddwako L: Eby'amasanyu Ebitasaana	114
Ekyongerezeddwako T: Enkuluze.....	116
Ebisembayo	122
Ebikwata Kumuwandiisi	125
Ebikwata Ku Buweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka	127

Entandikwa

Abazadde abasinga obungi bandikkiriziganyizza ku bintu bibiri: okukuza abaana kiyinza okuba *eky'ekitalo era ekizibu*. Waliwo enkyukakyuka eziteekwa okukolebwa ku buli njawulo y'omwana, era okukuuma abaana nga basanyufu kiyinza okuba ekizibu. Naye ekisinga okusomooza kwe kukuliiza abaana mu mpiisa. Abafumbo balina okukola nga ttiimu, abazadde abali obwannamunigina bakolera awatali buyambi era buli muzadde alina okusoomoozebwa okukuuma n'okutendeka buli mwana okuva lwe yazaalibwa okutuuka lw'akula. *Ddi, wa, ngeri ki, bungji ki, emirundi emeka*, okumala ebanga ki era nga *ddala kino kikola*, bye bimu ku bibuuzo ebijjudde ebiroowoza by'omuzadde bw'atunuulira omwana ow'omuwendo era omujeemu. Ekituufu kiri nti, abazadde abasinga obungi ennaku zino tebamanyi wa gye bayinza kudda, bakkiriza nti bazadde baabwe baakola omulimu omulungi, era bawulira nga tebalina bisaanyizo.

Naye waliwo obuyambi eri abo abanaawuliriza. Katonda, omutonzi w'ebintu byonna, tatulese nga tetulina ndagiriro. Ye mutonzi w'ekitongole kye tuyita amaka era atuwadde ebiragiro ebitegeerekeka mu Kigambo kye ku ngeri y'okutuuka ku buwanguzi. Kino tulina okukitwala nga kikulu kubanga tulina omulabe. Bayibuli egamba nti Setaani atulwanyisa era yandyagadde okusaanyaawo amaanyi g'amaka, era nga kino kye kikolwa eky'okulumba ekkansa, abantu, n'obujulirwa bwaffe obw'Ekikristaayo eri ensi eyabula. Naye Katonda, ng'amanyi byonna bye twetaaga, atuwa Ekigambo kye n'Omwoyo Omutukuvu, ekimala okuwangula olutalo lwonna.

Eky'ennaku, Abakristaayo abasinga obungi tebamanyi nti Bayibuli ya mugaso mu kukuza abaana, n'olwekyo badda mu bintu ebyayita oba endoowoza z'ensi okufuna obuyambi. Naye kino kye kiseera okuwuliriza n'okunoonya amagezi ga Katonda n'endagiriro okunyweza amaka gaffe. Bwe tuba nga tetuli beetegefu kugondera Mutonzi waffe, kiki kye tusuubira mu biseera eby'omu maaso? Bwe tukola ebintu ebitali bya Katonda, ebivaamu biba bya bujemu n'okuzikiriza. Kiyinza okujja mpolampola, n'olwekyo ne tutakiraba, naye enkomerero buba bulumi.

Enteekateeka y'Okukuza Abaana Buwerezza ejja kukuyamba okuyiga enteekateeka ya Katonda ey'okukuza abaana. K'obe ng'okola ng'amaka ag'obuwangwa, amaka ag'omagatte, amaka ag'omuzadde omu, oba bajjajja abakuza abazzukulu, emisingi gya Katonda egy'okukuza abaana gikola bulungi era gyankomeredde. Ffenna tuli baana ba Katonda, ng'amwotwalidde abazadde awamu n'abaana, era tayinza kutuleka nga tetulina busobozi bwa bulamu bwa ssanyu, bw'obuwanguzi obujjudde essanyu.

Katonda akuwe omukisa okuyitira mu nnono ze ez'ekitalo, ezikyusa obulamu bwo n'okuwa amaka go omukisa nga bw'omukkiriza okukufuula omuzadde gw'ayagala.

Musabire wamu essaala eno.

Mukama waffe Yesu, tusaba obuyambi bwo n'amagezi okubeera abazadde abakussaamu ekitiibwa n'okukugulumiza. Tukasaba otuwe okukkiriza okukwesiga

n'ekisa okukyusa ebintu ebyo bye tukola obubi. Tuyambe okutandika okukola by'oyagala mu ngeri gye twagala n'okutendekamu abaana baffe. Amiina

Enyanjula

Akatabo kano kakoledwa okkulunḡamya mukuyigirizibwa, ekitegeeza okutambulira mu nnono za katonda. Bwe tukozeza ebigambo nga okutambula, tusuubira nti okitegeera nti okubeera wansi w'ennono zino kikulu nnyo ng'okuyiga okutambula.

Bino by'ebiruubirirwa by'ekitabo kyaffe eky'okujjuzamu:

1. Okukulaga nti Katonda atuwa ennono z'okukuza abaana.
2. Okutegeka obeere nebikozesebwa n'okuteeka mu nkola ennono zino, era
3. Okulunḡamya amaka go mu kusonyiwa, okuwonya, n'okuba obumu okuyitira mu buwulize eri Katonda.

Obuwereza mukuyigirizibwa kw'amakka obwa Famire discipleship ministries buliwo okuyamba mu kusomesa omubiri gwa Kristo mu bintu ebikulu, okulemererwa okuyigiriza abalala kikwatagana buterevu nokulemererwa mu bufumbo ensangi zino. Era tumanya tutya kino? Olwebyo byetulabye, byetuyiseemu, n'ebyo bye tuzudde mu miwendo egikakasiddwa leero.

Omutendera

Essomo lyawuddwamu emirundi ettaano. Tutandika n'omuzingo ogusooka netweyongerayo nemizingo emilala nga bwegiddiringana. Gwe okubuuka emizingo egimu notagisoma kubanga tojagadde kiba kikemo gyoli era tekiba kirungi kubanga buli ssomo lilina kyelikuyigiriza era lizimbidwa ku linalyo. Okugeza wandiyagadde okumanya ebyetaago byomwami oba omukyala byeyegomba, naye waliwo ennono zebyawandikibwa eziyamba omuntu okuyiga nga tonaba kumanya nyo mwagalwawo byayagala mu nkola ey'obwakatonda.

Fuba okumaliriza omusomo gumu buli lunaku okumala ennaku ttaano. Okusobola okuyiga obulungi buli lunaku kikulu nnyo mu by'omwoyo.

Ennono zino zigezeseddwa era nezikakasibwa bulungi. Nzikozesezza mu bufumbo bwange era nyambye bangi nga nzisomesa emirundi mingi nga mpabula abafumbo n'okusomesa mu bibiina. Tegeera kino nti kano si katabo "ak'ebintu bitaano ebyangu okukola mu bufumbo." Okubeera omuyigirizwa wa Baibuli mulimu muzibu era kyetaagisa okwewaayo eri Katonda by'ayagala nga bw'okyusa ezimu ku ndowooza zo n'enneeyisa yo. Ekyo kijja kwetaagisa okwewaayo, okwefiiriza, n'obwetoowaze.

Okutandika buli lunaku:

- Tunuulira buli kusoma kwa buli lunaku ng'ekiseera ky'omala ne Katonda wo, era Musuubire okwogera naawe okuyitira mu Kigambo Kye.
- Olunaku lutandiike ne saala, osabe mukama akulage wa wolina okukyusamu era akuwe n'amaanyi okuteeka mu nkola by'oyize.
- Fumiitiriza. Toyanguyiriza kuyita mu bintu ogambe nti omalirizza. Katonda muwe obudde okwogera naawe, era fumiitiriza ku ebyo bye muyiga.

Ebintu by'Olina Okumanya:

- Okusoma kuno kintu kipya mu byokola era kijja kwetaagisa okiwa obudde. Eby'okuyiga birina okukolebwa buli lunaku. Bw'osubwa olunaku, tobuuka mpapula, wabula fuba okumaliriza byonna by'osoma mu ntegeka y'abyo.
- Ebiseera ebimu tutandika pulojekiti ne tutamaliriza. Lowooza ku bukulu bw'obuvunaanyizibwa bwo obw'okukuza abaana era osaleewo okumaliriza okusoma kuno n'obwesigwa. Sabira entegekazo n'ebintu ebirala by'olina okukola. Saba omuntu okusaba nawe bwe kiba kyetaagisa.
- Bw'oba mufumbo, jjukira nti omwagalwawo wa mugaso nnyo mu kufuba kuno. Muyige wamu oba mu ngeri ey'enjawulo, buli kiseera mukubaganye ebirowoozo naye ku ebyo bye muyize bwe bikwata ku nsonga z'obufumbo n'okuza abaana n'enkyukakyuka zonna eziba zeetaagisa.
- Eby'okuyiga biyinda okwawukana ku bungi bw'ebiweereddwa. Oluvannyuma lw'okumaliriza buli ssomo, tunula mu ky'okuyiga ekiddako osobole okuteekateeka obudde bwo ne Katonda, ofunemu ekisinga obulungi.
- Ekifo kiweebwa okuddamu ebibuuzo n'okuwandiika ebirowoozo byo n'okusaba. Bw'oba ofunye ekitabo kino ekyokujjuzamu okuva kuyintaneti n'okiprintinga, tukuwa amagezi okukinyeza n'obuuma busaatu obwa binding n'oteekamu empapula endala zonawandikamu obuwandiike bwo.

OKUSIMA EBUZIBA

Ekitundu kino kiwa akakisa okusoma Ebyawandiikibwa n'okubikwataganya n'ensonga eyogerwako. Ojja kweyongera okumanya Baibuli, ennono za Baibuli ezikwata ku bufumbo, n'ekyo Katonda ky'akusuubiramu ng'oli mufumbo.

Okwekebera

Bw'oba osoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikuwa obudde okwekebera, okuzuula ebifo

FAYIRO Y'AMAZIMA

Obubokisi nga buno, buwa ennyinnyonyola y'ebigambo oba ebigambo ebiva mu Baibuli. Tufaayo nnyo okukozesa enkuluze za Bayibuli ezimanyikiddwa ennyo, ez'eddiini, ennungi n'eby'okuddamu okusobola okutegeera obulungi ebyogerwako bwe kiba kisoboka. Bingi ku binnyonyola bino biri mu Ekyongerezeddwako R: *Enkuluze*.

ebyetaagisa okulongoosaamu. Ekifo kiweebwa okuwandikaamu olukalala lw'ebyo byoyize, okwatula kwo, n'okusaba amaanyi n'amagezi okukola enkyukakyuka ezo. Ekimu ku bintu ebiyinza okubaawo ng'omuyigirizwa kwe kuwa embalira ey'obwassekinonu. Katonda bw'akuraga nti wasobya omwagalwawo oba abaana bo, kkiriza ekibi kyo obasabe okusonyiyibwa. Kino kikole buli kiseera ne bwe kiba nga tekimanyikiddwa.

Enteekateeka y'Okukola

Oluvannyuma lw'okusoma ennono za Baibuli, ekitundu kino kikusoomooza okubaako ky'okolawo n'okussa mu nkola by'oyize mu bufumbo bwammwe. Okusobola okubeera abayigirizwa ab'amazima tuteekwa okutegeera nti Katonda takoma ku kwagala nti ffe tweyongere mu kumanya, naye era atulagira okutambulira mwebyo bye tumaanyi.

Ebikozesebwa Ebyongerezedwaako

Nkusaba okozese ebintu ebikozesebwa ebiri ku nkomerero y'ekitabo. Biriwo kulwo'kukula kwo, era tubyoogerako mu bitabo byonna eby'okujjuzamu. Nga tonnatandika lugendo luno olulungi, jjuza *Ekyongerezedwako A: Ebbaluwa ey'Okwewaya* (omuzingo 1).

Okulungamizibwa kw'Omukulembeze

Akatabo k'*okulungamizibwa* kw'omukulembeze kasangibwa ku FDM.world wansi wa *Free Ministry Downloads* nga kitegeza nti osobola okawanula okuva ku *intaneeti kubwereere*. Ebintu byonna ku mukutu gwaffe ogwa Intaneeti biteeka essira ku kuyigirizibwa era biweebwa ku bwereere.

Essomo 1: Engeri Katonda gy' Afugamu

Okusobola okutendeka abaana baffe, tulina okumanya nti okwasisa empisa n'okutendeka endekebwa bisinga kukola bulungi singa wabaawo enkolagana ennungi wakati w'omuzadde n'omwana. Enkolagana eno bw'ezibuwala, oba ennafu, obuvunaanyizibwa bw'omuzadde ng'omusomesa n'omutendesi bulemesebwa. Awatali nkolagana nnungi, okukozesa obuyinza kireetawo obulabe. Enteekateeka yaffe ey'ebibonerezo ensangi zino, okusingira ddala eyesigamizidwa ku kubonereza, kyakulabirako kirungi eky'enono eno. Ebibonerezo byokka tebikyusa bantu. Ebibalo biraga nti abasinga, oluvannyuma lw'okuteebwa, bajja kuzza omusango badde mu kkomera.

Wadde ng'okukangavvula kitundu ky'okutendeka, okukuza obulungi abaana kisinziira nnyo ku kwagala. Ekisinga okukubiriza abaana n'abavubuka okusalawo obulungi kwe kwagala. Wadde nga bakuze mu myaka era nga balwanirira obwetwaze, n'abaana abatiini nabo beetaaga okwagala kw'abazadde. Bwe tutakozesa kwogera na baana baffe mu ngeri ey'okwagala, tuba tukendeeza ku kwegomba kwabwe n'okubalemesa okusalawo obulungi. Baibuli erina bingi by'eyogera ku kwagala kubanga Katonda ayagala tutegeere obukulu bw'okwagalana. Nga bwe twayiga mu muzingo 2, Annyonnyola bulungi okwagala mu 1 Abakkolinso 13. Katonda yatuwa endagiriro eno okwekebera, okutereeza ensobi zonna, n'okutegeeza obulungi abaana baffe okwagala.

Okukubaganya ebirowoozo ku by'okwagala tekuba kujjuvu awatali kwogera ku nkolagana wakati w'omwami n'omukyala. Eno y'enkolagana eyeetaaga empuliziganya ey'okwagala. Gwe musingi era y'ensibuko y'enkolagana ennungi. Era enkolagana eno y'entandikwa y'okukangavvula mu maka. Singa omwami n'omukyala tebakkiriziganya, kijja kubuzaabuza abaana n'okubalemesa okukwasisa empiisa. Abazadde balina okuba n'empuliziganya ennungi ne bannaabwe era n'okukangavvula abaana baabwe.

Weetegereze nti ekitabo kino kidiridde ekyo ekikwata ku kwagala. Okutendekwa kukulu nnyo, ekiragiro okuva eri Katonda eri abazadde, naye kikuyamba nnyo ng'omwana asoose okufuna obukakafu nti omwagala. Empuliziganya ey'Okwagala n'okutendeka bikolera wamu era buli omu azimba munne. Okwagala awatali kutendekwa kuleetera omwana okw'efaako yekka ng'alina embala ennafu, ate okukangavvula awatali kwagala kujja kumusunguwaza n'okumunyiiza, okumusindikiriza okwewaggula, era kiyinza okubalemaza mu nnewulira yabwe.

Okutendeka Kwa Mirundi Ebiri

1. Okubafula Abaana Abayigirizwa

Ekisooka ekikulu mu kutendeka omwana kwe kumufula omuyigirizwa— okuyigiriza empisa n'emitindo gya Baibuli. Nga tufula abaana baffe abayigirizwa, tubateka Ekigambo kya Katonda mu mitima gyabwe okuyitira mu kyokulabirako n'okuyigiriza. Buvunaanyizibwa bw'abazadde okuyigiriza omwana engeri y'okumanyamu enneeyisa entuufu n'embu, okusaba, okusoma Ekigambo kya Katonda, n'engeri y'okubeera n'enkolagana ennungi ne Katonda. Omwana tazaalibwa na "mpisa n'emitindo" ebiri mu Bayibuli;" birina okuyigirizibwa. Katonda takoma ku kulagira wabula akitwala ng'enkizo eri abazadde okuyigirizwa abaana baabwe (Ekyamateeka 11:19).

Kubanga kyennava mmulonda, alyoke ayigirize abaana be n'abazzukulu, okukwatanga n'okugonderanga ebiragiyo byange, nga bakola ebituufu n'eby'amazima, ndyoke ntuukirize bye namusuubiza." (Lubereberye 18:19).

era onoonyiikiranga okubiyigiriza abaana bo, era onoobyogerangako bw'onootuulanga mu nnyumba yo, era bw'onootambuliranga mu kkubo, era bw'onoogalamiranga, era bw'onoogolokokanga. (Ekyamateeka 6:7)

Manyiiza omwana omuto mu kkubo erimugwanira okutambuliramu, Awo newakubadde nga mukadde talirivaamu. (engeri 22:6)

SIMA EBUZIBA

Oluvannyuma lw'okwekenneeny olunyiriri luno wammanga, nnyonnyola Mukama by'ayogera nawe. Wadde nga kikwata nnyo ku bataata, buli mukyala naye wa mugaaso nnyo mu buvunaanyizibwa bwe Katonda bw'amuwa ng'omubeezi. Nga bwe kyogeddwako waggulu, abazadde bakola nga ttiimu, era bombi balina obuvunaanyizibwa bw'okufula abaana abayirizwa n'okukangavvula abaana baabwe.

Namwe ba kitaabwe temusunguwazanga baana bamwe, naye mubalelenga mukukangavvula nokubulirila kw'amukama waffe (Abefeeso 6:4)

FAYIRO Y'AMAZIMA

Okuyigiriza (Kigambo Kikozi)— Okusiiga Ekigambo, n'empisa eby'obwa Katonda mu mitima gy'abaana baffe nga tuyita mu kyokulabirako n'okuyigirizibwa; Okubayigiriza okusaba n'engeri y'okubeera n'enkolagana ne Katonda (okutendekabwa okw'omwoyo).

Empisa—Okusiga empisa z'omuntu omukulu akuze mu myaka, nga zino bwe buvunaanyizibwa obw'obuntu n'okwefuga, mu baana baffe (okutendekabwa mu nneeyisa).

Katonda yakilambika bulungi era mubutuufu bwakyo ekilagiro mu suula eyo. Era tujja kukyesigamako nga tutendeka omwana. Abaana baffe baana be era yegomba nyo baweebwe omukisa gw'okula mumwoyo. Buvunangizibwa bwaffe okumanya byayagala nokubiteeka munkola. Ekigambo "okubalera" kitegeeza okukola bwotyo obutakomya ate nga kilagiro. Tulina kukola bwetutyo mu bwesigwa okutuusa omwana ngakuze okuva mu mikono jjo.

Kyokka, waliwo endowooza enkyamu eteekwa okusooka okugonjoolwa. Katonda teyawa kkanisa buvunaanyizibwa bussoka ku mulimu guno. Emyaka gyemaze mu buwereza mw'amaka kindaze nti abaana abasukka mu 90 ku buli kikumi okuva mu maka Amakristaayo tebayigirizibwa waka. Abazadde obuvunaanyizibwa buno babuwadde ekanisa kubanga bataata abasinga tebaafunanga kutendekebwa kwonna ku ngeri y'okuyigiriza abaana baabwe, oba okukulembeza ebintu ebikyamu. Mukama yebazibwa ku lw'abazadde ne bamaama abakubiriza abazadde abalala okutwala obuvunaanyizibwa bw'okutendeka abaana baabwe mu by'omwoyo—Nga bayigiriza mu maka gaabwe. Ekanisa esaawa. Katonda yasindika Ekanisa okuwanirira, okukwatirako n'okuzzamu amaanyi abazadde n'amaka (Abeefeso 4:11–16), obutatwala buvunaanyizibwa bw'okukangavvula abaana.

FAYIRO Y'AMAZIMA

Bakuze—*Ektrepho* (Oluyonani). Okuliisa, okuzzaawo, okukuza. Okutuuka ku bukulu ng'abaana, mu makulu g'okutendeka oba okusomesa.²

Okutendeka—Paideia (Oluyonani).

Okukangavvula, kubanga okuyigiriza kwonna okulungi eri abaana b'abantu aboononyi kuzingiramu era kutegeeza okukangavvula, okutereeza . . . nga Mukama bw'asiima.³

Okunenya—Nouthesia (Oluyonani). Okulabula, okubuulirira, ekigambo kyonna eky'okuzzaamu amaanyi oba okunenya, ekivaamu enneeyisa entuufu. ⁴ Ye ndowooza y'okuba n'obuyinza okutereeza omuntu ng'oleeta okutegeera

2. Okuzimba embala

Ekintu eky'okubiri ekikulu mu kutendeka omwana kwe Ku mu ssamu empisa z'omuntu omukulu mu myaka, nga zino bwe buvunaanyizibwa obw'obuntu n'okwefuga. Tewali n'omu azaalibwa na ngeri zino, era tetuzifuna mu butonde. Embala eno eva mu kutendekebwa. Ekigambo kya Katonda kiyigiriza bulungi nti guno mulimu gwa muzadde— wamu n'okubeera omuyigirizwa mu by'omwoyo.

Okwekebera 1

Abaana bammwe mubafula abayigirizwa ba Mukama waffe awaka? ____ Yee ____ Nedda

Nnyonnyola eky'okuddamu kyo.

Bwekiba nga nedda, oli mwetegefu okuyiga era otandike? ___ye___nedda

Wandiika esaala yo osabe Katonda akuwe okukiriza n'amagezi okutteka munkola byogenda okuyiga.

Nga tetunnayingira mu buyigirizwa n'okukangavvula mu kuyiga okujja, engeri Katonda gyayagala amaka gatambuzibweemu eteekwa okutegeerwa. Amaka gaffe bwe gaba nga tegatebenkedde, tegajja kuba kifo ekinywevu era eky'obukumi eky'okukuzibwamu baana.

Okukozesa Enfuga ya Katonda

Katonda tawadde bazadde mulimu gutasoboka, kubanga atuwadde Ekigambo kye n'Omwoyo gwe. Mu Kigambo kye, Katonda atuwa ebiragiro eby'enjawulo ebikwata ku kukuza abaana era, nga tulina Omwoyo Omutukuvu munda mu ffe, tulina amaanyi okukola byonna nga bw'ayagala.

SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola amakulu g'ennyiriri zino n'engeri gye zikwatagana n'omulimu gwaffe ogw'okuzaala abaana.

Mu oyo naffe mwe twafuukira abasika, bwe twayawulibwa edda mu kumalirira kw'oyo akola byonna nga bw'ayagala mu kuteesa kwe. (Abefeeso 1:11).

Era n'obukulu obw'amaanyi ge agasinga ennyo eri ffe abakkiriza bwe buli, ng'obuyinza bw'amaanyi ge bwe bukola. (Abefeeso 1:19)

Tendeka Abaana Bo

Katonda alambise engeri y'okuddukanyaamu ebintu mu Kigambo kye, gye tulina okugoberera bwe tuba twagala emikisa gye ku mirimu gyaffe. Obuvunaanyizibwa bwaffe bwokka kwe kunoonya Ekigambo kye n'okugondera by'atugamba okukola, mu maanyi n'emubuyinza bwe.

Eri omuzadde Akuza Yekka omwana

Ebiragiro bino byonna biyinja obutakwata buterevu ku mbeera gy'olimu, naye oyinza okuyitibwa okuwa abazadde abalala amagezi, era okubaddamu obulungi okusinzira ku bya wandikibwa, olina okumanya Katonda ky'ayogera ku nsonga eno. N'ekirala oyinza okuddamu okufumbirwa. N'olwekyo, yiga ennono zino ng'amagezi n'okutegeera Katonda by'ayagala okukuyigiriza, okwetegekera ebinaabaawo mu biseera eby'omu maaso. Katonda ayagala buli mukkiriza ategeere okuteesa kwe kwonna (Ebikolwa 20:27). Bw'oba tomanyi, oyinza otya okubuulirira abaana bo mu ngeri entuufu mu nsonga eno? Kyukira Eky'ongerezedwako I: *Ebintu ebikulu Eri abazadde abali obwannamunigina* okusobola okufuna amagezi agasobola okuyamba n'okuzzaamu amaanyi abazadde abakukuza abaana baabwe bwomu.

Amaka Ag'omugatte (agalimu abaana okuva mu bufumbo obw'ayita).

Bw'oba oli mu bufumbo obw'ekika eky'omugatte, tewali kiragiro ku bino kikyuka. Tewali wonna mu Kigambo kye Katonda we yagambye nti bw'oba oli mu m'aaka amagatte, gwe engeri eno ey'okuguga amaaka tekukwatako. Katonda talina pulaani A, B ne C. Alina pulani emu yokka ffenna gye tulina okugoberera. Laba Eky'ongerezedwako J: *Okukuza abaana mu maka ag'omugatte* okufuna obuyambi obusingawo n'okudaamu amaanyi eri amaka ag'omugatte.

Amageezi Mu Nfuga Eno

Bw'oba wali obaddeko mu kibinja, ekinene oba ekitono, okimanyi nti enfuga y'obukulembeze yali w'eri. Awatali nteekateeka eno, tewali bukulembeze. Obutabanguko, enjawukana, n'akacankalano bijja kuleeta ebizibu bingi. Olw'okuba amaka kibinja, amaka gaffe galina okukola okusenziira ku nfuga y'obukulembeze—engeri Katonda gy'ayagala amaaka gaddukanyizibwemu.

Amaka mangi gafunye obuzibu obw'amaanyi olw'okuba amayumba gaabwe gaali tegakola bulungi. Enjawukana eziriwo mu maka zirabisibwa wabweru w'awaka. Ab'omu maka Abakristaayo bwe bajeemera Katonda, ne bwe baba nga tebamanyi, boogera bubu ku Kigambo kya Katonda era ne ku nkomerero Katonda yennyini.

Abafumbo Abakristaayo balina okukkiriza ekyo Ekigambo kya Katonda kye kigamba. Bw'oteekawo omutindo omulala gwonna ogw'okuddukanya amaka, toli wansi w'emikisa gye. Bwe tutagondera engeri Katonda gy'atufugamu, wabaawo ebivaamu. Katonda atulabudde ku lw'obukumi bwaffe era nga bwe kiri mu bujeemu bwonna, ajja kutukangavvula tusobole okwenenya n'okutuukana n'Ekigambo kye.

SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola Katonda by'asuubiza okukola Eri abaana be bonna.

Kubanga mumulowooze oyo eyagumiikiriza empaka embi ezenkana awo ez'abakola ebibi, mulemenga okukoowa, oba okuaddirira mu mmeeme zammwe. 4Temunnawakana okutuuka ku kuyiwa omusaayi gwammwe nga mulwana ne kibi. 5Mwerabidde ebigambo ebibabuulirirwa ng'abaana,

“Mwana wange, tonyoomanga kukangavvula kwa Mukama,

So toddiriranga bw'akunenyanga;

6Kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula,

Era akuba buli mwana gw'akkiriza.”

7Olw'okukangavvulwa kyemunaavanga mugumiikiriza. Katonda abakola ng'abaana; kuba mwana ki kitaawe gw'atakangavvula? 8Naye bwe mutakangavvulwa nga n'abalala bwe bakangavvulwa, munaaba beebolereze, so si baana. 9Twalina bakitaffe ab'omubiri abaatukangavvulanga, ne tubassangamu ekitiibwa, tetulisinga nnyo okugonderanga Kitaawe w'emyoyo, ne tuba abalamu? 10Kubanga bo baatukangavvuliranga ennaku si nnyingi olw'okwegasa bo; naye oyo atukangavvula olw'okutugasa, tulyoke tufune omugabo ku butukuvu bwe. 11Okukakangavvulwa kwonna mu biro ebya kaakano tekufaanana nga kwa ssanyu wabula kwa nnaku, naye oluvannyuma kubala ebibala eby'emirembe eri abo abayigirizibwa mu kwo, bye bibala eby'obutuukirivu. (Abebbulaniya 12:3–11).

Ebivaamu biyinza okujjira mu ngeri nyingi: okuwulira ng'ayawukanye ne Mukama waffe, nga tolina maanyi kubeerawo ku lu lwe, nga tewali mirembe wadde obumativu, okubuzaabuza, obutabanguko, okwennyamira, n'enkaayana, n'ebirala. Naye ekirungi kiri nti bwe tutuukagana n'Ekigambo kya Katonda ne twenonya, ajja kutuzzaawo n'okutukuumira mu kkubo ettuufu. Katonda akozesa ebizibu ebiva mu bikolwa byaffe okumussako ebiroowoza byaffe.

SIMA EBUZIBA

Wandiika ebizibu ebinyinza okuvaamu bwe tukola ebintu mu ngeri yaffe.

Naye abo abayomba, n'abatagondera mazima, naye bagoberera obutali butuukirivu, Katonda alibasunguwalira, n'abakambuwalira. 9Walibaawo okubonyaabonyezebwa n'okulumizibwa, ku buli muntu akola ebibi, okusookera ku Muyudaaya era ne ku Muyonaani. (Romans 2:8–9)

Ekitongole ky'amaka

Okuva bwe kiri nti amaka gaatondebwa Katonda, gatekwa okugendera ku ntegeeka ye. Amaka okusobola okukola obulungi, Katonda ataddewo obukulembeze n'obuyinza mu maka ago. Kati ka twetegerenze enteekateeka gye yassaawo ey'ekitongole kino ekikulu ennyo.

FAYILO Y'AMAZIMA

Okwefaako *Weka*—Okukola ebintu mu ngeri yaffe, okukozesa amagezi gaffe oba ag'ensi eno mu kusalawo.

Okusenziira ku kitabo ky'olubereberye, Katonda yalaba nga sikilungi omusajja okubeera obw'omu, namuwa omubeezi oba anamuyambanga, "Awo Mukama Katonda n'ayogera nti, "Si kirungi omuntu okubeeranga yekka; nnaamukolera omubeezi amusaanira." (Lubereberye 2:18). Yakozesa ekigambo omubeezi so simukulembeze. Katonda yatonda omusajja okuva munfuufu yensi (Lubereberye 2:7). Era neyebasa omusajja namujjama olubirizi nakola omukazi (Lubereberye 2:21-22)

Katonda yali alaga nti omwami n'omukyala balina eky'okutukiriza mu bulamu bwa bannaabwe. Buli omu yali wa kweesigama ku munne. Omusajja yali yeetaaga omukwano—n'obuyambi. Katonda yawaayo obuyambi obwo okuyitira mu mukazi. Omukazi yali alina okola ku bintu ebyali bibula mu musajja, n'omusajja naye bw'atyo eri omukazi. Obulamu bw'omukazi bwava ku musajja, era obulamu bw'omusajja bwali bwakuva ku mukazi.

Okwekebeera 2

Abakyala, oyagala okuba omubeezi oba abayambagana n'omwami wo? ___Ye ___nedda (mubuulire Kati).

Abasajja, oli mwetegefu okukiriza n'okutegeeza omukyala nti omwetaaga? ___Ye ___nedda (mugambe Kati).

Oli mwerufu okuyiga era no kukolera awamu wansi w'okulungamizibwa kwakatonda? ___Ye ___nedda

Tewaali ntalo

Ku lunaku olwo tewali kulwanira buyinza, tewali bukubagano, tewali kutabanguka wakati wabwe era tewali ntalo wakati w'omusajja n'omukazi. Baali bwerere eranga tewali aswaala. Bali tebamanyi kibi eranga tewali kyebamanyi.

Katonda yatonda omusajja okuvunanyizibwa ku bintu byonna katonda byeyatonda. Lubereberye 2:15 egamba nti, "Mukama Katonda n'atwala omuntu, n'amuteeka mu lusuku Edeni alulimenga, alulabirirenga." Tweyongera okusoma, "N'olwekyo, omusajja ky'anaavanga aleka kitaawe ne nnyina, ne yeegatta ne mukazi we, ne bafuuka omubiri gumu." (Lubereberye 2:24). Katonda atulagira okulaba ng'enkolagana wakati w'omwami n'omukyala ya bumu—abagatidwa. Bombi balina okuba nga bakkiriziganya, nga balwooza ng'abali ekimu, nga bagoberera Baibuli ky'egamba.

Ekibi Kijjawo Entekateeka Ya Katonda

Ebyembi, nga bwetubikula mu Lubereberye 3, tulaba nti obukakamu mumaka bwaliwo akaseera katono.

Mu Olubereberye 3:1, Omusota guyingirawo awatali nyanjula wadde okunyonnyola. Tuyiga nti, okwawukana ku muntu eyali tamanyi kibi, Omusota gwali mukalabakalaba era nga mukujukujju. Setaani yeefuula omusota ogumasamasa okusobola okwogera n'okulimbalimba omukazi.

FAYILO Y'AMAZIMA

Okulimbibwa—Okuleetera kukkiriza ng'ekituufu oba ekyamazima eky'obulimba oba ekitali kituufu, okukkiriza obulimba, okubuzibwabuzibwa, oba okutegebwa.

Weetegereze nga bw'osoma: Adamu yali ludda wa nga kino kigenda mu maaso? Lwaki teyasitukiramu n'akulembera wano? Adamu obutaba na bukulembeze n'obutaziyiza kino kimufuula alino okunyenyezebwa kyenkanyi ne Kaawa. Abaami, mwagala okukola ekyo Adamu kye yakola mu maka gammwe?

Mu nnyiriri 1–8, okugwa kw'omuntu kwe kwadirira:

Sitan yateekamu Eva okubusabusa mu ndwooza ye.

ddala katonda ayogedde.... (olunyiriri 1).

Sitani yalimba omukazi nti

mazima ddala tojja kufa (olunyiriri 4).

Sitaani yasendasenda Kaawa okuba n'okwegomba okubi.

"Kubanga Katonda amanyi nti olunaku lwe muligulyako mmwe, amaaso gammwe lwe galizibuka, nammwe muliba nga Katonda okumanyanga obulungi n'obubi."

Sitani yalimbalimba omukazi nayonoona,

omukazi nalaba.... nanoga ekibala nalya (olunyiriri 6).

Bwe yakinoga nakilya, yakiriza obulimba bwomulabe.

Sitani yakozesa okulimbibwa kweyateeka mu Eva eri baawe namusendasenda okwonoona.

Tendeka Abaana Bo

n'awa era ne bba naye n'alya. (olunyiriri 6).

Entegeeka ya Katonda yali emenyeddwa. Enkolagana y'abafumbo bano ne Katonda n'eri bannaabwe yatabuka. Bwe baaggyibwako obutuukirivu n'obutamanya kibi, balina okufuna ebiva mu bujeemu bwabwe. Ebikolimo ebiva mu kugwa byawandiikibwa mu Olubereberye 3:16–19.

Ku luyi lw'oku mukyala mukama yagamba,

“Nnaayongeranga nnyo obulumi bwo mu kuzaala abaana;

mu bulumi mwonoozaaliranga abaana;

n'okwegomba kwo kunaabanga eri balo,

naye anaakufuganga.” (Olunyiriri 16).

Ekigambo kwegomba mu Lubereberye 3:16, era ne mu Lubereberye 4:7, lutegeeza “okwagala okufuga”. Omusajja aweereddwa obuyinza ku mukazi we, kyokka oluvannyuma omukazi yali wakulafubana nyo okugondera bba n'okwagala okw'omubiri okutakkiriza bukulembeze bwa bba.

Adam teyagondera bilagiro bya katonda bweyalemererwa okulembera omukazi nokumuuma, kyoka nagondera omukazi kyeyamuwa era Adam naye nakolimirwa (Olunyiriri 17-19).

“N'agamba Adamu nti, 'Kubanga owulidde eddoboosi lya mukazi wo,' (Olunyiriri 17).

Olw'okulemererwa okumuuma mukyala we aleme kuyigganyizibwa Setaani, olw'okulemererwa okukulembera, era n'okumugoberera mu kibi, Adamu yalagajjalira okutuukiriza obuvunaanyizibwa Katonda bwe yamuwa okulabirira ab'omu maka ge. Yali wa kuvunaanyizibwa emirembe gyonna olw'ekibi okuyingira mu nsi. Ekikolimo ky'ekibi ki kyaliwo. Mu maka mangi, abasajja balwanagana n'obulumbaganyi mu kifo kyabwe eky'obukulembeze, era nga n'abakyala bangi bwe bagaana omwami waabwe okukulembera. Emirundi egisinga abasajja leero bagoberera ekyokulabirako kya Adamu nga balemererwa okukozesa obuyinza bwabwe mu maka, era abakazi, okufaananako Kaawa, bawulira nga tebeetaaga bukuumi era nga balaga okwagala okufuga.

N'olwekyo ng'ekibi bwe kyajja mu nsi olw'omuntu omu, era n'okufa ne kuyingira olw'okwonoona, (Abaruumi 5:12).

Ku nsonga eno, omuwandisi omu yagamba bwatio,

Katonda yatekawo Omutwe omukulu nga ye musajja ng'ekibi tekinayingirawo. Pawulo amazima yagogerako nti okuva ku kilagiro kyokutondebwa (omusajja

yeyatondebwa okusooka) nomugaso gwokutondebwa (omukazi Yatondebwa okuva mu musajja) (1bakolinso 11:8,9). Era wadde nga Kaawa ye yasooka okwonoona, kigambibwa nti ekibi kyayingira mu nsi ku lwa Adamu, omutwe omukulu. Ye yali omutwe omukulu n'olwekyo ye yali avunaanyizibwa.

Abaami, mwetegese okuyiga okukuuma wamu nokukulembera ngamusinziira mu kigambo kya katonda? ____ ye ____nedda?

Abakyala, muli beetegefu okuwulira era ne mugondera ebiragiro bya Katonda ebikwata ku ngeri y'okuddukanyaamu amaka? ____ye ____nedda?

Enteekateeka ya Katonda

Teyali ntegeeka ya Katonda omukazi okuba nga yafuga ewaka, Okujjako okubeera omuyambi. Omusajja yetaaga obuyambi n'obuwagizi bwa mukyala we okusobola okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe ng'omukulu w'amaka wansi w'obukulembeze bwa Yesu Kristo. Eno y'enteekateeka ya Katonda ey'ekitalo, enkola y'obukulembeze ffe ng'Abakrisitaayo gye tulina okugoberera okufuna omukisa.

Essomo 2: Okutunulira Ekigambo Kya Katonda

Tulina okunoonya n'okugondera okwagala kwa katonda, sibigendererwa byaffe awamu n'ebyo byetulaba muni.

SIMA EBUZIBA

Nnyonyola engeri kino gye kikwata ku kugoberera, oba obutagoberera, ezilukanya y'amaaka ey'obwa Katonda.

Mwekuume tewabeerangawo muntu abanyaga mu bufirosofo n'eby'obulimba ebitalimu, n'ebiyigirizibwa abantu mu buwangwa bwabwe bo, n'okugoberera emyoyo egy'ensi, okutali kugoberera Kristo. (Abakolosayi 2:8)

Pawulo yali mweraliikirivu nti Abakkolosaayi bandibadde balimbibwa olw'okugoberera obufirosofo obutali mu Bayibuli. Bwe kituuka ku bufumbo, okukuza abaana, n'engeri amaka gye gasaanidde okutambulamu, waliwo obufirosofo bungi obw'ensi, obulombolombo bw'abantu, n'emisingi gy'ensi *egitasinziira* ku Kristo. Ekigambo *weegendereze*, oba "manya," kitukubiriza okwegendereza ebitwetoolodde. Mu mbeera eno, etulabula okukozesa okutegeera okw'obwa Katonda okwawulawo amazima n'ensobi. Tuteekwa okuba n'amagezi agasobola okutegeera amazima okusobola okulwanyisa obulimba bwonna.

FAYILO Y'AMAZIMA

Okubba ("[kutwala] mu buwambe" mu NASB)— Okunyaga ng'omunyago bwe gutwalibwa mu lutalo. Mu mbeera eno kwe kunyaga abakkiriza obugagga obujjuvu bwe balina mu Kristo nga bwe bubikkuliddwa mu Kigambo, nga kwogasse n'amaanyi ge n'okuyingira mu nsonga zaffe.

Amaaka mangi g'abbibwa ng'akakiriza obulimba bwa Sitani era n'olwekyo bafiriddwa omukisa nemirembe, ebiva mu kukolera okusinziira ku nonno z'ekigambo kya Katonda. Ekituufu kiri nti obufirosofo bw'ensi, obulombolombo bw'abantu, n'emisingi gy'ensi bituggya ku ekyo Kristo ky'ayagala okukola mu maka gaffe.

Ekibuuzo kyolina okwebuuzza kiri nti, nabbibwako nga nzikiriza ekintu nga tekisinzidde mu kigambo kyakatonda? Emirundi egisinga tetumanyi kwekebera ffeka, Wabula netumala gagoberera ebiyita. Ffe ab'omwoyo tutekwa "(okulamula) ebintu byonna" (Abakolinso 2:25) era nga tukolera kumagezi ga Katonda, so si magezi ga muntu oba emirembe gino (1 Bakolinso 2:5-6,13).

Nga tuyita mu nzirukanya ya Katonda ey'amaaka, "manya" enteekateeka y'obukulembeze mu maka go. Tuteekwa okulekayo kyeyagalire, amaanyi g'obulombolombo bwonna, empisa z'obuwangwa, ekikula ky'amawanga gaffe, oba ebyaliwo mu biseera ebyayita singa bikontana n'amakubo ga Katonda. Kino kiyinza okuba ekizibu ennyo kubanga kyetaagisa okutula ebimu

ku bibi by'ensikirano oba emize emibi n'okukyusiza ddala engeri gye tukolamu emirimu n'endowooza. Naye ffe tuweereza Katonda ow'ekisa ekinji, era ajja kuwa amaanyi okukyusa osobole 'okuzzibwa obuggya mu mwoyo gw'ebirowoozo byo.' Abeefeso 4:23.

Okuwangulwa Ebisikiriza

Tulina okuba abegendereza mu kuganya endowooza nempisa zaffe obutasikirizibwa endowwoza zino wamanga.

Ebyobuwangwa (obw'amawanga gaffe)

Abantu abamu bagamba, "mu buwangwa bwaffe (nga bategeeza eby'obuwangwa byebagobereranga gye bwayita)," nti kino kyali kikolebwa bwekiti." Oba ng'omusanya (Jjuzawo eggwanga lyo) omukazi talina kwogera oba Okutendeka abaana." Naye bwoba Omukristayo oba olina okuteeka ebbali enzikiriza yebyobuwangwa, kubanga bikontana ne kigambo kya Katonda. Ebiseera ebisinga enzikiriza z'obuwangwa tezirina wezikoseza empisa, era kiba kirungi okuzikolerako. Kyokka, enzikiriza y'obuwangwa bw'eba ekontana ne Baibuli, eretawo akakubagano n'empisa, nga kino kibi. Buli kiseera tulina okwekenneenya enzikiriza zaffe ezikwata ku bufumbo n'amaka nga tukozeza Ekigambo kya Katonda.

Ennono (eyensi)

Ennono zaffe oba "engombo nobulombolombo bwensi" bitwetolodde ffena. Amagezi gabantu abamu gava kumikutu migatta bantu (Obutabo, firimu, emitimbagano) oba okuyita mukusoma oba okusindikirizibwa ekibinja kyabantu boberamu. Buli kimu ku bino kiyinza okutuleetera okutunuulira obufumbo n'amaka mu ndaba y'ensi. Enzikiriza n'endowooza bituyingira nnyo ne kiba nti ddala tukkiriza nti ge mazima—nti y'engeri gye tulina okudukanyamu obulamu—okutuusa lwe tugigeraageranya n'Ekigambo kya Katonda.

Obulombolombo Bw'ediini

Enjigiriza z'ediini nnyingi ezikwata ku bufumbo n'okukuza abaana zifuuse bulombolombo. Eky'okulabirako, "Mu ddiini yaffe bulijjo tubadde tukikola mu ngeri eno." Naye ka tufube okubeera ng'Abakristaayo b'omu Bereya, oluvannyuma lw'okuwulira enjigiriza ya Pawulo, 'buli lunaku b'anoonyerezanga mu Byawandiikibwa okusobola okumanya obanga ebintu ebyo byali bwe bityo." Ebikolwa 17:11. Tomala gakhiriza kigambo kya muntu mulala yenna ku kikwata ku mazima, wadde kyange, naye bikkula Ekigambo era kakasa nti kituufu.

Obulombolombo Bw'abantu

Obulombolombo eba nzikiriza n'enneeeyisa eziwerezabwa okuva ku muntu omu okudda ku mulala, omulembe ogumu okudda ku mulala. Kino kibaawo buli kiseera ku sitayiro z'obufumbo n'okukuza abaana. Ebiseera ebisinga abazadde bawo abaana baabwe abakuze amagezi amabi agakwata ku kukuza abaana, geeza nga, "Bwe twakukuza, twakola ng abwe tuti, n'olwekyo naawe bwolina okukola." Ng'Abakristaayo, ffenna tulina okusalawo mu ngeri enzibu bwe kituuka ku kugoberera Kristo. Ekigambo kya Katonda bwe kiba omutindo gwaffe, bulijjo tuteekwa okussa ekitiibwa mu Katonda n'Ekigambo kye okusinga abalala bonna, nga

Tendeka Abaana Bo

mw'otwalidde ne bazadde baffe. Si bulombolombo bwonna nti bulina engeri gye bukossamu mpiisa, naye bwe bukontagana n'empisa, buteekwa okugaanibwa.

Engeri Yesu gy'Atunuuliramu Obulombolombo

Okukola ku buzibu bw'okwawula obulombolombo ku mazima si kipya. Yesu yalina okukolagana n'abakulembeze b'eddiini abamu abaasalawo okutambulira mu bulamu bwabwe okusenziira ku bulombolombo obwali bufuga eddiini mwe baakulira. Kati bwe tusoma Ebyawandiikibwa, tulaba nti bwe baagaana okulekayo endowooza abantu ze baabayigiriza, oluvannyuma baagaana Omulokozi eyajja okubalokola.

“Mugaanira ddala bulungi etteeka lya Katonda, ne mukwata obulombolombo bwammwe mudibya ekigambo kya Katonda olw'obulombolombo bwammwe, bwe mwayigiriza: era mukola ebigambo ebirala bingi ng'ebyo.” (Makko 7:9,13)

Yesu yabategeeza nti Katonda yali awadde ebiragiro (amateeka) okugoberera, naye nga bagoberera amateeka agaakolebwa abantu, oba ennono, so si mazima. Bwe baakola bwe batyo, baali tebakola Kigambo kya Katonda. Mu mbeera eno, Abafalisaaya baagamba nti tebasobola kulabirira bazadde baabwe mu by'ensimbi kubanga ssente zaali "corban," ekirabo ekyasaddaaka eri Katonda. Naye ekituufu kiri nti ssente ezo baali bazitereka olw'ebigendererwa byabwe. Baali bakoze enteekateeka ey'okwewala etteeka ery'okutaano ery'okussamu kitawo ne nyoko.

Tutera obifuula eby'omwoyo enyo, oba okukyusa ebyawandikibwa okusobola okutukiriza ebigendererwa byaffe. Yesu n'abagamba,

“Naye bansinziza bwereere, Nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata.” (Makko 7:7).

Tewali kigambo na bicolwa Mukama by'atamaanyi.

Obulombolombo Bwa Baibuli

Obulombolombo obumu bwe tusaanidde okunyweza. Pawulo n'abuulira ekkanisa y'e Ssessaloniika nti,

“Kale nno, ab'oluganda, muyimirirenga, era munywezenga bye mwaweebwa ne muyigirizibwa, oba mu kigambo oba mu bbaluwa yaffe.” (2 Abasessalonika 2:15).

Pawulo yali abagamba nti banywerera ku mazima agali mu Baibuli abatume ge baabawa okuyitira mu kubuulira kwabwe n'amabaluwa gaabwe. Ffenna tulina okunywerera ku mazima.

Engeri Yesu gy'Atunuuliramu Amaka

Yesu yakubiriza okusalawo wakati w'okugoberera ennono ez'abamaaka gaffe or ezize.

“Omuntu bw'anajjanga gye ndi, n'atakyawa kitaawe ne nnyina ne mukazi we, n'abaana be, ne baganda be, ne bannyina, era n'obulamu bwe ye, taayinzenga kuba muyigirizwa wange. (Lukka 14:26)

Yesu yali tagamba nti okusobola okumwagala tulina okukyawa ab'omu maka gaffe, munnaffe mu bufumbo, oba abaana baffe. Mu kifo ky'ekyo, bwe kituuka ku kusalawo okukola ekintu katonda ky'ayagala oba bazadde baffe, ensi, oba engeri zaffe, tuteekwa okulonda ekkubo lya Katonda.

Ekigambo ekivvuunulwa mu lunyiriri luno ng'obukyayi kyandibadde kirungi okuvvuunulwa "okwagala okutono," ekitegeeza nti okwagala kwaffe eri Katonda, Ekigambo kye, n'ekyo ky'ayagala kikulu nnyo ne kiba nti ebyo bye twagala wadde ab'amaaka gaffe tebijja kutulemesa kugondera by'ayagala. Okwo kwe kwewayo kw'omuyigirizwa omutuufu. Mu kiseera kya Kristo, Abayudaaya abaafuuka abagoberezi ba Kristo baali beewalibwa ng'abo abaava mu ddiini y'Ekiyudaaya. Emirundi mingi ab'omu maka gaabwe baabagobanga.

Tetuyinza kukkiriza nkolagana ndala yonna kutuleteera kwekiriranya na amazima mu Kristo, si nsonga abalala bwe bayinza okukiraba. Era ng'Abakristaayo, oluusi tujja kutwalibwa ng'abantu ab'enjawulo bwe tugoberera ennono za Baibuli ezikontana n'endowooza z'ensi.

Kaakano beewuunya kubanga temukyabeegattako mu bukaba obutalabwanga bwe butyo, era babavuma. (1 Petero 4:4)

Kubanga mwazimbibwa ku musingi gw'abatume ne bannabbi, Kristo Yesu yennyini nga lye jjinja eddene ery'oku nsonda. (Abefeeso 2:12).

SIMA EBUZIBA

Nyonyola Katonda ky'akugamba nti kyoli ne kyeyakuyitira okola.

Naye mmwe muli ggwanga ddonde, bakabona ba kabaka, kika kitukuvu, bantu ba nvuma, mulyoke mubuulirenga ebirungi by'oyo eyabayita okuva mu kizikiza okuyingira mu kitangaala kye eky'ekitalo. (1 petero 2:9)

Ensonga zino ziyinza okubaamu okukontana, naye tulina okuteeka ebirowoozo ebirala byonna ku mabbali ne tukkiriza mu bujjuvu ebyo bye tusanga mu Kigambo kya Katonda.

Obukulembeze Bwa Bayibuli Mu Maka

Katonda yatonda enteekateeka y'amaka era n'assaawo enkola ey'obuyinza, enambulukufu, eyaniriza abaami ne ba tata. Mu kutegeera kino, ekigendererwa kyaffe kiteekwa okuba okutuukiriza katonda by'ayagala n'ekigendererwa kye, era n'okumugulumiza.

Juzamu wansi ngosinziira kunyiriri:

Naye njagadde mumanye nti Omutwe gwa buli muntu ye kristo, Omutwe gwewaka ye musajja, era Omutwe gwa kristo katonda. (1 Bakolinso 11:3)

Abakyala, mugondere ba bbamwe, nga bwekibagwanidde. Abaami mwagale bakyala bamwe era tembakayukiranga. Abaana, mugondere bazadde bamwe mu bintu byonna, kino kyekisanyusa mukama. Bataata, temunafuya baana bamwe nga baweddemu essuubi. (Abakolosaayi 3:18-21)

_____ ye mutwe gwa kristo

_____ Ye mutwe gwomusajja.

_____ Ye mutwe gwomukyala.

Abaana balina okugondera _____.

Kirabika Ebyawandiikibwa bino byandiggyewo okukubaganya ebirowoozo, naye wakyaliwo enjawukana mu ndowooza ezimu. Waliwo okukubaganya ebirowoozo ku ky'omusajja okuba omutwe gw'omukyala oba nedda. Ddala omwami ye mukulembeze w'awaka? Ekibuuzo kino kiteekwa okuddibwamu omwami n'omukyala. Balina okukkiriziganya ku ndowooza ya Katonda n'oluvannyuma ne bakkiriza ebifo Katonda by'ategekedde buli omu ku bo. Nga bwe tuyize mu ky'okuyiga 1, okwagala kw'omukazi okw'obutonde kujja kuba kufuga ng'ekitundu ky'ekikolimo (Olubereberye 3:16). Ekyo Katonda teyakiteeka mu Baibuli mu butanwa, wabula okusobola okutegeera nti olutalo lujja kubaawo, era tuteekwa okugondera by'ayagala.

Egigambo Omutwe, *kephale* (Luyonaani), kivvuunulwa mu ngeri ez'enjawulo mu Ndagaano Empya. Omwekenneenyamu omu Omuyonaani annyonyola enkozesa yaakyo mu ngeri ey'akabonero nga bwe kirabika mu 1 Abakkolinso 11:3.

Bw'otunuulira buli kimu ku byawandiikibwa bino, ojja kutegeera obukulu bw'ennonno y'obukulembeze. Mu bigendererwa byaffe, eyogera ku nkolagana wakati w'omwami n'omukyala.

FAYILO Y'AMAZIMA

Omutwe— Omukulu oba omuntu akulembera, abalala gwe bagondera.

Mu ngeri ey'akabonero ku bantu, kwe kugamba, omutwe, omukulu, omuntu abalala gwe bagondera, okugeza, omwami mu nkolagana ye ne mukazi we (1 Kol. 11:3; Efeso. 5:23) nga bwe bali omubiri gumu (Mat. 19:6; Makko 10:8), era omubiri gumu gusobola okuba n'omutwe gumu gwokka okugukulembera; Kristo mu nkolagana ye akakwate n'Ekkansa ye omubiri gwe, ne bammemba baayo be bammemba be (cf. 1 Kol. 12:27; Eph. 1:22; 4:15; 5:23; Col. 1:18; 2:10, 19); Katonda mu nkolagana ye ne Kristo (1 Kol. 11:3). Mu Abak. 2:10 ne Efeso 1:22. Katonda Kitaffe gwe mutwe gwa kristo.

1 Bakolinso 11:3 egamba, "Omutwe gwa kristo ye katonda." Kyalambikibwa bulungi mu njiri ya Yokaana nti yesu kristo yewaayo okutukiriza okwagala kwa katonda (Yokaana 5:30). Emere ye yali kukola kwagala kwa katonda (4:34), okwategekebwa edda ngobudde tebunabawo tusobole okulokolebwa (Abefeeso 1:4). Yesu yagondera obukulembeze bwa Kitaawe — okutuuka ku musaalaba.

Yesu Kristo yali akola omulimu gw'Omwana era Omununuzi, wadde nga yali yenkanankana ne Katonda mu buli ngeri. Ensonga si y'ani asinga obulungi oba alina ebisaanyizo. Yesu yali atuukiriza buvunaanyizibwa bwe. Mu ngeri y'emu, omwami/taata oba omukyala/maama katonda amuwadde obuvunaanyizibwa obw'okukola. Tekiri kw'ani asinga obulungi oba alina ebisaanyizo. Ffenna twenkanankana mu maaso ga Katonda. Katonda ye yakutonda okuba: omusajja ye mwami/taata; Omukazi ye mukyala/maama.

Kristo gwe mutwe gwe Kanisa. Abefeeso 1:22 egamba,

“Yateeka ebintu byonna wansi webigere bye era namufuula okuba Omutwe gwe bintu byonna mukanisa.”

Katonda yawa Kristo obuyinza okukola ng'omukulu w'ekkanisa. Buvunaanyizibwa ki bwe tulina, oba tuyinza tutya okukolagana ne Kristo ng'omutwe? Tulina okuba n'endowooza ey'okugondera n'obwegendereza enteekateeka ya Kitaffe ey'okubeera omukulu w'ekkanisa, tulina okutegeera nti Kristo alina obuyinza bwonna ("ebintu byonna wansi w'ebigere bye"), era tulina okugondera Kristo kyeyagalire. Abakristaayo abawulize kino bakikiriza era ne bakola bwe batyo.

Abakristaayo bategeera nti "omutwe gwa buli muntu ye Kristo" (1 Abakkolinso 11:3). Abantu, era mu nsonga eno omwami, alina okugondera Kristo. Ne ku mulundi guno, ng'Abakristaayo tugondera Kristo kubanga ye mutwe. Okugatta ku ekyo:

Omutwe gwomukyala ye mwami. (1 Bakolinso 11:3)

Omusajja gwe mutwe gw'omukazi, nga kristo bw'ali Omutwe gwe kanisa era nga yatulokola mu mubiri. (Abefeeso 5:23)

Tufundikira na bino wammanga ku bukulembeze bwa Baibuli mu maka okuva mu nnyiriri zino:

1. Nga Kristo bw'ali omutwe gw'ekkanisa, n'omwami bw'ali omutwe gw'omukazi. Omwami, kuno kwe kuyitibwa kwo, obuvunaanyizibwa bwo n'engeri gy'olina okukolamu.
2. Ng'ekkanisa bw'erina okugondera obukulembeze bwa Kristo, n'omukyala bw'atyo bw'alina okugondera obukulembeze bwa bba. Omukyala, kuno kwe kuyitibwa kyo, obuvunaanyizibwa bwo n'engeri gy'olina okukolamu.
3. Nga Kristo bw'alina obuvunaanyizibwa okukulembera ekkanisa olw'obukulembeze bwe, n'omwami bw'atyo bw'alina obuvunaanyizibwa okukulembera mukazi we n'amaka ge olw'obukulembeze bwe.
4. Nga Katonda Kitaffe bwe yalina enteekateeka mu kufuula Kristo omukulu w'ekkanisa, bw'atyo bw'alina enteekateeka ey'okufuula omusajja omutwe gw'omukyala n'amaka.

Kino Tekyayitako?

Tendeka Abaana Bo

Abamu bagamba nti twetaaga okukyusa mu Bayibuli okusobola okutuukana n'ebiseera byaffe. Naye Baibuli ekakaziza nti y'ensibuko y'amazima mu buli kyasa n'obuwangwa, nga mw'otwalidde n'obwaffe. Tesobola kuggwako.

Okusobola okulaga nti obukulembeze tebukyuka ekiseera bwe kiyitawo, ka twetegereze Ibulayimu ne Saala okuva mu 1 Peetero. Peetero we yawandiikira ebbaluwa eno, gwali mwaka gwa AD 64, era wano we tuli nga wayise emyaka ng'enkumi bbiri. Mu 1 Peetero 3:1-7, yayogera ku nsonga z'abaami n'abakyala. Peetero yakubiriza abakyala okugondera babbaabwe (3:1-4) era n'akozesa olugero lwa Ibulayimu ne Saala okulaga ensonga ye.

Kubanga bwe batyo edda era n'abakazi abatukuvu, abaasuubiranga Katonda, bwe beeyonjanga, nga bagondera babbaabwe bennyini; 6nga Saala bwe yagondera Ibulayimu, ng'amuyita omwami. Kale nammwe muli baana b'oyo, bwe mukola obulungi ne mutatiisibwa ntiisa yonna yonna. (1 Petero (3:5-6)

Ibulayimu ne Saala baamala emyaka ng'enkumi bbiri nga kino tekinnawandiikibwa, era Adamu ne Kaawa baamala emyaka enkumi bbiri nga ekkyo tekinabawo. Ka tugoberere ekiseera okuva mu kutondebwa: Katonda yatonda omusajja okukulembera ate Kaawa nga ye mubeezi. Oluvannyuma lw'emyaka enkumi bbiri, Ibulayimu ne Saala baali bagoberera ekyokulabirako kye kimu. Oluvannyuma lw'emyaka emirala enkumi bbiri, Peetero yali alagira abakkiriza mu Ndagaano Empya okugoberera enkola y'emu. Tutegeera okuva mu kino nti emyaka enkumi nnya tegyakyusa ngeri Katonda gye yategekamu obufumbo okukola my kutondebwa. Singa Katonda yali agenda kukyusa enzirikanya y'amaaka, yandibadde akikola mu Ndagaano Empya. Olw'okuba Ekigambo kya Katonda kiwedde era nga tetulina kukigattako wadde okukiggyako, olwo tulina okukikkiriza.

Temwongeranga ku kigambo kye mbalagira, so temukisalangako, mukwatenga ebiragiro bya Mukama Katonda wammwe bye mbalagira. (Ekyamateeka 4:2)

Buli kigambo kye mbalagira munaakikwatanga ne mukikola; temukyongerangako, era temukisalangako." (Ekyamateeka 12:32)

Toyongeranga ku bigambo bye, Aleme okukunenyanga naawe n'olabika ng'omulimba. (Engero 30:6)

Ntegeeza buli muntu awulira ebigambo eby'obunnabbi obw'ekitabo kino nti Omuntu yenna bw'ayongerangako ku byo, Katonda alyongerako ku ye ebibonyoobonyo ebiwandiikiddwa mu kitabo kino. (okubikulirwa 22:18).

SIMA EBUZIBA

Nyonyola abantu kyebaliba bakola mukudda kwa yesu kristo.

"Ekiseera kijjakutuuka lwebatalumirirwe ddooboozi lyakutigirizibwa, naye okusenziira ku kwegomba kwabwe kubanga amatu tegawulira gabasiwa, bajjakwefuula abasomesa, era bajja kuziba amatu gabwe eri amazima era bakyuke okubeera Bana mpulira zibi." (2 Timoseewo 4:3-4)

Tetusaanidde kwerabira nti abantu bonna bazaalibwa n'ekibi ekyagala okugoberera Setaani, ensi, oba omubiri. N'olwekyo, bwe tuba nga tetuli bulindaala, tuyinza okukozesa endowooza ezikontana n'Ebyawandiikibwa okwonoona engeri Katonda gy'afugamu. Eno y'ensonga lwaki buli kirowoozo n'ebikolwa tusaanidde okubipiimira ku Kigambo kye eky'omuwendo. Obutamanya tebujja kulemesa bizibu ebivaamu okubaawo.

Omukyala Omuyitimufu

Bwoba ngojjukira omuzanyo gw'oku TV Ogw'ebitundu, Full house, eyazanya nga DJ yali Candace Cameron (Kati ye Bure), nga muganda we, Kirk Cameron, yasooka okuzanya mu muzanyo gwa, *growing pains*. Era akwali muzanyi wa filimu atenga mukyala Muyitimufu era nga maama. Candace yasisinkana omwami we, Val Bure (ye mu Russia era muzanyi wa hockey) kumuzanyo gwa hockey ogw'obwa nakyewa, era tebalwawo nebafulumbiriganwa nebazaala nabaana. Ngawayiseewo emyaka kumi ngabafumbiriganye, bino byebayogera ebikwata ku bufumbo, era ne katonda bweyabutegekera okubeera.

Okufaananako obufumbo bwonna tubadde n'ennaku zaffe ez'essanyu n'obulumu bwaffe obweyonger (kuno si kusaga), naye okutuusa kumpi emyaka kkumi mu bufumbo bwaffe lwe natandika okutegeera engeri ekifo kyange ng'omukyala gye kiyinza okubaamu mu mukwano guno. Olw'enkyukakyuka ze nnakola, nnasanyuka nnyo okukizuula nti enkolagana eyali ennungi ennyo yali eyinza okufuulibwa ey'amaanyi.

Ekintu kye nasooka okukola kwe kutegeera nti wadde obufumbo nkolagana ya kyenkanyi nga omwami n'omukyala balina omugaso gwe gumu, tetugendereddwaamu kugabana mirimu gye gimu.

Nga nkute Bayibuli, nnasoma nti, "Kubanga omusajja teyava mu mukazi; wabula omukazi ye yava mu musajja. 9Era kubanga omusajja teyatondebwa lwa mukazi; wabula omukazi olw'omusajja." 1 Kolinso. 11:8,9.

Abantu b'ennaku zino baali banzikirizisa nti tewali njawulo wakati w'omusajja n'omukazi. Baali bakyamu. Nze ne Val twatondebwa mu ngeri y'emu naye mu ngeri ya njawulo, n'olwekyo tulina obuvunaanyizibwa obw'enjawulo mu bufumbo bwaffe—obwange okubeera omuyambi we. Katonda yatonda Adamu, era bwe yalaba nga Adamu ali yekka, yatonda Kaawa okuba omuyambi we.

Kino kyali kya kuyiga kikulu mu kunkyusa? Nyo nyini ddala . . . Singa tuyiga okukkiriza obuyinza Katonda bwe yatuwa mu bulamu bwaffe, naffe tuyiga nti omubiri gwaffe gulina okwewayo eri omwoyo gwaffe bye gwagala.⁷

Tendeka Abaana Bo

Okwekebeera

Nyonyola kiki katonda kyakubikulira Ekikwatagana nobutakola kyolina kukola nga omwami oba taata/omukyala /maama.

Essomo 3: Amaanyi ga Taata

Ba taata, muteekwa okutegeera amaanyi Katonda ge yabawa. Ga bwa katonda. Olina obuyinza obw'amaanyi ku baana bo obusukka obw'omuntu omulala yenna.

Okumala emyaka mingi, okunoonyereza kulaga amaanyi ga taata mu bulamu bw'abaana be. Okunoonyereza kuno kungi kwatunuulira nnyo embeera y'amaka mu bulamu bw'abasajja nga Sigmund Freud, Karl Marx, Adolph Hitler, n'abamenyi b'amateeka bangi abakakanyavu. Ekintu kimu bonna kye baali bafaanaganya bwe butaba na taata oba enkolagana embi ennyo ne ba kitaabwe. Wabula bwe tusoma ku bantu abasinga amaanyi mu nsi yonna, abaawa abantu baffe omukisa, tulaba ng'abasinga baalina enkolagana ennungi ne bataata baabwe.

Katonda yakiraga mu mitima gy'abaana okutunuulira bataata baabwe mu ngeri ey'ekikugu basobole okukakasa, okuzzaamu amaanyi, n'okubatwala nga ba muwendo. Naye olw'ensonga ezitali zimu, bwe tukula ne tukuza abaana baffe, twerabira amaanyi bataata baffe ge balina ku bulamu bwaffe, nga tetumanyi ngeri obutaba na bukulembeze butuufu oba ebighambo n'ebikolwa byaffe gye biyinza okutukosa.

Nnina ekitala kya Kabaka Sulemaani ekinene mu ofiisi yange. Kisufu nyo. Nkikozesa ng'ekyokulabirako mu kubuulirira. Ngamba nti, "Taata, buli lw'onyiiga n'oboggolera omwana wo, kiba ng'okukozesa ekitala ekyo okusala omutima gw'omwana wo."

Bw'oyisa obubi omwana wo, oba okozeseza bubi obuyinza katonda bwe yakuwa. Abaana bo bakimanyi nti olina okukulembera. Baagala mukulembeze mu bitundu byonna eby'awaka naddala mu kitundu ky'okubatendeka. Eno y'ensonga lwaki olina okukulembera nga Kristo bwe yakola.

Amaaka Omuli Abaana Be Muta'azaala

Amaka ag'omugaate tegasobola kukyusa enkola y'obukulembeze. Nga tata ayingedewo "okukuza omwana gw'otazaala," olina okusigala ng'okulembera, era nga maama ayingedewo "okukuza omwana gw'otazaala", okyalina okukola nga Baibuli bw'eragira. Tewali n'omu ku mmwe asaanidde kulagira baana kukuyita taata oba maama, wadde okukunywegera nga taata oba maama omutuufu. Naye abaana balina okutegeera nti oky'okuba nti si gwe azaala abaana abo si ye nsonga. Mugenda kukola ekyo Baibuli ky'egamba, omuli n'okwenyigira mu kutendekebwa kw' abaana *bonna*.

Nteebereza nti ensonga eno ekoze kinene nnyo mu kwawukana kw'abafubo ebitundu 80 ku 100 mu maka ag'omugatte. Abafumbo bano baali balowooza nti embeera gye baalimu yali ebalemesa okugoberera ennono za Baibuli era ne balemererwa okuzikkiriza. Mu butuufu, Ekigambo kya Katonda kituyigiriza nti abaana bonna babe. Katonda abatuwola okubagala n'okubatendeka. Enteekateeka ya Katonda tekyuka ng'abaana babeera mu maka amagaatte.

Laba Eky'ongerezedwako J: Enkuza yabaana mu maaka ag'omugatte okufuna ensonga endala z'olina okulowoozaako.

Mukulembeze, Si Nakyemalira

Obukulembeze si bwanakyemalira, naye kukulembera, ne Yesu Kristo nga ekyokulabirako. Ennju yaffe bw'ekola mu ngeri endala yonna, tuba tujeemera Katonda butereevu. Okusingira ddala, omwami oba taata, y'alina okukulembera nga Katonda bw'alagira, so si ng'omufuzi atulugunya. Ekigambo kya Katonda kyogera ku bukulembeze bwe kiti:

Era omuwereza wa mukama talina kuyomba, naye alina okuba omulambulukufu mu byonna, mwetegefu okusomesa, Okugumikiriza, mu bukakamu okutereza aba awabye, Katonda bwakiriza nabasonyiwa nga benenyezza, olwo nno balyoke bamanye amazima basobole okudda muntegeera y'obwakatonda era badduke omulabe sitani eyali yabawamba okukola okwagala kwe. (2 Timoseewo 2:24-26)

SIMA EBUZIBA

Bwe tulwooza ku lunyiriri olwo waggulu, bintu ki ebikulu ebiraga omuweereza wa Mukama waffe, era Suubi ki kunkomerero elivaamu?

Ffenna tuli bawereza ba Mukama, era okubuulirira kutugamba kubeera bakkakkamu eri bonna. Weetegereze nti n'obukkakkamu bwetaaga okulagibwa eri abo abatuyigganya.

Omuntu bw'alemerwa ku nnukuta y'eteeka nti, "Ojja kukikola mu ngeri yange," basubwa ekigendererwa ekitufu eky'obukulembeze obw'obwa Katonda, ekireeta abantu eri amazima n'okutabagana. Obufuzi obwa bannakyemalira buleetawo enkaayana n'okwawukana.

Pawulo, omukulembeze ow'omaanyi, omuyigiriza, era omutume wa Kristo, ayogerwako mu 1 Abasessaloniika 2:7 "Naye twali bawombeefu mu mmwe, nga maama bw'alabirira abaana be." Engeri gye yeeyisaamu mu kkanisa y'e Sessaloniika yali efaananako n'eya maama eyeraliikirira era ng'ayagala nnyo. Bataata bwe baziyizibwa, kino kye balina okukozesa. Tetulina kwekiriranya ku mazima oba Ekigambo kya Katonda, naye tuteekwa okuba abeetegefu okutereza n'okukolagana ne bakyala baffe.

FAYILO Y'AMAZIMA

Obukkakamu— "Kitegeeza ekirabika obulungi, ekisannira; n'olwekyo, obwenkanya, obw'ekigero, obugumiikiriza, obutalemera ku nnukuta y'eteeka; kiraga okufaayo okwo okutunuulira mu ngeri ey'obuntubulamu era ey'ensonga ku ensonga ezikwata ku musango." ⁸

Kristo yalaga nti yali muwereza. Nga ba taata era abaami tulina okubeera n'entegeera bwetyo. Kituzzayo emabega ku musingi omunywevu. Nga bwe twesigama ku maanyi ga katonda, atuwa

obusobozi okuwereza nga kristo bweyakola – yali mulambulukufu mu byonna, omugumikiriza era nga mukakamu.

Mu bu kakamu kitegeeza “Awatali malala oba okwelaga”. Abasajja bangi bawunzika bali mu ffuga bbi nga bagamba nti “Nze musajja ewaka” “mukole kyembagambye,” “nze nina okubakulembera.” Naye eyo si y'engeri Katonda gy'ayagala tukulemberemu: eyo y'ekola ya mubiri.

Kyokka, taata, ng'akulembera nga Kristo bwe yakola, taba mugaayavu oba ateenyigira mu nsoga. Talekera mukyala we buvunaanyizibwa oba obuyinza Katonda bwe yamuwa mu kutendeka. Abasajja bangi leero bagamba bakyala baabwe nti, "Nze nkola; gwe labirira abaana." Ng'ebyo biri awo, bakyala baabwe balwooza nti, "Singa omusajja ono asitukira mu buvunanyizibwa bwe! Mbadde nsuubira n'okusaba nti ekyo kijja kubaawo."

Okulaga engeri obuwangwa bwaffe gye bukyusizzaamu ekifo ky'omwami, tulina okutunuulira enkuluze. Nteera okuddayo ku nkuluze enkadde ebiseera ebimu, ngamba eri ey'eddiba eya *Webster International Dictionary*, eyafulumizibwa mu 1939. Ekigambo *omwami* mu nkuluze eyo kinnyonyolwa bwe kiti: "oyo alabirira oba alungamya amaka ge, omusajja omufumbo, obukulembeze ne/oba obuyinza mu nnyumba, okuddukanya obulungi." Enkuluze y'emu eya 1996 egamba nti: "Omutwe gw'awaka nga musajja." Bwe kityo bwe kiri! Enkuluze ya 2012 egamba nti: "Embeera y'okubeera obumu n'omuntu ow'ekikula ekirala ng'omwami n'omukyala mu mukwano ogw'okukkiriziganya n'endagaano ey'ekiseera etegeerekeka mu mateeka; embeera y'okubeera obumu n'omuntu ow'ekikula ky'ekimu mu mukwano nga ogw'obufumbo obw'obuwangwa."

Bintu ki ebikulu ebikyuse?

Ekigambo okuduganya mu 1939 kinyonyorwa bwekiti: “Okukwasaganya oba okutereeza, Okukwasaganya obulungi, okwewayo, okulungamya, okulabirira, okwewayo n’okwekkakanya, okulungamya nga oyitira mu ku kwata obulungi, okulabirira n’okufaayo, wamu n’obwegendereza eri omwami.” Ekyo tekyewunyisa? Ekyo tojja kukisanga mu nkuluze z’enaku zino.

Mukyala wange/Omuyambi wange

Katonda ampadde omukyala anzijjuze. Okuva Katonda bw'agamba nti omukyala ye ananzijjuza, nnina okumwesigamako okufuna ebirowoozo bye naddala ku mbeera y'omutima gw'abaana bange, emirundi mingi gye siraba. Ekituufu kiri nti, ng'omusajja n'engeri Katonda gye yantindaamu, siteera okutegeera byetaago by'omwana wange eby'omutima. Abasajja abasinga kino basobola okukitegeera.

Abaana bange bwe baali abato, bwe nnakomangawo awaka, nga emirimu gy'awaka tegikoledwa. Nali ndwooza ku kintu kimu: B'etaaga okukolebwa kati. Lwaki mukyala wange

Tendeka Abaana Bo

teyalabye nti bakikoze kino? Nnali nga mwetegefu okukangavvula. Ebintu nali mbilabira mu langi njeru n'enzirugavu era ng'omusajja nali njagala kubiterereezawo.

Etteeka: Omuddo gulina gusayibwa nga tezinawera ssaawa 12:00 ez'ekiro buli Lwakuna.

Ekiyinza okuvaamu: Omwana wakukangavvulwa, era enkeera bagusawe.

Kitegeerekeka bulungjera kilambulukufu. Abasajja abasinga batondebwa bwebatyo, kubanga batondebwa kubeera bakulembeze. Mpolampola nayiga okukola okunoonyereza okutonotono, okufuna ebirowoozo bya mukyala wange, ekyannyamba okutegeera ebipya. "Mukwano, mutabani waffe yabadde yebaaka Sawa munaana ez'okumakya kubanga yali atuula ebibuzo ebisembayo wiiki eno nemugamba Emirimu ajja jikola enkeera."

Nze mukulembeze wa famire, naye mukyala wange kilabo okuva eri katonda, muyambi wange. Kikula kyange eky'ekisajja okulaba embeera eno mu ngeri endala. Naye mukyala wange annyambye okwongera okufaayo n'okulowooza ku mbeera mu ngeri endala.

Kyokka, kyandibadde kya lumu na lumu, so si enkola yabulijjo, omukyala okukyusa enteekateeka eyateekebwawo ey'okukangavvula abaana. Omukyala alina okugondera enteekateeka y'obukulembeze n'okukangavvula ey'omwami we, naye n'abaami balina okunoonya obuyambi okuva mu ngeri omukyala gy'afaayo era gy'alabiriramu okubayamba okufuuka bataata abalungi n'abayigirizwa ba Kristo.

Olw'ebirowooze bya mukyala wange, nategeera obuzibu mutabani wange bwe yalina n'ensonga lwaki yasalawo ekyo. Kino kyali tekitegeeza nti buli abaana lwe baba baagala okuva mu kukola emirimu, oba nga baagala okukyusa etteeka, basobola okugenda eri maama waabwe n'asobola okukola enkyukakyuka nga bwe baagala. Tulina okukolera awamu nga ttiimu okutangira okukozesa obubi ebintu bye twateekawo.

Nga abaami tulina okusanyukira mu ngeri katonda gyeyakolamu bakyala baffe. Batwongerako kinene kubanga balaba ebintu fee byetutalaba. Tusobola okuba abasiru netugamba "ndi musajja, era kigenda kuberawo bwekiti." Ate era abasajja abasinga bakikola bwebatyo nga tebagoberera katonda kyayogera. Mukyala wo akufuula ajjudde era nga omuyambi wo. Tolina kulekayo kukola naye.

Ebiseera ebimu tetwakkiriziganya era mukyala wange yalina okusalawo okugonda. Mu kukola bw'atyo, yali yeesiga Katonda. Ne bwe nnali nga nze mukyamu, Katonda yatuwa omukisa, si lwa nsonga ndala yonna okuggyako okwagala okukola ebintu mu ngeri ye. Embeera zino bwe zaatuukangawo, bulijjo teyakikola mu ssanyu. Naye teyawanvuya mumwa, teyasiba bwenyi, oba obutanfaako. Yayiga okwesiga Mukama n'obuyinza bwange, era n'afuna omukisa. Bwe yabanga ayagala okukyusa etteeka n'okukangavvula kwalyo, yali amanyi okusooka okwogera nange. Ssaali mutuufu buli lwe nasalawo. Naye, tutendereza Mukama, naffe tuyigira ku nsobi zaffe.

Abakyalala batera okukubirizibwa enneewulira zaabwe era bayinza okwanukula embeera okusenziira ku nneewulira. Singa bakkiriza enneewulira zino okufuga mu nsonga y'okutendekebwa, bangi tebajja kusobola kussa mu nkola amateeka oba okukangavvula. Abasajja balina okutegeera nti abakazi abasinga bafuba nnyo okusinga ffe mu kulwanyisa ekyoyoyo ekigamba nti "kireke" oba tokangavvula. (Wadde ng'abasajja batono nnyo abakubirizibwa enneewulira zaabwe, batera okuwasa abakazi abatali—ekiraga nti Katonda asesa.

Abasajja beetaaga okwogera mu ngeri ey'obukkakkamu nti, "Mukwano, nkitegedde nti babadde n'olunaku oluzibu naye empiisa z'ezetaaga okubaawo mu kiseera kino." Okutendeka kwe kukolera awamu n'okulaga abaana baffe okwagala.

SIMA EBUZIBA

Wandiika ebyo Katonda by'agamba nti ajja kukolera abo abamwagala.

Mwerabidde ebigambo ebibabuulirirwa ng'abaana,
 "Mwana wange, tonyoomanga kukangavvula kwa Mukama,
 So toddiriranga bw'akunenyanga;
 6Kubanga Mukama gw'ayagala amukangavvula,
 Era akuba buli mwana gw'akkiriza." (Abebullaniya 12:5-6)

Enteekateeka y'okukola

Abaami, nokolayo ebimu ku birabo bya mukyala wo n'amaanyi ge. (Ekyokulabirako: "Asingako okutegeera enneewulira z'abaana" oba "Annyamba okulaba endowooza y'abaana.") Mumwebaze olw'ebirabo Katonda by'amuwadde, n'omutegeeza nga bw'oyagala akuwe nga endoowaza ye.

Mwogere ku nsonga z'okukolako oziwandike wano.

Okutandika okolera awamu nga ttiimu nga mukozesa enkola ya Katonda, musabire wamu Obuyambi Bwe.

Okuziyiza Kulina Ebivaamu

Buli muntu awulirenga abakulu abafuga, kubanga tewali bukulu butava eri Katonda; n'abakulu abaliwo baatekebwawo Katonda. Awakanya obukulu kyava awakanya okulagira kwa Katonda, era ababawakanya balyereetaako omusango bo bokka. (Abarumi 13:1–2)

Pawulo bwe yawandiika ebigambo ebyo, gavumenti y'Abaruumi yali efuga Abayudaaya n'omukono ogw'ekyuma. Abayudaaya baali baagala okusumululwa okuva mu buyinza bw'Abaruumi olw'okunyigirizibwa n'okuyisibwa obubi. Pawulo yali ayogera eri Abakristaayo abayigganyizibwa olw'enzikiriza yaabwe, ng'omuze gwabwe gwali gwa kuziyiza buyinza. Naye ekiseera kyokka eky'okuziyiza ab'obuyinza bwe batusaba okwonoona oba okugana okugabana njiri (Ebikolwa 4:18–20). N'olwekyo, Pawulo yawaayo ebiseera ebisingawo mu Baruumi okunyonnyola engeri Katonda gy'atunuuliramu obuyinza. Tusobola okufuna emisingi egisookerwako okuva mu byawandiikibwa bino.

“Tewali buyinza bulala Okujjako obuva eri katonda “(Olunyiriri 1).

Kino kilambikidwa - tewali buyinza. Mungeri eno tulina gavumenti eri abatuuze (Tito 3:1, 1 Petero 2:13-17), naye katonda era ayogera eri ekanisa wamu n'obuyinza bw'abasumba eri abakiriza (Abebulaniya 13:7, 17) obukulembeze bwomwami eri mukyala we (1 Abakolinso 11:3, 8-9; Abefeeso 5:22), amateeka g'abazadde eri abaana babwe (Okuva 20:12; Engero 6:20-22; 23:22; kukka 2:51; Abefeso 6:1) era n'ekifo ky'obukulembeze eri abakozi (Abefeeso 6:5-8; abakolosaayi 3:22; 1 Petero :2:18).

“Obuyinza Obuliwo Bwaletabwa Katonda” (olunyiriri 1)

Katonda afuga ebintu era afuga ani alina obuyinza. Ekyo kitegeeza abakungu ba gavumenti abalungi n'ababi, abasumba abalungi n'ababi, abafumbo abalungi n'ababi, abazadde abalungi n'ababi, abakozi abalungi n'ababi. Kino tuyinza obutakitegeera, naye ekigambo kya Katonda kye kigamba. Ekigambo kino eky'okulonda kikozezebwa mu Ebikolwa 13:48: " bonna ne bakkiriza abaali baterekeddwa obulamu obutaggwaawo." Olowooza lwaki waaliwo abattibwa bangi nnyo? Abakristaayo battiddwa wansi w'omukono gwa zi gavumenti (n'ab'obuyinza

abalala) kubanga tebegaana kukkiriza kwabwe, ne bwe baba nga babatiisatiisa okubatta. Abattibwa baaliwo era ne bafa olw'ennono egamba nti Katonda y'alonda obuyinza bwonna.

“Omuntu yenna alemesa obuyinza alemesa okuteesa kwa Katonda ”(olunyiriri 2).

Okuziyiza obuyinza kujeemera Mukama butereevu. Bw'oziyiza enkola enno, weleetera Katonda okusalira omusango (Olunyiriri 2). Katonda ye yaleeta amateeka gano ag'eby'omwoyo. Galinga amateeka g'obutonde ge twasooka okwekenneenya, nga amaanyi agasiika ebintu wansi (gravity). Amaanyi agasiika ebintu gatukuumira wansi wano ku nsi ng'ebigere byaffe binywevu ku ttaka. Ekyo amazima ga Katonda kye gakola, kitukuuma nga tuli banywevu mu by'ayagala tusobole okufuna emikisa gye olw'obuwulize.

Okwewolereza

Abaami, okuva Katonda bwe yakulonda okukulembera, oli mu buyinza, era Katonda akuyise mu kifo kino. Bw'ogamba nti, "Nkimanyi nti nnina okukulembera, naye . . .," oziyiza Ekyo Katonda kye yakulagira okukola, n'omenya eteeka ery'omwoyo, n'okweleetera omusango. Omusango guno gusobola okujja mu ngeri nnyingi: obutaba na maanyi okutambulira mu bulamu bw'Ekikristaayo; obutategeera Katonda olw'obujeemu bwo; okukendeeza omukwano ne Mukama ekivaako okufiirwa emirembe, essanyu, obwesige oba obumativu; n'ebirala bingi.

Nteera okuwulira okwewolereza kungi olw'obutakulembera: "Mukyala wange mukulembeze mulungi okunsinga." "Yasoma nnyo okunsinga." "Yasinga okutegeera abaana." "Mugumiikiriza onkusinga." "Siri mukulembeze wa ddala." "Simanyi ngeri ya kukuklembeera." Naye oyinza okuba ng'olina ky'okulembera ku mulimu gwo, era nteebereza nti okikola bulungi.

Omukyala ayinza okugamba, "Nkimanyi nti Katonda agamba nti nnina okugondera obuyinza bw'omwami wange, naye . . ." Ayinza obutalumwa mangu mu mubiri olw'ensonga eno, naye oluvannyuma ajja kufuna obulumi. Okulumizibwa kuluma mu ngeri y'emu ng'omusajja bw'abonaabona nga bwe kyogeddwako waggulu

Bwe tusalawo okutambulira mu kitangaala, tuba n'emirembe, essanyu, n'obumativu. Bwe tutakikola, ebirabo bino ebiva eri Katonda bijja kutandika okuggwaawo. Okwennyamira, obutayagala, n'obutaba na ssanyu bijja kugoberera, awamu n'endwadde nnyingi eziyinda okubaawo mu mubiri.

Ebintu Okwononeka

Bwe natandika okubuulirira abafumbo abamu, omukyala yalabika ng'asitudde kilo 100 ku mugongo. Yali mwennyamivu. Yatuula n'affuka omutima gwe: engeri ennyumba ye gye yali eyoonese; ye ne muwala we ow'emyaka 18 tebogeraganya; ye ne mutabani we ow'emyaka 15 baakaayana buli kiseera; yali mwennyamivu, ng'ali ku ddagala, era ng'alaba omusawo w'obwongo. Yagenda mu maaso okwogera n'ebilala. Nabuuzwa wa bbawe wagiramu mu byonna. Bwe yakkiriziganya n'ebyo mukyala by'ayogera ne mmubuuza ky'akola ku nsonga eno.

"Bw'aba ayagala mmuyambe, mmuyamba. Bw'ajja okunona n'antwala, nyingirawo n'enkangula eddoboosi ne njamba nti, 'Kale, ekyo kimala," bwe yannyonyola.

Maama yagamba nti akimanyi nti ekyo si kye kituufu okukola era n'annyonnyola nti y'ensonga lwaki yali akulembera mu nsonga z'okukangavvula mu kifo ky'omwami we: "Nze obuyivu bwange buli mu by'obwongo. Natendekebwa mu nsonga enno. Nsobola okukolagana obulungi n'abaana okusinga omwami wange. Nsobola okuwuliziganya nabo n'okwogera ku bintu."

Natangaaza ku nsonga eno: "ekitegeeza oli mwennyamivu, owulira ng'oyagala okulekulira, ate ng'okooye engeri gy'owuliramu, si bwe kiri? Omanyi lwaki oli mu mbeera eno? Mazima ddala emu ku nsonga enkulu eri nti amaaka go g'akyankalana. Owulira bw'otyo kubanga otekedwa okuwuliea bw'otyo. Kino kiva ku kujeemera Katonda. Okulembeera mu kukangavvula era omwami wo akuwagira. Naye ekyo kifula nnege. Eyo si y'engeri gyekirina okukolebwamu."

Okuva mu kutondebwa n'okweyongerayo, enteekateeka y'obuyinza Katonda gye yateekawo eri omuntu eri nti: Katonda, omusajja, omukazi, abaana. Tekirina kakwate na kuba wa wansi. Kitegeeza nti omwami— so si mukyala— y'akulira amaka, omuli n'okutendeka abaana. Kirowoozeeko mu ngeri eno: Taata ye pulezidenti. Maama ye mummyuka wa Pulezidenti. Kikuyisa bubi okulowooza bw'otyo oba okuwulira ekyo? Bwe kiba bwe kityo, olina okukitwala eri Mukama. Olina okusaba Katonda akuyambe okumwesiga mu kitundu kino. Abasajja balina okukuuma bakyala baabwe n'okukulembera awaka.

Nga abazadde bafunye obutakkanya

Bataata, mulina okutuukana n'omutindo gw'obukulembeze mu maka. Naye tulina "... kubalerenga mu kukangavvulanga ne mu kubuuliriranga kwa Mukama waffe." (Abefeeso 6:4). Osobola okuyiga otya bwonatekawo amateeka n'empisa Okutendeka abaana bo, naye kino mulina ku kikola ne mukyala wo mumirembe (Abaruumi 12:18).

Naye watya singa ggwe ne mukyala wo temukkiriziganya ku nsonga ekwata ku baana?

Abakazi, muwulirenga babbammwe, nga bwe kiri ekirungi mu Mukama waffe.
(Bakolosayi 3:18)

Abakyala, mulina okwewayo mukulemberwe, Okujjako nga omwami byalagira bikontagana n'ebyawandikibwa. Omwami bwaba nga simulokole nakugamba "Togamba baana baffe ebyakatonda", ekyo buterevu Kiba tekikwatagana na byawandikibwa mukuyigiriza abaana. (Ekyamateeka 6:7).

Ng'ekyokulabirako, olina omwami atagenda mu kkanisa, ate mutabani wo ow'emyaka 15 nga takyayagala kugenda mu kkanisa. Olwo ne taata n'agamba nti omwana talina kugenda. Olina okugezaako okukangavvula mutabani wo oba okumunyiigira olw'okuba alonda oludda lwa taata mu kifo ky'oludda lwo? Okendeza okwagala kw'owa omwana wo oba okukaayana n'omwami wo? Nedda, tewali kintu kyonna ku bino ekirungi. Weesigenga Mukama, weeweyo obuyinza bw'omwami wo, era osabenga. Kizibu okukola, naye Ekigambo kya Katonda kitegeerekeka bulungi. Tewali kotaliza. Waliwo ebivaamu ebibi singa omukyala agezaako okwonoona obuyinza obwo. Ng'Omukristaayo, Katonda "akola byonna okusinziira ku kuteesa kw'okwagala kwe." (Abeefeso 1:11).

Ensonga za famire ez'omugatte

Kiba kitya singa ggwe taata w'abaana b'otaazaala mu maka ag'omugatte ate nga mukyala wo takkiriziganya na mateeka agamu ag'ewaka bw'ekituuka baana be be yazaala ng'omukyala? Kasita omukyala agamba nti, "Etteeka eryo si lyaagala; Sirowooza nti omwana wange alina okukola ekyo," bw'atyo bw'aggya ebintu mu mikono gya Katonda ang'alina agamba nti asobola okukikola yekka, mu maanyi ge. Omukyala bw'aba takkiriziganya na kukangavvula okumu, atekwa okwesiga Mukama okukikola. Kya lwatu, kijja kwetaagisa obugumiikiriza n'ekiseera okukola ku nsonga zino.

Ba maama, abaana botazaala bwebakusomooza mu buyinza bwolina nga maama atabazaala, bagambe nti taata bwayagala. Bwebakugamba nti si ye gwe maama wabwe osobola okubadamu "tewali buzibu siri maama wamwe, kubanga maama wamwe gyaali. Sigezaako kubangamba nti nze maama wamwe, naye bwenafumbirwa taata wamwe, nayaniriza enkola y'obuyinza eri mu kigambo kya Katonda. Era ekigambo kya katonda kigamba taata y'alina okukulembeera. N'olwekyo mmuwagira. Bwoba tokiriza bilagiro bye n'okukwasisa empisa osobola okumutukirira n'omugamba. Ng'ekyo tekinabaawo, mukaseera kano olina okugondera ebilangiro nempisa."

Obutakkaanya ku ngeri abaana gye batendekebwamu y'emu ku nsonga enkulu eziviirako okwawukana mu maaka mangi omuli abaana abazalibwa abazadde abenjawulo. Endowooza egamba nti "Nkangavvula abaana bange nawe kangavvula abaabo" eggulawo oluggi olw'engeri y'okuddukanyaamu amaaka etali ya Bayibuli. Bayibuli tebiwagira. Bwe mukola mwembi omutendeera gw'okutendekaamu abaana, kirina okukola ku baana bonna ababeera mu maka gammwe. "Abaana bonna kirabo okuva eri Mukama." – (Zabbuli 127:3).

Essomo 4: Obutabanguko Mumaka

Abagalana bangi balina abagalwa abatali bakiriza, oba abajeemera ekigambo kya katonda, era nga sikyangu gye bali. Katonda yasubiza emikisa naye takusubizangako nti byangu. Ebiseera ebimu tulemwa okuteeka munkola enyiriri ezitwogerako, okwegaana ffena, omusalaba, era no kwegaana obulamu bwo muntu okugoberera yesu. (Matayo 16:24-25).

Okubuusabuusa omwami wo

Ekintu ekisinga amaanyi omukyala ky'asobola okukola okusinziira ku Kigambo kya Katonda kwe kuleka enneeyisa ye- so si bigambo ebivumirira oba ebitakakasa—okukubiriza bba. Ebyawandiikibwa bigamba omukyala okwesiga Katonda n'okwewaayo eri amakubo ga Katonda, era Katonda ajja kukola omulimu.

Bwe mutyo, abakazi, mugonderenga babbammwe bennyini; era bwe wabangawo abatakkiriza kigambo, balyoke bawaangulwenga si lwa bigambo naye olw'empisa z'abakazi baabwe; ²kubanga bannalabanga empisa zammwe ennongoofu ez'okutya. (1 Peetero 3:1–2)

FAYILO Y'AMAZIMA

Okugondera—Hupotasso
(Luyonani). "Endowooza ey'okweyagalira mu kwewaayo, okukolaganira awamu, okwetikka obuvunaanyizibwa n'okusitula omugugu."¹³

Olunyiriri luno lwogera ku mukyala alina ebizibu. Omwami we nga tagondera bilagiyo bya katonda. Omwami we ayinza okuba nga tamanyi, mujeemu, oba nga si mukiriza. Ayinza n'okugamba nti mu kristayo naye nga sibweyeyisa. Tewali kisongedwako nti wewali obujeemu, naye ekilagiyo eri omukyala kyalambikibwa nti alina okwongerera okugondera bbawe.

"Enkozesa y'endagaano empya ey'ekigambo kino, ekitegeeza 'okugondera,' 'beera wansi,' 'okudirira omulala' ya bulijjo,' (laba 1 Peetero 2:18; 3:5; 5:5; Lukka 2:51 ;10:17, 20; Bar. 8:7, 10:3; 15:27; 16:16; Bef. 1:22; 5:21, 24; Fil. 3:21; Tito 2:9; 3:1; Beb. 2:5, 8; 12:9; Yakobo 4:7)."¹⁴

Omwami bwakola okusalawo okwekisiru mu njogera oba mu mpisa ya baana be, omukyala natakirizaganya na mwaami era ne mukama nga bwagamba "newankubadde abamu tebakiriza kigambo" (olunyiriri 1), eky'obutonde kwe kukikubaganyako ebiwoozo n'okukiwakanya okutusa omukyala lwawangula endowooza y'omwami.

Kino kya butonde kubanga maama ayagala nnyo abaana nga kw'otadde n'okubakuuma. Bayibuli egamba okuwangula omusajja 'awatali kigambo kyonna' (olunyiriri 1). Kintu kimu okwogera nti, "omwagalwa, eno y'engeri endala gy'oyinza okutunuuliramumu oba okukwatamu embeera eno, naye nja kugoberera obukulembeze bwo n'okusalawo kwo," naye ate kirala nyo okukubagana oba okukozesa obusungu obw'amaanyi, okutiisatiisa okw'okwewozaako, n'okweyisa mu ngeri emalaamu amaanyi, ng'okujjeregerera, okuvumirira, okuwanvuya omumwa, n'okugaana omwami. Omukyala Omukristaayo alina okuba ng'asaba omwami we abeere omukulembeze atya Katonda, oba bw'aba takkiriza, alokoke.

Ekigendererwa Kya Katonda

Essira ly'olunyiriri luno kwe kusobola okuwangula omusajja okussa ekimu ne Mukama waffe ("ayinza okuwangulwa"). Abakazi, okimanyi nti kino kye kiruubirirwa kya Katonda? Mu 1 Peetero 3:1–6, Katonda ategeeza abakyalala engeri gye yategekamu enkolagana okukolaamu. Si kisuubizo wabula kkubo Katonda ly'ayinza okuyitamu okuleeta omwami wo gy'ali. Era tewali sale sale wa ddi lw'olina koma kugoberera pulaani ye. Bw'osigala ng'oli mwesigwa eri Katonda by'ayagala, oba oweereza omwami wo n'okugulumiza Katonda okuyitira mu buwulize. Enkola eno Katonda asobola ojikkozesza okukyusa ggwe n'omwami wo.

Katonda yatonda omukazi okubeera omubeezi, era omwami ajja kumanya—ng'atunuulira, ng'akilowoozako, era ng'atunuulira enneeeyisa ya mukyala we—oba ng'amuwagira. Omukyala alina kinene ky'akola ku bba, oba okumukulembera mu maaso ga Katonda oba okumuvako. Omuwandiisi omu agamba nti omukyala ayinza okuba ng'alina "ebintu mu nneeeyisa ye n'obusungu ebiyinza okwonoona obulungi bw'okwewayo kwe eri Mukama, n'okutangira okusikirizibwa okw'essanyu lyonna ku bwongo bwa bba."

FAYILO Y'AMAZIMA

Okwetegereza— Okutunula, okulaba n'okufumiitiriza."¹⁶

Enneeeyisa *ennongoofu—* Okwewala enneeeyisa zonna eri omwami wo ezikontana n'ebyo Katonda by'ayagala.

Kati olwo omukyala atuukiriza atya obuwulize obwo? Kitandikira mu mutima. 1 Peetero 3:3 eyogera ku ngeri omukazi gy'afaayo ku nviiri ze, ebikomo bye, n'engoye ze (leero twandigattako eby'okwekolako), ebintu ebirungi bwebikozesebwa mu ngeri entuufu. Ku pulogulaamu ye ku leediyo ne mu kubuulira kwe, Omugenzi Omusumba J. Vernon McGee yagamba nti, "Bwe kiba nti eterekero lyeetaaga okusiiga langi, kisiige." Naye Katonda, mu lunyiriri 4, anyonnyola obulungi obwa nnamaddala n'embaala y'ekikyala nga " omuntu ow'Omwoyo atalabika, mu kyambalo ekitayononeka, gwe mwoyo omuwombeefu omuteefu, gwe gw'omuwendo omungi mu maaso ga Katonda." Katonda ayagala tuzze buggya ebirowoozo byaffe (Abaefeso 4:23) n'okunyweza omuntu ow'omunda (Abaefeso 3:16), kubanga mu mitima gyaffe mwe muva ensonga z'obulamu (Engero 4:23) n'ebikolwa byaffe (Matayo 15:18–19).

Okwekebera 1

Abakyalala, kiki kyemulowooza "ekyomuwendu mu maaso ga katonda" kitegeeza ki mu (1 Petero 3:4)

Oluvanyuma lwa byona, Katonda y'alaba buli kimu. Omukazi bw'aba nga yeesiga Katonda era ng'ayanukula bulungi, kiba 'kya muwendu nnyo' mu maaso ga Katonda. (1 Peetero 3:4). Katonda ayagala omukazi akimanye nti omutima gwe bwe guba omukkakkamu (omuwombeefu, omuteefu, n'okugumiikiriza), alina omwoyo omuteefu, (oguteese, atatawaanyizibwa), era nga mwetegefu okugonda, kino kya muwendu mungi gy'ali. Ensonga

Tendeka Abaana Bo

eri mu lunyiriri 5: "Kubanga bwe batyo edda era n'abakazi abatukuvu, abaasuubiranga Katonda, bwe beeyonjanga, nga bagondera babbaabwe bennyini;"

Katonda yatonda omukazi olw'enkolagana ey'enjawulo n'omusajja, era bw'atwala ekifo ky'omukyala, oba omubeezi, obuwulize kitegeeza okugondera enkola y'obukulembeze Katonda gye yatonda. Kino okusobola okukikola, omukyala alina okukkiriza obuyinza bw'omwami (okuggyako ng'omwami kyayagala kibi, nga bwe kinnyonnyodwa waggulu).

Mu myaka gyange egy'okubuulirira, ndabye obafumbo bungi nga banaatera okwawukana, nga n'ebiwandiiko byatekebwa dda mu fayiro, naye ebyo ne bikyukira ddala ng'omwami n'omukyala bagoberera enteekateeka ya Katonda. Abaami balokoka, abo abakyali abakkiriza bakubirizibwa okuyiga n'okukula mu by'omwoyo, era okundigana kujja mu maka gonna kubanga omukyala yali yeesiga Katonda era n'akkiriza enteekateeka ye.

Okumanya ebisingawo ebikwata ku bufumbo, yita mu bitabo byaffe, Obufumbo Buweereza, Mu Bitundu.

Engeri Obutabanguko Gye Bukiriraamu

Bataata, weyisa otya awaka - oba oyanukula otya - awaka? Mu myaka egyasooka egy'obulamu bwa mutabani wange Nicholas, yannyiiza nnyo okusinga omuntu yenna ku nsi. Bwe yabanga akoze ensobi, nnayitangawo wenandikomye mu kwanukula kwange, ne mbogola, n'enkangavulira mu busungu, era nnakolanga ebikontana n'okwagala buli lwe yakolanga ensobi. Mukyala wange teyali musanyufu olw'okuvvanga kwange mu mbeera ekisukkiridde. Ng'omukuuzza, yali ayagala okukuuma akaana ke okuva ku kitaawe omusirusiru. Olw'okuba nnali nvude mu buntu, yatandika okumuwolereza n'okuntereeza mu maaso g'omwana. Saayagala ngeri gye yannyoomamu. Obutakkaanya buno bwava ku ngeri gye twakwatamu ebintu mu ngeri etali ya Baibuli. Obutakwatagana kwayingirawo, era enkolagana yaffe n'obufumbo bwaffe byakosebwa. Eky'ennaku, embeera y'emu ecaase nnyo. Nneebaza Mukama okukozesa omutendera gw'abutabanguko okukilira wansi nga buva ku nze mu maka gange okusobola okunzuukusa.

Eri, kabona asinga obukulu mu Ndagaano Enkadde, yalina abaana babiri "abaali abalya enguzi, nga tebamanyi Mukama" (1 Samwiri 2:12), naye baali baweereza nga bakabona mu nnyumba ya Katonda. Awo Eri n'awuliranga byonna batabani be bye baakolanga Abaisiraeri bonna era nga ne bwe beebakanga n'abakazi; (1 Samwiri 2:22). Ku nkomerero n'abagamba nti, "Nedda, baana bange; kubanga bye mpulira si birungi n'akatono: mwonoonyeseza abantu ba Mukama." (1 Samwiri 2:24). Naye n'atakolawo kintu kyonna. Teyabayimiriza. Katonda yamulabula emirundi mingi, era oluvannyuma n'ayogera ng'ayita mu nnabbi Samwiri:

Ndisalira ennyumba ye omusango ogw'olubeerera olw'ekibi kye yamanya batabani be kye bayonoona ne beeretako ekikolimo naye n'atabaziyiza. (1 Samwiri 3:13)

Kino tekyabawo mu kiro kimu. Kyali kigenda mu maaso. Mu ssuula eddako, ye ne batabani be baafa ng'ekimu ku bintu Katonda bye yasalawo okukola. Eli yalaga obukulembeze obubi ku

bikwata ku maka ge, ekyawa obujulizi obubi era n'azikiriza amaka ge. Ba taata, tulina okubaako kyetukolaawo abaana baffe bwe bajjema, naye mu ngeri ey'obukkakkamu era ey'okwagala.

Omwana omusiru, kwe kuzikirira kwa kitaawe,
n'omukazi omuyombi, kutonnya kwa nnyumba okutaggwa. (Engero 19:13)

"Omwana omusirusiru" yoyo atayagala kugondera buyinza n'okukangavvula kwa kitaawe. Ekyo si bwe kyali ku mutabani wange; kyali kibi kyange okweyisa mu busungu bwe yamenya etteeka. Kyokka ennono ey'okubiri ey'olunyiriri luno eraga nti okubeera n'enkaayana engeri nkyamu omukyala okuddamu bba. Tusaanidde okukijjukira nti omukyala ayomba buli kiseera ne bba, ku nsonga y'okukuza abaana oba ensonga endala yonna, abeera mu bujeemu. (Manya: ettemu oba okutusibwako ebisagu n'ebiringa ebyo bwe libawo, ensonga zikyuka.)

Omuwandiisi omu Omukristaayo yawandiika ku Byawandiikibwa ebyo emyaka egisukka mu kikumi emabega, ng'alaga nti ensonga tezikyuse:

Nga si masanyufu nnyo amaka mwe basanga omutabani omusirusiru n'omukyala omuyombi! Kiyinzika nnyo bombi okusangibwa awamu; kubanga omukyala bw'awakanya obuyinza bwa bba, ng'ali ku ludda lw'abaana ng'awakanya okukangavvula kwe okutuufu, ebiddirira mu maka tebijja kuba birungi. Kya bulijjo okulaba ng'abazadde bakaayana mu maasp ga'abenju yabwe. Ekivaamu eky'akabi kwe kuba nti abalenzi n'abawala bayiga okunyooma obuyinza bwa kitaabwe n'okujeemera maama bw'aba agezaako okubaterreeza. Abaana bano bakula n'omwoyo ogumenya amateeka, omujeemu, abamaliridde okugendera ku endowooza yaabwe era ne basigala nga bagaana okukangavvulwa.¹⁸ — H. A. Ironside, 1908

Waliwo obutabanguko mu maka go? _____ Eye_____Nedda

Entegeeka Ey'okukola 1

Bwekiba bwekityo, Wandiika ebizibu ebyo era obyatule mu maaso ga Katonda, omusabe akusonyiwe. Oluvanyuma genda eri famire yo abasabe bakusonyiwe, nga bw'otambula mu buwombeefu era nokugonda. Katonda ajja bbawa mwena omukisa n'amaanyi okugoberera enkola ye ewaka.

Okuteekawo Entegeeka

Okuggyako nga Katonda akkirizibwa okuyingira mu nsonga n'okuteekawo enteekateeka ye mu maka, okweyongera mu butabanguko obuva ku bazadde nebutuuka ku baana busigala bugenda mu maaso, ne kwonoona omusingi gw'obufumbo. Ekiseera bwe kiyitawo, okufiirwa ekitiibwa n'obwesige kikosa enkolagana ey'oku lusegere mu bufumbo. Abasajja abasinga bajja kukigumira okumala ebbanga ttono nga kino kigenda mu maaso, ne beekkiriranya mu bintu ebisinga basobola okukuuma omukwano gw'omukisenge. Taata bw'atta ku bigere, maama asitukiramu n'atwala ekifo eky'okukangavvula n'obuyinza ku baana, ng'alowooza nti asobola okukola omulimu ogusinga omwami we. Taata yeenyigira mu nsonga ng'ebintu bitabuse oba nga maama y'amusabye abiyingiremu. Naye eyo si ye nkola ya Katonda.

Enkola eno eyinza okukola okumala akaseera mu maka agalimu abaana abawulize. Naye bw'oba olina omwana ow'emputtu, oba nga avubuse, weegenderere. Enkola eno ejja kusasika. Bamaama bwe baleka omulimu Katonda gwe yabawa ogw'okukuza, ogw'okusembeeza, n'ogw'okuwagira ne bafuuka abakulembeze, abakangavvula n'okutendeka abaana baabwe, oluvannyuma abaana babwe bajja kubakyawa, abaami baabwe bajja kubavumirira, era bajja kwesalira omusango ogw'okubeera ebweru w'ekyo Katonda kya'ayagala.

Ekgendererwa kyaffe ekikulu mu bulamu kwe kutuukiriza katonda by'atwagaliza n'ekigendererwa kye, era ekyo kizingiramu okumugulumiza munda mu maaka. Wamu ne Kabaka Dawudi, endowooza yaffe n'ekigendererwa kyaffe birina okuba obwesigwa:

Njakutambulira munyumba yange n'obwesigwa mu mutima (zabuli 101:2 NASB)

Bwe tukola enteekateeka ez'itatukaana na mutindo ez'okulabirira amaka gaffe, tuba mu bujeemu era nga tunyooma Katonda mu maka gaffe. Wadde ng'oyinza okuba ng'omaze emyaka mingi mu bufumbo bwo nga ollina emize egitali gya Baibuli, enkyukakyuka eteekwa okutandika kati. Mu kusooka enkyukakyuka nzibu nnyo, naye empeera y'obuwulize esinga nnyo emirimu ne saddaka.

Tandika n'okwagala okukwata enkola ya Katonda ey'okuddukanya amaaka. Bataata, mulina okuwaayo obugayaavu bwammwe n'okutya eri Katonda n'okugenda mu maaso ng'omukulembeze. Ba maama, olina okussa obwesige bwo mu Mulokozi, okuwagira omwami wo by'asalawo, n'okubissa mu nkola buli lunaku ng'oddamu emabega n'okumukkiriza okukulembera. Abaana bammwe bayinza okuba nga bali mu mbeera ey'ekyewuunyo okumala akaseera, naye mulina okugenda mu maaso n'obuwulize eri Mukama waffe era mumulabe ng'akola.

Bwerityo erinnya Iya Mukama waffe Yesu liryoke liweebwe ekitiibwa mu mmwe, era nammwe mu ye ng'ekisa kya Katonda waffe ne Mukama waffe Yesu Kristo bwe kiri. (2 Basesalonika 1:12).

Okwekebera 2

Weekenneenye engeri gyemudukkanyamu amaaka ng'abafumbo. Jjukira nti ekigendererwa ky'okukola kino si kuzuula nsobi mu munno wabula okukkiriza Katonda okwogera naawe ku

bunafu bwo. Manya nti bw'onoyanukula n'obusungu oba amalala, ojja kulemesebwa okwewayo eri okulumirizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu

1. Taata, abaana bo bwe babeera mu maaso go, obakangavvula (oba okirekera mukazi wo)?
 Eye Nedda Oluusi
2. Maama, weebuuza ku mwami wo okumanya ky'alowooza ku nsonga zonna ezikwata ku kukangavvula abaana?
 Eye Nedda Oluusi
3. Taata, owuliliza mukyala wo bwawulira bwekikwatagana ku baana bo?
 Eye Nedda Oluusi
4. Maama, olina by'otateggeeza mwami wo, nga tomubuulira buli kimu ekikwata ku baana? Eky'okulabirako: "Tetusobola kutegeeza taata ku nsonga eno kubanga ajja kunyiiga nnyo."
 Eye Nedda Oluusi
5. Taata, maama bwagamba nedda omwana najja jooli, osooka kwebuuza ku mukyala nga tonamuddamu? Okugeza, otera okubuuza abaana, "maama wamwe yabagambye ki?"
 Eye Nedda Oluusi
6. Maama, weesanga ng'okaayana n'abaana bo, nga weewozaako n'amateeka go oba ng'osalawo mu by'okukangavvula?
 Eye Nedda Oluusi
7. Abazadde mutulako mwena ne musalawo mwenna ebilagiro n'empisa zemunakozesa nga mugunjula abaana?
 Eye Nedda Oluusi
8. Abazadde, mufuna Obutakkanya mu maaso ga baana ku bilagiro oba ku nsonga y'okukwasisa empiisa?
 Eye Nedda Oluusi

Ebyokuddamu Ebiwagirwa ebya wandikibwa: 1–Eye, 2–Eye, 3–Eye, 4–Nedda, 5–Eye, 6–Nedda, 7–Eye, 8–Nedda.

Bwe kiba nti eby'okuddamu byo tebikwatagana na bino, kiyinza okuba nti enzirikanya y'amaaka gamwe tekola bulungi. Abafumbo abasinga balina akaseera ak'okulongoosa mu ngeri gye baddukanyamu amaaka.

Tendeka Abaana Bo

Entegeka Ey'okukola 2

Bw'oba ng'olumirizidwa mu kwekebera kuno, fuba okuwandiika ensonga entonotono. Bwoba mufumbo, mubikubanyeko ebirowozo ng'abafumbo, buli omu asabe munne amusonyiwe, era mweyame okukyusa.

Essomo 5: Obuvunaanyizibwa Okuva mu Baibuli

Olw'okuba Katonda atwala amaka nga ga muwendo nnyo, era akimanyi nti okukuza omwana si kyangu era emirundi mingi kizitowa ekisuse, mu Ngeri ey'okwagala awadde ennono z'okukuza abaana mu Kigambo kye. Olwokuba nti tasuubira bataata na bamaama kugyiyi kyebalina okukola, Atuwa obulagirizi obulungi ku buvunaanyizibwa bwaffe.

Eky'okuyiga kino kigabanyizibwa mu buvunaanyizibwa bwa taata n'obwa maama. Naye bwe kituuka ku kukuza abaana, bino bikwatagana. Wadde nga taata alina omulimu omukulu ogw'okusomesa n'okukangavvula abaana, maama ajja kwetaaga okukola kino nga taata taliwo. Era nga maama bw'alina obuvunaanyizibwa obukulu obw'okulabirira abaana be, oluusi taata ajja kwetaaga okwambala enkuufiira y'omukuza. Maama bw'aba ng'alina endowooza ey'okukangavvula, alina okukulaakulanya engeri ennungi ey'okwagala, okuliisa n'okulabirira abaana be. Ojja kulaba nti Pawulo y'alaaga embaala zino zona mu nkolagana ye n'abantu b'omu Ssessaloniika, ekkansa gye yali ayagala ennyo.

Ekitundu Ekisooka: Omulimu Gwa Taata N'obuvunanyizibwa Bwe

Era nga bwe mumanyi nti mwayitibwa kukulembera, enjigiriza endala enkulu eza Baibuli eri bataata zikwatagana n'obukulembeze.

Ennono1: Taata owobuvunangizibwa aba kabona omuwereza Eri Amaaka Ge.

²⁵Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, era nga Kristo bwe yayagala ekkansa, ne yeewaayo ku lwayo; ²⁶alyoke agitukuze ng'amaze okugirongoosa n'okuginaaza n'amazzi mu kigambo. (Abefeeso 5:25-26).

Pawulo yakilambika bulungi nti nga kristo, kabona waffe omukulu, bweyatwagala neyewayo eri ekanisa, n'omwami bwatyo bwalina okolera mukyala we (kino kitegeeza n'amaaka gonna). Ekigendererwa kwe kutukuza, ekitegeeza okuyonja, okufuula omulongoofu era omutukuvu, era ekimanyiddwa nga okutukuzibwa. Kino kibaawo okuyitira mu bukulembeze bw'omwami/taata—akulembera ekkubo. Ekigendererwa kwe kulongoosa, ekitegeeza okuyonja okuva mu kwonoona kw'ekibi n'okwerowoozaako. Ekitabo kyaffe eky'endagiriro kye kigambo kya Katonda. Bakabona abaali mu ndagaano enkadde baali bawanika b'Ekigambo kya Katonda, era bwe kityo bwe kiri eri omwami oba taata.

Mu ngeri emu, ffe bataata tulina okusumba amaka gaffe. Yatuteeka mu maka gaffe nga bakabona. Kabona y'alina obuyinza okutuukiriza obuvunaanyizibwa obutukuvu obw'ekitongole ky'eddiini, gamba ng'amaka. Emikolo emitukuvu egy'amaka mulimu okufuula omukyala n'abaana abayigirizwa mu by'omwoyo eri omukyala n'abaana, okuba kalabalaba w'okukangavvula kw'abaana, okukuuma Okukunjaana mu kkanisa ng'ekintu ekikulu, okukulembera mu byenfuna n'okubeera ekyokulabirako eky'obwa Katonda ekirungi. Bataata bwe bakola omulimu gwabwe, tebakoma ku kuweereza Katonda kyokka wabula ne bakyala baabwe n'abaana baabwe.

Mu Ndagaano Enkadde tusoma ku Yobu, eyali kabona w'awaka we, ng'atera okusituka nga bukyali okukola "ebiweebwayo ebyokebwa" (ssaddaaka z'ensolo) ez'abaana be. Wadde nga tetukyawaayo ssaddaaka ku lw'ekibi, bataata batuukiriza obwa bakabona bunu okuyitira mu bukulembeze obw'eby'omwoyo mu maka gaabwe, nga bayigiriza abaana baabwe era nga babakangavvula era nga basaba wamu n'ab'omu maka gaabwe.

Batabani be baagendanga ne bafumba embaga mu nnyumba ya buli omu ku bo, buli muntu ku lunaku lwe; nga batumya bannyinaabwe abasatu, okujja okulya n'okunywa nabo. 5Awo olwatuuka ennaku z'embaga yaabwe bwe zaggwanga, Yobu n'abatumyanga n'abatukuzanga. Yagolokokanga mu makya, n'awangayo ebiweebwayo ebyokebwa ku buli omu, kubanga Yobu yayogeranga nti, "Oboolyawo batabani bange boononye, ne beegaana Katonda mu mitima gyabwe." Bw'atyo Yobu bwe yakolanga olutata. (yobu 1:4-5)

Weetegerenze nti kino Yobu yakikolanga buli kiseera, ekitegeeza nti y'ateekanga mu nkola obukulembeze obw'ekika kino. Yali mweraliikirivu nti abaana be bayinza okuba nga baayononye oba okukolimira Katonda. Yali afaayo ku nkolagana yaabwe ne Katonda. Nga yali kyakulabirako kirungi eky'obwa Katonda.

Taata si ye yekka akangavvula oba omuyigirizwa w'abaana. Kyokka alina okukakasa nti kino kikolebwa. Eky'ennaku, mu maka agasinga obungi leero, bamaama be bakulembeze b'eby'omwoyo era be basinga okukangavvula. Ebirala ku nsonga eno tujja kubyogerako mu bujjuvu mu ma ssomo abbiri agaddako. Abasajja abasinga tebayigirizibwa kweraba nga bakabona.

Ba tata, muli betegefu okukiriza okuyitibwa kuno okubeera ba kabona? Ye_____ nedda_____

Ng'abazadde Abakristaayo, ekigendererwa kyaffe ekikulu kwe kukuza abaana ne bafuuka abatya Katonda era abakuze mu birowoozo. Tusaanidde okunyiikirira okusabira abaana baffe ng'omutume Pawulo bwe yasabira abavubuka Abasessaloniika abakkiriza "okutambulira mu ngeri esaanira Katonda abayita mu bwakabaka bwe n'ekitiibwa kye" (1 Abasessaloniika 2:12). Nga kaboona, taata alina okukulembera mu nsonga eno, okugifuula ekintu ekikulu.

Okwekebera 1

Oluvannyuma lw'okusoma Ebyawandiikibwa bino wammanga, bataata, nnyonnyola engeri ebyawandiikibwa bino gye bikwataganamu n'enkolagana yo ne Katonda. Eky'okubiri, singa obigondera, kyandikutte kitya ku nkolagana yo n'ab'omu maka go?

Eky'enkomerero, ab'oluganda, tubeegayirira era tubabuulirira mu Mukama waffe Yesu, nga bwe mwatuyigirako bwe kibagwanira okutambulanga n'okusimibwanga Katonda, era nga bwe mutambula, mweyongerenga bwe mutyo. (1 Basesalonika 4:1)

Kyenva mbeegayirira nze omusibe mu Mukama waffe okutambulanga nga bwe kusaanira okuyitibwa kwe mwayitibwa. (Abefeeso 4:1)

Nnyonnyola engeri ennono 1 gye gukukwatako

Ennono 2: Taata ow'obuvunaanyizibwa akola okugabirira amaka ge.

Kubanga mujjukira, ab'oluganda, okufuba kwaffe n'okutegana, bwe twakolanga emirimu emisana n'ekiro, obutazitoowereranga muntu yenna ku mmwe, ne tubabuuliranga enjiri ya Katonda. (1 Basesalonika 2:9)

Pawulo yali ategeeza ekkansa nti yali akola nnyo okusobola okufuna ssente, okugondera Katonda, n'obutaba mugugu mu bya ssente. Yali akimanyi nti Katonda yateekawo omutindo ogw'omuntu okukola. Mu lusuku Adeni, Katonda yagamba Adamu nti yalina okululabirira n'oddukuuma (Olubereberye 2:15). Omulimu Pawulo gwe yali akola ebweru w'obusumba gwali gwa kukola weema (Ebikolwa 18:3), era yafuba nnyo okweyimirizaawo. Pawulo teyafaayo ku byetaago bye byokka. Yagamba mu Bikolwa by'aBatume 20:34 " Mmwe mumanyi ng'emikono gino gye gyakolanga bye nneetaaga n'abo abali nange." Yee, yali ayagala okukola ku byetaago bye, naye era yali afaayo ku mbeera y'abalala.

Ensonga eno nkulu nnyo bwe kituuka ku maka, kubanga Pawulo era yakubiriza abantu nti " Naye omuntu yenna bw'atalabirira bantu be, na ddala ab'omu nnyumba ye, aba yeegaanyi okukkiriza, era aba mubi okusinga atakkiriza." (1 Timoseewo 5:8). "Okwegaana okukkiriza" kitegeeza nti tatambulira ku ekyo Katonda ky'asuubira okuva eri abo abalina enkolagana naye. Ebigambo byogera ku musajja era kigambo kya maanyi nnyo. Omu ku boogeraa ku lunyiri luno agamba:

Okulemererwa okulabirira n'okugabirira ebyetaago bya ab'omu maka kye kimu n'okwegaana okukkiriza, kubanga tewali ayinza kugamba nti ayagala Katonda ate mu kiseera kye kimu n'alagajjalira ab'omu maka ge (Laba Matayo 5:46–47). Okukola ekyo kifuula omuntu okuba omubi okusinga atali mukkiriza, kubanga n'abasinza ebifaananyi abatakkiriza baali bategeera obuvunaanyizibwa bw'okulabirira ebyetaago by'amaka . . . Amaka gaffe gatuwa ekisaawe mwe tuyinza okulagira omutindo gw'okwagala kwaffe eri Katonda.

Kino tekitegeeza nti abakyala tebasobola kukola, wabula nsaba weetegereze obukulembeze n'obuvunaanyizibwa we biri—byesigamye ku musajja

SIMA EBUZIBA

Wandiika ennono z'ebyawandikibwa ezikwata ku kukola okuva mu nyiriri zino wammanga:

Buli kimu kyemukola mu bigambo oba mubikolwa, kola byonna mu linnya lya Mukama waffe Yesu, okwebaza katonda Kitaffe okuyita mu ye. (Abakolosaayi 3:17).

Kubanga mmwe mwennyini mumanyi bwe kibagwanira okutugobereranga, kubanga tetwali bagayaavu bwe twali nammwe, 8so tetulyanga mmere ya muntu yenna ya bwereere, naye mu kufuba n'okukoowa twakolanga emirimu ekiro n'emisana obutazitoowerera muntu ku mmwe; 9si kubanga tetulina buyinza, naye tweweeyo gye muli ng'eky'okulabirako mulyoke mutugobererenga. 10Kubanga era bwe twali gye muli, twabalagira bwe tutyo nti Omuntu yenna bw'agaananga okukola emirimu, n'okulya talyanga. (2 Basesalonika 3:12)

Abali bwe batyo tubalagira era tubabuulirira mu Mukama waffe Yesu Kristo, okukolanga emirimu n'obuteefu balyoke balyenga emmere yaabwe bo. (2 Thessalonians 3:12)

Era fubisa abantu baffe bayige okussangako omwoyo ku bikolwa ebirungi mu bigambo ebyetaagibwa, baleme okuba nga tebaabala bibala. (Tito 3:14)

Ekigambo kya Katonda tekitegeeza nti bataata bakola ne batuuka n'okulagajjalira ab'omu maka gaabwe, wabula bakole mu ngeri ey'obuvunaanyizibwa, amaka galeme okuzitoowererwa mu by'essente. Taata ow'obuvunaanyizibwa alagirwa okusigaza omulimu ogw'okulabirira ab'omu maka ge, awatali kulagajjalira obukulu bw'okubeera omwami era taata. Ekyawandiikibwa ekiri wammanga era kiraga obukulu bw'omuntu okulabirira amaka. (2 bakolinso 12:14).

kubanga tekigwanira abaana okuterekeranga abakadde, wabula abakadde okuterekeranga abaana. (2 bakolinso 12:14)

Nnyonyola engeri enonno 2 gye gukukwatako.

Ennono 3: Taata ow'obuvunaanyizibwa ye mujulirwa w'okukkiriza okw'Ekikristaayo eri ab'omu maka ge.

Mmwe bajulirwa era ne Katonda, bwe twabanga n'obutukuvu n'obutuukirivu awatali kya kunenyezebwa mu mpisa zaffe eri mmwe abakkiriza. (1 Basesalonika 2:10)

Pawulo yayogera ku bujulizi bwe yalina obutaliko kya kunenyezebwa, si mu maaso g'ekkanisa e Ssessalonika mwokka, naye ne mu maaso ga Katonda. Kino tekitegeeza kwewaana, wabula okulaga nti ekkkanisa esobola okugoberera ekyokulabirako kye. Bwe kityo bwe kyandibadde ne ku bukulembeze bwaffe ng'abaami ne bataata. Katonda, ab'omu maka gaffe, n'abakkiriza abalala basaanidde okulaba nti enneeyisa yaffe ekiikirira Kristo

Pawulo Yanyonyola ennono zamirundi esatu zeyagobereranga mu mpisa era nekifula okukkiriza kwe okuba okwa namaddala. Kino tekitegeeza kutukirira naye okulung'anyama mu kubo etuufu. Era pawulo yalafubana nyo ebiseera ebimu. (Abaruumi 7:18: 1timosewo 1:15). Ennono zino zeyatambulirangamu naye:

Tendeka Abaana Bo

1. Mu butukuvu—Omutukuvu, atya Katonda, ayawulidwa, eyeewaddeyo eri Katonda. Kino kinnyonnyola enkolagana yo ey'olubeerera ne Kristo. Bw'oba weewaddeyo, oba nga weewaddeyo eri Katonda, enkolagana eyo y'ensibuko y'obulamu obutukuvu, era mu budde obutuufu enneeeyisa ebbiri zino wammanga zigoberera.
2. Mu butukituvu—N'obwesimbu, obwenkanya, obugolokofu obw'empisa n'enneeyisa, buli lunaku okwagala okubeera n'obulamu okusenziira ku ekyo ekisanyusa Katonda. Bw'omanya Ekigambo kya Katonda, osobola okusalawo ekituufu n'ekikyamu. Ng'omwami era taata, kwagala kwo okuba omuwulize, okuweebwa amaanyi okukola ekyo ky'otosobola kukola? Olina amaanyi ge ag'obwakatonda agakola mu ggwe (2 Peetero 1:3; Abaruumi 1:4; 2 Abakkolinso 12:9).
3. Awatali kya kunenyezebwa—Atalina nsobi, okwekenneenyezebwa kw'omuntu amuvumirira. Bw'ogenda mu maaso ng'ogondera Katonda by'ayagala, okyusibwa n'ofuuka ekifaananyi kya Kristo era enneeeyisa yo ey'okutya Katonda yeeyoleka eri abalala.

Ba taata bayitibwa okuva eri katonda, okubeera ba taata ab'omwoyo ewaka era okuba ekyokulabirako eri abaana. Taata ow'obuvunangizibwa teyekiriranya ngayogera era tafuna ssanyu mu bintu ebiyinza okunyiiza abaana be oba okubaleetera okwesittaza

Okwekebera 2

Laga engeri ebintu bino wammanga gye biyinza okukwata ku nkolagana yo n'abaana bo.

era mutambulenga nga bwe kisaanira Mukama, nga mumusanyusa, nga mubalanga ebibala mu buli kikulwa ekirungi, era nga mweyongeranga mu kutegeera Katonda. (Abakolosaayi 1:10)

Naye twagaana eby'ensonyi ebikisibwa, nga tetutambulira mu bukuusa, so tetukyamyama kigambo kya Katonda; naye olw'okulabisa amazima tuleka buli muntu atulowoozeeko ng'Omwoyo gwe bwe guli mu maaso ga Katonda. (2 Abakkolinso 4:2)

Nnyonnyola engeri ennono 3 gye gukukwatako

Ennono 4: Taata ow'obuvunaanyizibwa afuna obudde okutendeka/okuyigiriza abaana be mu kukkiriza ng'ababuulirira n'okubabudaabuda.

Mumanyi nga taata bwaba n'abaana be, naffe bwe twali nammwe, nga tubabuulirira era nga tubagumya emyoyo era nga tubakubiriza. (1 Basesalonika 2:11)

Engeri Pawulo gye yakulemberamu ekkansa egeraageranyizibwa ku taata atendeka abaana be. Kitegeeza nti eno y'engeri bataata gye balina okuyisaamu abaana baabwe. Waliwo obukakafu obulaga nti okugondera Katonda kye kiruubirirwa. Yalaga ebintu bisatu ku tendeka kuno:

1. Okubuulirira (*parakleo* mu Luyonaani)—Okukoowoola okudda ku ludda lw'omuntu, okuyamba; okukubiriza, okubuulirira oba okukubiriza omuntu okukola ekintu. Ekikolwa kino kigambo ekyogero ku kintu ekisgala nga kikolebwa, ekitegeeza nti Pawulo yagenda mu maaso n'okukola kino basobole okukula mu nkolagana yaabwe ne Katonda. Yakola kinene nnyo mu bulamu bwabwe era ekyo kye kika ky'obukulembeze bwe tulina okubaamu nga bataata. Tulina okujja awamu n'abaana baffe tubayambe okukula mu bintu bya Mukama. Endowooza erina okuba nga eya Zabbuli 34:11 egamba nti, "Mujje, baana bange, mumpulire, Mbayigirize okutya Mukama."
2. Okugumya— Okuzamu amanyi; okuwa eky'okulabirako, okuwagira; okubudaabuda mu biseera ebizibu oba okweraliikirira; Okuzzaamu amaanyi okugendereddwaamu okuzzaamu amaanyi n'okukubiriza abantu okweyisa obulungi. Engeri eno ey'okufuga kwa bataata teyinza kulemererwa kuleetera baana baffe kweyisa mu ngeri entuufu. Emirundi mingi kitegeeza nti tulina okufa mu ffe ne twambala okwagala okw'ekisa.
3. Okukubiriza—Okwegayirira; okwenyingiramu, okussaayo omwoyo, n'okukakasa nti okutendekedwa kugenda mu maaso. Okukubiriza (*martyromeni* mu Luyonaani) kitegeeza "okuwaayo amazima era kirabika kyali kigendereddwamu obuvunanyizibwa bwa taata obw'okulunganya. Taata omulungi akubiriza era alunganya. Wadde kyali kityo, Pawulo teyagamba nti yalina obuyinza obwenkomede ku baana be [ab'omwoyo] . . ., ng'abalagira ekyo kye yali ayagala. Mu kifo ky'ekyo, Pawulo yalina okutendeka abakkiriza basobole 'okuba n'obulamu obusaanira Katonda.' Pawulo si ye yali ayagala wabula kitaffe ow'omu ggulu ye yali afuga ebikolwa bye n'ebiragirowe bwe yawa ekkansa."

Kino kigwa buterevu n'empuliziganya ey'omukwano (*omuzingo 2*). Okwagala kye kikubiriza buli kimu ku bigambo bino. Pawulo bwe yatandika n'agamba nti "Nga bwe mumanyi," yali abajjukiza nti teyalagajjalira kubatendeka/kubayigiriza. Tewali kubuusabuusa nti yabakubiriza okutya Katonda ng'ayitira mu kutendeka okutuufu.

Tendeka Abaana Bo

Kale laba ekifananyi ekirungi jetuli nga ba taata okugoberera. Tulina okutendeka abaana baffe, okubakuza okutuuka ku bukulu okuyitira mu kuyigiriza n'okukangavvula okutuufu. Taata ow'obuvunaanyizibwa talagajjalira buvunaanyizibwa katonda bwe yamuwa, oba okubuwa mukyala we, wabula atwala obuyinza ng'omukulembeze, omusumba n'omuweereza mu maka.

Nnyonnyola engeri ennono 4 gye kukwatako

Ennono 5: Taata Owobuvunangizibwa Musomesa alabirira Buli Kimu Ewaka.

Nammwe, bakitaabwe, temusunguwazanga baana bammwe, naye mubalerenga mu kukangavvulanga ne mu kubuuliriranga kwa Mukama waffe. (Abefeeso 6:4)

Twakozesa Ekyawandiikibwa kino okulaga nti taata alina enkolagana ennungi n'ab'omu maka ge n'okuyamba abaana be okukula mu by'omwoyo. Ekyawandiikibwa kino kitegekeddwa okulaga taata ebintu bibiri ebiyinda okuva mu kufuga kwe. Ekisooka, obukulu bw'okukozesa amaanyi ago n'okwagala kwe kulagira omwana okubeera n'enkolagana ennungi ne Mukama waffe. Kwe kuzozesa obuyinza bwe obutanyiiza baana be oba okweyisa mu ngeri ey'ekibi oba ey'okwonoona. Kino tekitegeeza nti bamaama teyenigira mu kutendeka oba nti amaanyi ge tegakwata ku baana. Balina okwenyigira mu bintu byonna ebikwata ku kukangavvula n'okubeera abayigiriza, naye si y'alina obuvunaanyizibwa obw'enkomeredde. Eky'okubiri, "okubakuza" kitegeeza nti balina okukakasa nti okutendekeba kw'abaana kugenda mu maaso.

Abakulembeze bayitibwa katonda okubeera ekyokulabirako eri abantu. Kino tekitegeeza nti byawukana. Pawulo yagamba aba koliso okwewayo eri kristo" (1 cor. 11:1). Obulamu bw'omusumba ewaka bwenkana ne kanisa ngabwalunda famire ye. Pawulo yawa timosewo atya katonda bwayagala okutambuza ekanisa nga atekawo ebisanyizo eri abasumba n'adiakoni mu 1 Timosewo 3:1-13. Omusumba alina okubeera:

afuga obulungi ennyumba ye ye, akuuma abaana be nga bawulize, era nga balina ekitiibwa. (1 Timosewo 3:4)

Katonda agamba nti omusumba oba omukulembeze w'obuweereza alina okusooka okutuukiriza obuvunaanyizibwa bw'obukulembeze obw'omwami/taata omulungi ng'alabirira bulungi ennyumba ye. Kino kikulu nnyo nti Pawulo yagamba mu lunyiriri 5 nti: "Kubanga omuntu bw'atamanya kufuga nnyumba ye ye, ayinza atya okulabirira ekanisa ya Katonda?" Omukulembeze bw'aba asobola okukulembera amaka ge amatono bw'ogeraageranya n'ekkanisa, olwo atuukiriza ebisaanyizo. Ebyawandiikibwa biraga bulungi nti omusajja atali mukulembeze mu by'omwoyo

FAYILO Y'AMAZIMA

Okufuga—Okuddukanya, kukulembera, okusumba, n'okulung'ama. "Kino kitegeeza okulabirira ekintu, okunyikira, Okuteeka mu nkola."²¹

mu maka ge tasanira bukulembeze bw'ekkanisa. Ne ku mulundi guno, kino tekitegeeza kutukirira, naye kitegeeza nti ategeera bulungi obukulembeze bwa Katonda mu maka ge. Okusinziira ku biragiro bya Katonda, omuwandiisi omu agamba:

Pawulo yasaba omukulembeze w'ekkanisa abeere ekyokulabirako ekirungi mu kufuga amaka ge. Yalina okukuza abaana abamanyiddwa olw'obuwulize n'empisa ennungi. Ekigambo "okuddukanya" kirimu ekirowoozo ky'okufuga, okukulembera n'okulung'anya amaka. Ekigambo kye kimu eky'Oluyonaani kirabika mu 1 Thess. 5:12 ("ababafuga"), ne 1 Tim. 5:17 ("okulung'anya"), era ne mu v. 5 ("labirira"). Ekigambo ekyo kyetaagisa okukozesa obulungi obuyinza ng'oyambibwako obwensimbu n'obusaasizi. Enkozesa yaakyo mu lunyiriri 5 n'ekigambo ekikozi "eky'okulabirira" kinnyonnyola omutindo gw'obukulembeze nga gukwataganyizibwa n'okulaga obusaasizi okusinga okuwa ebiragiro eby'enkomeredde.

Naye si basumba oba a bakadde nti bebalina okutereza amaka gabwe, era si ba dyankoni bokka. Abakulembeze balina okuteekawo ekyokulabirako ekibiina kye kisobola okugoberera naddala bwe kituuka ku maka.

Abaweereza babeerenga basajja ba mukazi omu, nga bafuga abaana baabwe obulungi n'ennyumba zaabwe bo. (1 Timoseewo 3:12)

Nga kyamukisa okubeera n'amaka amanywevu, agatya Katonda.

Kino kikulaga mu mazima nti kibaawo abaami bwebaba bwalung'amizibwa Baibuli, y'etukiridde okuwa obubaka bwetwetaaga okuwangula. Katonda mulungi nyo.

Nnyonnyola engeri ennono 5 gye gukukwatako.

Okwekebera 3

Ba taata, muyizeki mu nnono zino ettano?

1. _____
2. _____
3. _____
4. _____
5. _____
6. _____
7. _____

Tendeka Abaana Bo

8. _____
9. _____
10. _____

Ba taata, mwalondebwa era nemwawulibwa katonda okulembera n'okuwereza nga bakabona mu kitongole kye yatonda—amaka go. Mulekere awo okutunuulira obutasobola bwammwe n'obunafu bwammwe mutandike okutunuulira ebisuubizo bya Katonda (2 Peetero 1:1–4) n'ekisa kye (2 Abakkolinso 12:9–10) okubasobozesa n'okubawa amaanyi okutuukiriza emirimu gy'abawadde.

Entegeeka Eyokukola 1

Ba taata, ebyawandikibwa bino byawukanye bitya n'enkuza yamwe eyabaana eliwo Kati era nkyukakyuka ki erina okukolebwa?

Ennono zino ziweeyo okuzisabira buli lunaku, Saba mukama azitukirize mubulamu bwo.

Ekitundu 2: Omulimu gwa maama n'obuvunaanyizibwa bwe.

Ba mama, ng'oggyeko okumanya obuvunaanyizibwa bwo ng'omuyambi eri omwami wo, ennono za Bayibuli enkulu zilunganyama ku nkolagana yo n'abaana bo. Ggwe afaayo. Bwe tudda mu 1 Abassessaloniika 2:7–8, tulaba engeri Pawulo gye yakozesaamu ebigambo bya maama okunyonnyola enneeeyisa ye eri abakkiriza mu Ssessaloniika. Wadde ng'enonno zino eza Baibuli zisobola okukozesebwa ku Bakristaayo bonna, bino mazima manywevu eri bamaama.

Ennono 1: Maama afaayo abeera muwombefu eri abaana be.

Naye twali bawombeefu mu mmwe, nga maama bw'alabirira abaana be (1 Basesaloniika 2:7)

FAYILO Y'AMAZIMA

Obuwombefu—Mukkakkamu, wa mirembe, musirise, era mutebenkevu.

Kino kyali kikwata nnyo ku mutume Pawulo ne baweereza banne, okuva bwe kiri nti baali bakulembeze abatera okukozesa obuyinza bwabwe. Naye ebigererwa byabwe tebyali bya kweroowaako, wabula byakolebwa ku lw'obulungi bw'abalala. Bayibuli egamba nti baali "mu" bo, nga baweereza n'omwoyo

omukkakkamu era ogw'ekisa. John MacArthur, omwekenneenya wa Baibuli era omuwandiisi w'ebitabo, agamba

Ekigambo obukkakkamu kye kinyusi ky'olunyiriri luno. Kitegeeza okuba ow'ekisa eri omuntu era kizingiramu ebintu ebirala bingi: okukkiriza, okuwa ekitiibwa, obusaasizi, okugumiira obutali butuukirivu, obugumiikiriza, omutima ogw'ekisa, n'obwesigwa.

Nga kino kifaananyi kilungi eky'obukkakkamu. Pawulo y'assa nyo essira ku ngeri gye yeeyisaamu. Yeeyisa bw'ati: "si ng'abaagala okusiimibwa abantu, wabula Katonda akema emitima gyaffe." – (1 Abasessaloniika 2:4). Ekigendererwa kye kyonna kyali kya kusanyusa Katonda. Abakyala abamu mu butonde babeera bakkakkamu ate abalala babeera n'endowooza enzibu. Naye, okuva Katonda bw'agenda okugezesa omutima gwo okulaba obanga oli mukakkamu eri abaana bo, olina okuba omwetegefu okwatula ensobi yonna bwe kujjira, ne weenenya, era n'okyusibwa. Tekyewuunyisa nti maama omukkakkamu tasobola kuva mu mbeera, si munyiivu, tayomba, tasala misango era takozesa ubi baana be.

Ekigambo "twali" mu lunyiriri luno, nga "twali bawombefu," kyava mu kigambo ky'Olwebbulaniya ekitegeeza embeera ey'enkyukakyuka, embeera omuntu mwali, oba okuyita okuva mu mbeera emu okudda mu ndala, okufuuka. Guno mutendera oguleta okutuukirira, era mu kusalawo okukkiriza okwewayo buli lunaku eri Omwoyo Omutukuvu, Katonda ajja kukuleetera okufuuka byonna by'akuyita okuba.

SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola ebyawandiikibwa bino kye bigamba ku buwombefu n'engeri gye bukwata ku kukuza abaana.

Okuddamu ne gonjebwa kukakanya ekiruyi, naye okudamu n'obukaawu kisanuula obusungu. (Engero 15:1 NASB).

Era omuwereza wa mukama talina kuyomba naye alina okuba owe gonjebwa era bonna, mwetegefu okusomesa, mugumikiriza. (2 Timosewo 2:24)

Naye amagezi agava waggulu matukuvu, maka kamu, gajjudde ekisa, era ne bibala ebirungi ebitalimu bunanfuusi. (Yakobo 3:17)

Nyonyola ennono 1 gye gukukwatako.

Ennono 2: Maama Afaayo Alabirira Abaana.

nga maama bw'alabirira abaana be. (1 Basesalonika 2:7)

FAYILO Y'AMAZIMA

Okulabirira—Ekikolwa

eky'okuyonsa, okuyonka, okuliisa, okutendeka; ekintu ekiriisa, eky'okuliisa; okusomesa oba okukuza, okutumbula enkulaakulana y'omuntu oba ekintu ekirala.

Ekifaananyi wano ky'ekya maama ng'ayonsa omwana we. Maama n'omwana bombi bakimanyi nti kino kye kifo eky'okuliisa, okwagala n'okufaayo, nga eno y'engeri Katonda gye yategekamu enkolagana wakati wa maama n'omwana. Maama ow'okwagala era afaayo ayagala okuwa omwana naye ng'omwana akula, okwefiiriza okw'ekika kino n'omukwano biyinza okuggwaawo oba okugendera.

Pawulo yaddamu okujjukiza ebikolwa bye eri abo Katonda be yali amuwade okulabirira. Yakiraga nti omutima gwe gwali gwa bwesigwa era nga gwa kisa ng'omukyala ayonsa. Pawulo yakozesa ebyokulabirako bingi eby'omukwano gwa maama. Abaggalatiya 4:19 agamba nti: "Abaana bange abato, munnyongedde okubeera mu bulumi obungi, okutuusa Kristo lw'alibumbibwa mu mmwe," Abakkolinso 4:14 egamba, "Bino ssibiwandiika kubaswaza, wabula lwa kubabuulirira ng'abaana bange abaagalwa." Era yalagira abakkiriza okugoberera, nga bw'agoberea Kristo.

Okuva lwafuna olubuto, n'okutuusa mu bulamu bwonna obw'omwana we, maama ayitibwa okulabirira. Wadde ng'enkola zikyuka ng'omwana bwakula, omutima gwa maama buli kiseera gwandibadde gwa kuliisa n'okuzimba. Obuvunaanyizibwa bwa maama kwe kulaga abaana be okwagala n'okukkirizibwa nga akozesa ebikolwa n'ebigambo. Maama alabirira abaana takozesa bigambo bikambwe, tagaana, oba okugoba abaana be, oba okugaana okubalaga okwagala. Teyeenyigira mu kuzanyira ku bwongo bw'abaana oba okukozesa obubi abaana ng'okukangavvula.

Jjukira nti okwagala kye kisinga okuba eky'amaanyi bwe kituuka ku kubiriza, so si kwoleka nneewulira n'obusimo. Era okwagala awatali kweroowaako kusoboka okuyitira mu nkolagana ne Yesu Kristo yokka, nga tunywerera mu ye. Kino kizingiramu okumanya Ekigambo kya Katonda n'okugenda gy'ali mu kusaba okufuna amagezi n'amaanyi. Asobola okukuyamba okugaaba buli kiseera, nga tolina ky'osuubira, nga maama bw'ayagala omwana we ayonka. Weegendereze omuwandiisi omu ky'agamba

Maama ayonsa bw'aba teyeeriisa, tasobola kuyonsa mwana we. Bw'alya emmere emu, omwana we ajja kulwala. Mu ngeri y'emu, emere ey'omwoyo omuzadde

Omukristaayo by'alya bikulu nnyo eri obulamu bw'Omukristaayo omupya. Mu ky'okulabirako kino, obuwombefu n'obukkakkamu bwa Pawulo bwakayakana.

Okwekebera 4

Oyimiride otya mu nkolaganayo ey'oluberera ne kristo?

Nnyonnyola engeri ennono 2 gye gukukwatako.

Ennono 3: Mama Afaayo Asanyukira era Afaayo n'obwegendereza eri abaana be

nga maama bw'alabirira abaana be. (1 Basessaloniika 2:7)

FAYILO Y'AMAZIMA

Okusanyukira ("okulabirira mu ngeri ey'okwengedereza")— Okuwuliriza, okussaayo omwoyo, okuweereza, okugonza n'ebbugumu, okukuma ebbugumu ng'ebinyonyi ebibikka abwaana bwabyo wansi w'ebyoya (Ekyamateeka 22:6), okwagala okw'ekisa, okukuza n'obwegendereza.

Pawulo yakozesa ekigambo ky'Oluyonaani *thalop*, ekyavvuunulwa "okusanyukira" mu nzivvunula ya Baibuli eya NKJV. Weetegereze ebigambo eby'enjawulo "abaana be bennyini." Katonda yali awadde Pawulo obuvunaanyizibwa obw'okuyingiza abakkiriza mu bwakabaka bwe, okuyitira mu kubuulira, naye era n'okubatwala ng'abaana be ab'omwoyo. Pawulo yalina obuvunaanyizibwa obw'amaanyi n'okufaayo ennyo ne kiba nti yabugeraageranya ku maama. Ebigambo

"asanyukira mu abaana be" bireeta ebirowoozo by'obukumi, okulabirira obulungi abaana abatayinza kutwalibwa nga ba muwendo nnyo eri abalala. Enzivuunula ya NASB "ey'okufaayo okw'obwegendereza" eraga okikolwa ekigala nga kigenda mu maaso okukolebwa. Ekyo si kituufu? Omulimu gwa maama tegukoma bwe kituuka ku kusiima n'okuweereza abaana be.

Maama Omukristaayo ajja kukuuma omutima gwe nga mugonvu era nga mukakkamu, ekintu ekitali kyangu. Olw'okuba okwagala ng'okwo kuleeta obuzibu, bamaama bayinza okukemebwa okukakanyala oba obutafaayo olw'okulagajjalirwa, okugaanibwa, oba okujeemerwa abaana baabwe. Okuyiribwa, okukoowa n'okweraliikirira bye bintu ebirala ebinyinza okukosa embeera ya maama. Okusobola okusigala nga munywewu, maama atekwa okukkiriza buli kiseera, ng'asaba Omwoyo Omutukuvu okukuuma omutima gwe (Abeefeso 4:30; 5:18). Maama afaayo era ey'egendereza asonyiwa abaana be n'abasaba okumusonyiwa ng'abadde mukyamu (Matayo 6:12, 14-15).

SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola engeri ennyiriri zino bwe ziyinza okukuyamba okubeera maama omulungi.

era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka, abakwatibwa ekisa, nga musonyiwagananga, era nga Katonda bwe yabasonyiwa mu Kristo. (Abefeeso 4:32).

Temukolanga kintu kyonna lwa kweyagaliza mwekka, oba mu bukuusa, wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga munne okusinga bwe yeegulumiza yekka. (Abafiripi 2:3)

Nnyonnyola engeri ennono 3 gye gukukwatako.

Ennono 4: Maama Afaayo Abeera n'Okulumirirwa Okw'okwagala Eri Abaana Be.

Olw'okubalumirwa omwoyo bwe tutyo, twetegeka okugabana nammwe si njiri ya Katonda yokka, naye era n'emyoyo gyaffe ffe, kubanga mwali baagalwa baffe nnyo. (1 Basesalonika 2:8)

"Okulumirirwa okw'okwagala ennyo" kwe kwagala okweyolekera mu kukwatagana okw'obuliwo n'ebikolwa eby'ekisa. Tekisobola kukkatirizibwa kimala nti maama ayagala enyo abaana be abalaga nti ba mugaaso ng'abagwa mu kifuba, ng'abanywegera, ng'abazzaamu amaanyi, era ng'abalaga n'ebintu ebirala ebisaana. Maama ayagala abaana be amanyi buli omu era ayiga engeri y'okufuula buli mwana ow'enjawulo. Okusubwa kiraga nti buli kiseera obakumiira mu birowoozo byo, nga oyayanira okubbera nabo, n'okuba omuntu omuyiia mu kubajjukiza okwagala kwo oba

FAYILO Y'AMAZIMA

Okulumirirwa *okw'okwagala—*
Ekigambo ky'Oluyonaani,
ekivvuunulwa okwagala okw'omuntu
gw'omanyi (homeiromai;
ekikozesebwa wano mu Ndagaano
Empya yokka) kitegeeza okuyayanira
omuntu n'omutima omunyiikivu era
mumazima, era, okukwataganyizibwa
n'okwagala kwa maama, kigendererwa
wano okulaga omukwano
ogw'amaanyi n'okuwalirizibwa nga teri
kiyinza kukyisukkuluma. Ebiwandiiko
eby'edda ebyali ku ntaana z'abaana
abaafa oluusi byalimu ekigambo kino
ng'abazadde baagala okunnyonnyola
okuyayana okw'ennaku kwe balina eri
omwana eyali abavuddeko amangu."

olyawo okuyiita mu kubafumbira obugaati, okuleka ebubaluwa mu bu boxi bw’emmere yaabwe ey’ekyemisana, oba okumala ebiseera ng’okola ebintu na buli mwana kinnoomu.

Entegeeka Eyokukola 2

Saba Katonda akulage ekintu kyonna ekiyinza okukulemesa okwagala abaana bo. Wandiika engeri gy’oli era gy’oyinza okuba ng’olaga okwagala.

SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola engeri olunyiriri luno gye lukuleetera okuba n’endowooza oba ebikolwa ebipya eri abaana bo.

Mwagalanenga n’okwagala okw’ab’oluganda; nga musukirira mu kuwanjuna ekitiibwa. (Abaruumi 12:10).

Nnyonnyola engeri ennono 4 gye gukukwatako.

Ennono 5: Maama Afaayo y’ewaayo okukola ekisingayo obulungi eri abaana beYewa Emirimu Yekka Eri Ekya Ekisanira Omwana We.

Olw’okubalumirwa omwoyo bwe tutyo, twetegeka okugabana nammwe si njiri ya Katonda yokka, naye era n’emyoyo gyaffe ffe, kubanga mwali baagalwa baffe nnyo. (1 Basesalonika 2:8)

FAYILO Y’AMAZIMA

Okugabira abantu—Ekikolwa kino kirina ekirowoozo ky’okugabana ekintu, omuntu ky’akuuma edda ekitundu.

Pawulo ne banne tebaakoma ku kubuulira mu Ssessaloniiya kyokka, naye era baawayo n’obulamu bwabwe ku lwa Kristo. Mu mbeera eno kitegeeza ddala

Tendeka Abaana Bo

nti, "baawaayo emmeeme zaabwe—abantu baabwe ab'omunda ab'amazima—olw'obulungi bw'Abasessaloniika. Omukyala atuukiriza obuvunaanyizibwa bwa Bayibuli obw'okubeera maama akola ekintu kye kimu nga ne bwekiba nti kimutwalira kinene, mu ngeri ey'obuteerowoozaako awaayo obulamu bwe okuganyula abaana be abaagalwa." 28 Maama atya Katonda ategeera nti ekisinga obukulu kwe kussa okwagala n'okutendeka abaana be mu kifo ekisooka okusinga okwefaako yekka. Ayagala abaana be n'okwagala okw'obwa Katonda, wadde nga balina ensobi, okulemerwa, n'ebibi.

Nyonyola engeri ennono 5 gye kukwatako.

Okwekebera 5

Ba maama, biki byemuyize mu nnono zino ettano?

1. _____
2. _____
3. _____
4. _____
5. _____
6. _____
7. _____
8. _____
9. _____
10. _____

Entegeeka Eyokukola 3

Ba maama, Obuvunaanyizibwa buno obwa Baibuli bwawukana butya ku ngeri gy'okuzamu abaana, era nkyukakyuka ki ze weetaaga okukola?

Ziweeyo ennono zino mu saala buli lunaku, nga osabe mukama zikole mu bulamu bwo.

Essomo 6: Okuyigiriza Amazima Ga Bayibuli

Engeri gye kiri nti tuyize okuzimba omusingi omunywevu mu Kristo n'engeri entuufu ey'okwagalamu obulungi abaana baffe nga tukolera munteekateeka ya Katonda, tuli beetegefu okutendeka abaana baffe. Bangi balwooza Okukuza abaana a balungi kisinziira ku mpisa zokka, naye kyamugaso nyo okukitegeera nti waliwo enkola bbiri ez'omugaso ezisobola okubakuza obulungi okutuusa nga bakuze. Ekisooka kwe kwe kuyigiriza (okuyigirizibwa mu by'omwoyo) ate ekyokubiri kwe okugunjula (nga obatekamu embala).

Enyanjula ku ku buyigiriziwa (kuyigiriza)

Okuyigiriza abaana baffe eby'omwoyo kiyitibwa okubayigira (obuyigirizwa). Okukulemba omwana wo eri Kristo mukisa mukulu nnyo, naye era n'obuvunaanyizibwa bw'okubayigiriza amazima ag'eby'omwoyo. Ne ku myaka emito enyo, osobola okutandika okwanjula mwana eri Mukama, okwogera ku kwagala kwalina okuba n'enkolagana nabo. Abazadde basobola okugwa mu nsobi nga balwooza nti omwana akyali muto nnyo okusobola okuyiga oba nti okutendekebwa kuno kulina kukolebwa mu Ssande School. Twebaza Katonda olw'ekkanisa ye, n'abo bonna abayambako mu kukula kw'abaana baffe mu by'omwoyo, naye obuvunaanyizibwa obusinga obw'obuyirizwa bwa bazadde. Bw'oba weetaaga obuyambi mu kitundu kino, gezaako okukozesa Eky'ongerezedwako K: Okukulemba Omwana eri Kristo.

Abakristaayo bonna bateekwa okutegeera nti okuyigirizwa abalala si buvunaanyizibwa bwa kyeyagalire wabula obuyitibwa okuva eri Katonda. Oluvannyuma lw'okuzuukira, Yesu yalabikira abagoberezi be okumala akaseera. Bwe yali ateeekateeka okudda eri Kitaffe mu ggulu, yawa ekiragiro kye tuyita Ekiragiro Ekikulu. Ekilagiro kya Yesu tekyali eri bayigirizwa be bokka wabula eri bonna abamukiriza. Kino tukimanyi kubanga ekiragiro kye kyali "okufuula abantu bonna abayigirizwa." Ebyawandiikibwa bino bikuwe okwagala okufuula abantu bonna abayigirizwa, naddala abaana bo:

"Kale mugende, mufuule abantu b'amawanga gona abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu; 20nga mubayigiriza okukwata byonna bye nnabalagira mmwe. Era, laba, nze ndi wamu nammwe ennaku zonna, okutuusa emirembe gino lwe giriggwaawo." (Matayo 28:19-20)

Olulimi lwe kyewandiikibwa kino luyonaani, era lutegeerekeka bulungi. "Mu bafuule abayigirizwa" kye kiragiro ekikulu, era ebigambo ebisigaddeyo biwagira ekikolwa ky'ekigambo oky'okukola, "fuula". *Mugende, nga mubabatize*, era nga *mubayigiriza* byonna bitegeeza "okufuula abantu abayigirizwa." Essira lye kiragiro kya Yesu kwe "kufuula abantu abayigirizwa," ekitegeeza, "okukola n'okweyongera okukola." Kino kitegeeza nti tulina okuba n'ekigendererwa eky'okufuula abalala abayigirizwa. Kiteekwa okuba empisa egenda mu maaso eri buli mukiriza, omuli n'okufuula abaana baffe abayigirizwa. Okusobola okutuukiriza okwolesebwa kuno, tuteekwa okutegeera ebintu bisatu:

Ekisooka, omuyigirizwa yaani?

Okufuula omuyigirizwa, twetaaga okutegeera ennyinnyonnyola ya Baibuli. Mu Lyonani olwedda, *mathetes* (omuyigirizwa) kye tuyinza okuyita "omuyiga," oyo atakoma ku kuyiga mazima okuva ku musomesa wabula n'ebintu ebirala ng'endowooza ze n'endaba y'ebintu. Mu ngeri eno *mathetes* kye tuyinza okuyita "omuyizi-agoberera omuyigiriza," oyo atatuula butuuzi mu kibiina ng'awuliriza ebisomesebwa wabula agoberera omusomesa okuyiga obulamu wamu n'amazima era mpolampola atwala embaala y'omusomesa.

FAYILO Y'AMAZIMA

Omuyigirizwa (*noun*)—*Mathetes* (Luyonaani). Omuyizi, naye kitegeeza bingi mu Ndagaano Empya. Omugoberenzi akkiriza ekiragiro ekimuweereddwa n'akifuula etteeka erifuga empisa.

Amaka gaffe, ne wonna we tugenda n'abaana baffe, wayinza okuba ekifo eky'okusomeramu basobole okufuuka abauyigirizwa ba Kristo. Wano we bayigira empisa, endowooza, n'endaba y'ebintu ebya nnamaddala. Okufaananako enjogera egamba nti "ebintu ebisinga bikwatibwa okusinga okuyigirizibwa," abaana bo bakutunuulira ne bakwata, oba bakoppa ebikolwa byo n'okusinga by'oyogera.

Bwe tusoma Enjiri, tulaba engeri Kristo gye yayigiriza abasajja ekkumi n'ababiri be yalonda. Baamala emyaka ng'esatu nga bayiga, nga balaba, nga babuuzza ebibuuzo, nga bawuliriza enjigiriza ye, era nga bakoppa n'enneeyisa ye. Abayigirizwa baali baagoberenzi ba Kristo, era buli gye yagendanga, kye kyabeeranga ekibiina kyabwe. Yesu yabayigiriza nga bwe bayiga okuva mu ssomo ly'obulamu elimu okudda ku ddala. Bwe batategeeranga, Yayimiriranga n'annyonnyola (Makko 4:34) oba n'antangaazaamu (Makko 8:15-21), era bwe baabulwa okukkiriza n'abanenya (Makko 9:19-29). Mu buweereza bwa Yesu eri abantu bonna, bwe yaddamu abo bonna abaamujjira, yagambanganga nti: "Mugoberera ekyokulabirako kyange, mungirereko, era mubeere abayigirizwa bange."

Abaana bo basobola okuyiga okubeera abayigirizwa ba Kristo okuyitira mu bigambo byo n'ebikolwa byo. Era basobola okuyiga okubeera abayigirizwa b'ebintu ebitali bya butuukirivu, eby'ensi n'enneeyisa embi. Bajja kukoppa ekyokulabirako kyo, ka kibe kirungi oba kibi.

Okwekebera 1

Wandilabye otya ekibiina ky'amaka go ng'omwami/taata oba omukyala/maama? Waliwo emize emibi oba enneeyisa ezirina okukomekkerezebwa? Bwe kiba bwe kityo, wandiika okwenenya eri Mukama, wamu n'okweyama okukyusa.

Eky'okubiri, Tubafuula Tutya Abayigirizwa

Ekiragiro kya Yesu eky'okufuula 'abayigirizwa' n'okubayigiriza n'obunyiikivu (Ekyamateeka 6:7) kikubiriza buli omu, naye olw'ebigendererwa by'essomo lino essira ka tulisse ku kukuza abaana. Abazadde balina obuyinza bungi ku baana okusinga omuntu omulala yenna. Ekirungi kiri nti Katonda atuwadde obubaka obumala okusobola okutuyamba okukulemba abaana baffe mu kkubo ettuufu. "Okufuula abayigirizwa" si kye kimu n'okuleta abantu eri obulokozi, wadde nga kizingirwamu.

FAYILO Y'AMAZIMA

Mufuule abayigirizwa (Kikambo ekikozi)—*Matheteuo* (Luyonaani). Okufuula omuyigirizwa (Matayo 28:19; Ebikolwa 14:21); okuyigiriza (Matayo 13:52) n'ekigendererwa eky'okufuula omuyigirizwa.

Ekigambo "okufuula abayigiriza" mu ngeri emu kissa essira ky'okubeera nti nti ebirowoozo, n'omutima n'emmeme, biwangulwa Katonda nga tuyigiriza abakkiriza abapya ku ngeri y'okugobereramu Yesu, okugondera obufuzi bwa Yesu, n'okukola omulimu gwe ogw'okuwerezwa mu kusaasira. Era kizingiramumu okuleeta abantu mu nkolagana ne Yesu ng'abayizi eri omumesa n'okubaleetera okutwala ekikoligo ky'enjigiriza ye nga ekibafuuga (Matayo 11:29), Okukkiriza ebigambo bye nga bya mazima, n'okugondera by'ayagala ng'ekituufu.

Amakulu gannyonyola ekigendererwa n'enkola Kristo bye yagoberera n'abayigirizwa be. Kifumiitirizeko, oluvannyuma ddamu ekibuuzo ekiddako. Abantu abasinga tebalwoozangako nnyo ku nsonga eno. N'olwekyo, tebakifudde kintu kikulu mu kukuza abaana baabwe. Eky'okuba nti bataata oba bamaama abasinga obungi bazadde baabwe tebaabafuula bayirizwa kibaleka nga tebalina kyakulabirako kyonna, wadde abo abaakulira mu maka G'Ekikristaayo.

Okwekebera 2

Nnyonyola ensonga enkulu ez'okufuula omuntu omuyigirizwa.

SIMA EBUZIBA

Weetegereze Pawulo kye yali akubiriza abakkiriza b'Efiripi okukola. Nnono ki eziri mu lunyiriri luno ezikwata ku ngeri y'okufuula abaana baffe abayigirizwa?

Bye mwayiga era ne muweebwa ne muwulira ne mulaba gye ndi, ebyo mubikolenga: ne Katonda ow'emirembe anaabeeranga nammwe. (Abafiripi 4:9)

Ekyokusatu, Okuyirizwa (okufuula abayigirizwa) kyeki?

"Okufuula omuyigirizwa" kwe kuyamba omulala okukoppa Kristo. Bwe tuba tugondera ekiragiro kya Kristo eky'okukola kino, okuyigirizwa (okufuulla abayigirizwa) y'enkola gye tugoberera. Wadde ng'ebigambo ebyo tebikozesebwa mu Baibuli, enjigiriza eyo eragibwa bulungi mu ngeri Yesu gye yayigirizaamu abagoberezi be n'endagaano empya yonna. Wadde nga kino kikwata ku buyigirizwa bonna era nga kye kinnyonnyola Kristo kye yakola n'abayigirizwa be, mu ngeri y'emu kiraga engeri y'okuyigiriza abaana baffe. Okunonyereza okweyongera kulaga enjigiriza za Baibuli ez'okukozesa awamu.

FAYILO Y'AMAZIMA

Okuyigiriza oba obuyigirizwa—
"Obuyigirizwa nkolagana
ey'ekigendererwa mwe
tutambulira wamu n'abayigirizwa
abalala okusobola okukubiriza,
okuteekateeka
n'okusoomoozagana mu kwagala
okukula okutuuka ku bukulu mu
Kristo. Kino kizingiramu
okuteekateeka omuyigirizwa naye
okuyigiriza n'abalala."

Okuba abayigirizwa b'abaana baffe kitegeeza okuba n'enkolagana ennungi nabo mu bugenderevu. Buno buvunaanyizibwa bwaffe. Yesu yayita abayigirizwa be okumugoberera, oba okutambulira awamu naye, naye yali mugenderevu ng'atwaala eddala erisooka. Tuteekwa okukimanya nti omukwano ogw'ekigendererwa tegubaawo mu butanwa. Enteekateeka eyatekebawo edda eteekwa okukuumibwa n'okugobererwa buli kiseera.

Ebyawandiikibwa bigamba nti tulina "okwogera amazima mu kwagala." (Abaefeso 4:15) Okuba n'endowooza entuufu nga tuyigiriza abaana baffe kyetaagisa okuba abanyiikivu mu kubayamba okukula mu by'omwoyo mu Kristo. Okwagala kye kisinga okukubiriza. Embeera y'okwagala eteekateeka omutima gw'omwana wo okufuna okulung'amizibwa naddala ng'obasoomooza okukola ekituufu. Yesu yasoomooza abayigirizwa be mu ngeri etalimu kutya n'okwekiriranya, naye nga buli kiseera kikolebwa mu kwagala. Omwana bw'aba n'obukaakafu mu kwagala kwo, abeera mwetegefu okuwuliriza n'okugondera by'oyogera.

Okuyigiriza Abaana Basobole Okuba Nga Kristo.

Tetulina kwerabira kigendererwa: okuyigiriza abaana baffe ebikwata ku Yesu Kristo basobole okutegeera okwagala kwe n'okuyiga amakubo ge. Abazadde bangi bagezaako okuleteera abaana baabwe okubafanana, oba kye baagala babeere. Omutume Pawulo yalaga Katonda by'ayagala bwe yawandiika nti, "Mundabireko, nga nze bwe ndabira ku Kristo." (1 Abakkolinso 11:1). Kino kye kirubirirwa kya Baibuli eky'okubeera abayigirizwa: okuyamba abaana baffe okumanya kye bali mu Kristo. Yesu yayogera ku nnono enoo mu Matayo 10:25 bwe yagamba nti, "Ayigirizibwa kimumala okuba ng'amuyigiriza," era mu Lukka 6:40, "naye buli muntu bw'alituukirizibwa aliba ng'omuyigiriza." Ekituufu ekisingayo obulungi kiri nti omuyigirizwa ajja kukoppa omusomesa.

"Okukirizibwa," kye kigambo ky'Oluyoanaani *katartizo*, ekitegeeza "okuteeka ekintu mu mbeera yaakyo entuufu, okunyweza, okuteekateeka n'ekitawebuuka mu ngeri yonna." Ng'abazadde-abayigiriza, ekigendererwa ky'okubeera omuyigirizwa kwe kubuulira abaana baffe enjiri, ekibaleetera okufuna Yesu ng'OmuloKOZI; mubalage engeri y'okubeera mu Kristo buli lunaku;

Era n'okubayigiriza engeri y'okuyiga Baibuli, nga bategeera endowooza y'okukyusibwa mu kifaananyi kye (Abaruumi 8:29).

Olw'okuba Katonda atuwadde omulimu gw'okufuula abantu abayigirizwa, enkizo ey'okuyigirizwa abaana baffe tekoma, ne bwe bava awaka. Tulina okubaawo, nga buli kiseera tusaba, nga tuli beetegefu okugabana amagezi, okuyigirizibwa, n'okuzzibwamu amaanyi nga batwetaaga. Obuyigirizwa bufuuka engeri y'obulamu, gye tugoberera Kristo ffekka buli kiseera, era nga buli kiseera twogera n'abalala ku bulungi bwa Katonda n'obwetaavu bwaffe obw'okumugoberera mu bintu byonna.

SIMA EBUZIBA

Olunyiriri luno lunyonyola lutya emitendera gy'obuyigirizwa?

Naye ffe fenna, ... tukyusibwa okufaananyizibwa nga ye, okuva ku mutendera gumu ogw'ekitiibwa okutuusa ku mulala, kubanga kino kiva eri Mukama gwe Mwoyo (2 Bakolinso 3:18)

Okwekebera 3

Wetegereze munda mugwe wekka, owulira okukyusibwa kuno? Bwekiba bwe kityowWandiika ebaluwa etendereza Katonda. Bwekiba nga si bwekiri, Wandiiika esaala ng'osaba okuyambibwa okuva eri Katonda. Musabe asobole okukitukiriza mu bulamu bwo.

Obuyigirizwa n'Omusingi Gwo Omunywevu

Twalaba obwetaavu bw'okuzimba obulamu ku musingi gw'omukwano ne Kristo mu muzingo 2, essomo 6. Okuyitira mu nkolagana eno mwokka mwe tufunira obutebenkevu n'amaanyi n'obusoboozi okutuukiriza Katonda by'ayagala n'ekigendererwa kye. Era twasoma Ekyamateeka 6:1–6, Katonda we yagamba abaana ba Isiraeri nti bo, ne batabani baabwe n'abazzukulu, balina okukwata n'obwegendereza ebiragiro bye olw'okumwagala. Okukkiriza kwa bataata kwali kwa kutuuka ne ku mireembe egyaddirira. Okutendeka abaana mu

by'omwoyo (abuyigirizwa) kye kyali omukisa n'obuvunaanyizibwa bw'abazadde okuva eri Katonda. Ebiragiro bino ebya Bayibuli tebikyuse. Tulina 'okufuula abantu abayigirizwa' (Matayo 28:19) era 'tubaleete mu kutendekebwa n'okubuulirira kwa Mukama waffe.' - Abeefeso 6:4. Okulagajjalira oba okugaana okuyigirizwa abaana baffe butereevu buba bujeemu.

Tuyigiriza abaana baana baffe okusookera ddala okuyita mu kyokulabirako kyaffe n'oluvannyuma nga tubayigiriza. Bwe tukuza abaana baffe, beetegereza bye twogera naye bye tukola bye bisinga amaanyi. Ebyokulabirako byaffe bisobola okubaleetera okugoberera Katonda— oba okujeemera Katonda. Bwe balaba obunnanfuusi mu ffe, kiyinza obbaleteera okujjema.

Okwekebera 4

Omusingi gwo omunywevu gukuza gutya okuva lwe watandika okusooma omuzingo guno? Oddadewo otya ekiseera eky'okusaba n'Ekigambo? Kino ky'okulembeza buli lunaku? Bwe kiba si bwe kityo, lwaki? Kiki ekyetaaga okukyuka?

Obunanfusi Buleeta Obujeemu

Bwe tuba twagala abaana baffe okutambulira awamu ne Mukama waffe, tuteekwa okuba ebyokulabirako. Charles Stanley yawandika "Tewali kintu kyonna kileteera bwakabaka bwa Katonda okusikiriza abatakkiriza [oba Abakristaayo] okusinga Abakristaayo abalaga obulamu bw'Omwoyo munda mu bo." Era tewali kintu kidibya bwakabaka bwa Katonda eri abaana baffe okusinga okukulira mu maka agabuulirwamu Obukristaayo naye nga tebusibwa mu nkola. Abaana bo bwe balaba omutindo ogw'emirundi ebiri—oyogera ekintu kimu kyokka n'okola ekirala—bayiga okukola ekintu kye kimu era ng'ekyokulabirako kyo bwe kiri, tebakussaamu kitiibwa ne Katonda gw'olangirira.

"Kola nga bwe njogera naye si nga bwe nkola" mu butuufu kye kinnyonyola amakulu g'obunnanfuusi. Abazadde Abakristaayo bangi nnyo batambulira ku ngombo eno. Yesu yayogera ebigambo ebikakali eri abawandiisi n'Abafalisaayo abaayogeranga ebintu ebituufu naye ne beeyisa mu ngeri ey'enjawulo:

⁷Mmwe bannanfuusi, Isaaya yalagula bulungi ku mmwe, ng'agamba nti

⁸Abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa;

Naye omutima gwabwe gundi wala." (Matayo 15:7-8)

Omunnanfuusi ye muntu akola eby'obulimba, oba eby'ekifeere; omusajja ey'efuula ky'atali era n'ayogera, oba n'akola, okusinzira ku mbaala gy'atalina. Okufaanako omuzannyi w'akatamba ng'azannya ekifo, ekitundu, oba omuntu amuweredwa okuzanya, Yesu yayita abantu bano bannanfuusi. Baali balaga kye bataali, nga boogera ebintu ebituufu, naye yali amanyi emitima gyabwe. Tulina okwegendereza ennyo nti tetuli muntu omu mu lujjudde oba mu kkanisa, naye era omuntu ow'enjawulo awaka. Bangi ku ffe tukubirizibwa nnyo okweyisa mu ngeri esingayo obulungi mu kkanisa, okweyisa mu ngeri ey'okutya Katonda n'okulabika ng'Omukristaayo, ate oluvannyuma ne kituzibuwalira okweyisa mu ngeri eyo awaka.

Abasinga obungi ku ffe tulabye obunnanfuusi buno mu Bakristaayo abalala, naye bameka ku ffe be abetunulide? Oyinza n'okuba nga wa loozako ku bulumi bw'enneeyisa ng'eyo okuva eri omulala, ng'olowooza nti "Siyinza kukkiriza nti Omukristaayo ayinza okunkolera ekyo!"

Okwekebera 5

Nnyonnyola engeri gye wawuliramu mu mbeera eyo.

Kati weteke mu kifo kyomwana wo. Olowooza bawulira batya bweweyisa nga omunanfusi?

Abaana bwe bakulira mu maka agatambulira mu kwagala kwa Katonda n'Obukristaayo obwa nnamaddala, tebajja kusikirizibwa mangu mu nsi, amazima gye galinyirirwa n'obutuukirivu ne basekererwa. Mwegendereze abazadde. Omulabe ajja kukozeza ekintu kyonna okuggya abaana baffe mu Bukristaayo, nga mw'otwalidde n'enneeyisa yaffe embi.

Okwekebera 6

Obuulira abaana bo ekintu kimu kyokka nga owolereza enneeyisa y'emu mu bulamu bwo? Katonda tatulagira kusalira balala musango, wabula nti twesalire omusango. Katonda akulaze obunnanfuusi bwonna mu ggwe ng'osoma essomo lino? Bwe kiba bwe kityo, kiwandiikeko kati. Saba Katonda n'abaana bo bakusonyiwe, era weyame okukyusamu. Jjukire okusaba okusonyiyibwa buli lw'olemererwa. – (1 Yokaana 1:9).

SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola Pawulo bye yali ayogera ku kubeera obujulizi obulungi eri abalala.

Era nnyiikira mu kigambo ekyo okubeeranga n'omwoyo ogutalina musango eri Katonda n'eri abantu ennaku zonna. (Ebikolwa by abatume 24:16)

Thomas Woodrow Wilson, pulezidenti wa Amerika ow'amakumi abiri mu munaana (1913-1921), yaweerezaako nga pulezidenti wa Princeton University (1902-1910). Bwe yali pulezidenti wa Princeton, yayogera ebigambo bino eri ekibiina ky'abazadde:

Nfuna amabaluwa mangi okuva mu bazadde ku baana bamwe. Oyagala okumanya lwaki ffe abantu wano waggulu mu Princeton tetusobola kubafuula n'okubakolera ekisingawo. Ka mbabuulire ensonga lwaki tetusobola. Kiyinza okukwewuunyisamu naye siri mugezaako kubeera mukambwe. Ensonga eri nti batabani bamwe, abakuzidwa mu mayumba gamwe, omusaayi gw'omusaayi gwamwe, amagumba g'amagumba gamwe Bayingiza ebiruubirirwa by'amaka gammwe. Mubafudde okuba kyebali. Be batabani bamwe. Mu myaka gyabwe gino egy'okuzibwa n'okukyusibwa, mu baleseko ekifaananyi kyamwe eky'oluberera."

Obuyinza bw'abazadde mu maka tebusobola kunyomebwa.

Essomo 7: Okuyiriza Abaana Bo

Musa yannyonnyola engeri abazadde gye bayigirizaamu abaana baabwe. Yali ayogera n'Abaisiraeri, ng'annyonnyola engeri okwagala Katonda n'Ekigambo kye bwe kutandikira mu mutima gw'omuzadde. Abazadde balagirwa okuyigiriza abaana baabwe n'obunyiikivu.

Onooyagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna. 6Era ebigambo bino bye nkulagira tobyerabiranga; onoobikuuma mu mutima gwo, 7era onoonyiikiranga okubiyigiriza abaana bo, era onoobyogerangako bw'onootuulanga mu nnyumba yo, era bw'onootambuliranga mu kkubo, era bw'onoogalamiranga, era bw'onoogolokokanga. 8Era onoobisibanga ku mukono gwo era onoobyetibanga mu kyenyezi okuba akabonero ak'okubikujjukizanga. 9Era onoobiwandikanga ku myango ne ku nzigi z'ennyumba yo." (Ekyamateeka 6:5-9)

Ebyawandiikibwa bino bitukwatako leero, nga biraga nti tulina okuyigiriza abaana baffe ebiragiro bya Katonda n'amateeka ge n'obunyiikivu— okuyitira mu kuyigiriza n'okussa mu nkola enjiri buli kiseera. Okusinzira ku bye ndabye, abazadde abali wansi w'ebitundu 10 ku buli kikumi mu mubiri gwa Kristo leero be bayigiriza abaana baabwe. Wabula obuvunaanyizibwa buno Katonda bwe yabawa babulekera essomero oba ekkansa.

Okusinzira ku lugendo lwabwe, abazadde bangi bassalawo nti buvunaanyizibwa bwa muntu mulala okuyigiriza abaana baffe ebintu eby'omwoyo. Kyokka, tewali kibinja kya bavubuka oba omukozi mu buweereza bw'abaana ayogerwako mu Baibuli. Nali Musumba w'abavubuka era ntendereza Mukama olw'abasumba b'abavubuka n'emirimu gye bakolera abaana baffe. Naye Katonda ayogera nawe ng'abazadde nti, buvunaanyizibwa bwaffe okufuula abaana baffe abayigirizwa. Abakristaayo abalala n'ebitongole by'Abakristaayo tebajja kutukaana nabuziba bw'okukomebwako kwa abaana abaffe okusinga kwaffe. Bali wano okutuyamba—si kutwala kifo kyaffe.

Wali oyogeddeko n'omusomesa oba omukulembeze w'abavubuka ku ngeri omwana wo gy'akula mu by'omwoyo? Kikulu okumanya n'okukolagana n'abantu abayigiriza abaana bo. Ng'ekyokulabirako, buuzi engeri gy'oyinza okunywezaamu omusomo gwa Ssande awaka mu wiiki. Bw'oba toli muyigirizwa wa mwana wo, eno y'engeri gy'oyinza okutandikamu.

Okwekebera 1

Wandika olukalala lw'abantu, ebifo, n'ebikolwa ebiyamba omwana wo okukula mu mwoyo.

Okuyigirizwa kutandika mu mutima gw'omuzadde

Okuyigiriza Butandikira Mu Mutima Gw'omuzadde

Tulaba ekintu ekinene ku kuyiriza mu Ekyamateeka 6:5: " Onooyagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'amaanyi go gonna (obulamu bwo bwonna). Ekiragiro kino eky'okwagala Katonda kitera okuweebwa mu Ekyamateeka (7:9; 10:12; 11:1, 13, 22; 13:3; 19:9; 30:6, 16, 20). Tuyinza okugamba nti okubuulirira kuno kwa nkizo era kukulu nnyo mu kuyamba abaana baffe okuba abayigirizwa. 6:6 bwe lugamba nti ebigambo bya Katonda "binabeeranga mu mutima gwo," oba ku mutima gwo, kitegeeza okuba n'enkolagana ey'oku lusegere era ey'okwagala naye.

Omuwandiisi omu Kristayo omugundivu yawandiika:

Okwagala kwa Katonda okusoboola okubeera okw'ekika ekituufu, ebiragiro bya Katonda birina okuteekebwa ku mutima, era nga buli kiseera ebirowoozo n'embooji by'etolorera ku byo. "Ku mutima gwo: oba ka tugambe, ebiragiro bya Katonda byali bya kubeera bya mutima, so si bya kujjukira bujjukizi mu mutwe.

Enkolagana ey'oluberera kikulu nnyo. Emitima gyaffe gyetaaga okukyuka n'okubeera nga gyikyuka buli kiseera, n'okwongera okusemberera Katonda. Bwetuba tuyiga era nga bwe tukula, tusobola okwogera ku ebyo Katonda by'atuwa. Nga mukisa gwa maanyi nnyo. Nga nze nammwe tugabana Ekigambo n'abaana baffe, tujja kubalaba nga baagala Katonda gwe twagala era gwe tuweereza.

SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola engeri omuwandiisi wa Zabbuli gye yawuliramumu ku Kigambo kya Katonda. Kino kyamukwatako kitya?

Ntadde ekigambo kyo mu mutima gwange,
Nneme okwonoona mu maaso go (Zabuli 119:11)

Amateeka go nga ngaagala!
Ago ge nfumiitiriza okuzibya obudde. (Zabuli 119:97)

Nsanyuka okukola by'oyagala, Ayi Katonda wange,
Era nkuuma amateeka go,
mu mutima gwange munda. (Zabuli 40:8).

Katonda kiki kyayagala tukole mu nyiriri zino? Kiki kyetumusubiramu?

Mumpite mwe, nange nabayitaba, nembalaga ebintu ebyomuwendu byemutamanyi, (Yeremya 33:3)

Tulina Okuyigiriza Abaana Baffe n'obunyiikivu.

Ekyamateeka 6:7 eyogera ku ndowooza ey'obulalivu gye tulina okuba nayo nga tuyigirizwa abaana baffe. Okubayigiriza n'obunyiikivu kiraga obugendererevu mu mpuliziganya okuyitira mu bigambo ne mu bikolwa byaffe.

Ekyamateeka kirimu ebintu ebiweebwa abaana ba Katonda, Abayudaaya, kyokka nga bitunnyonnyola bulungi by'ayagala leero. Enjogera eyo eraga nti ng'ebigambo bwe byolebwa mu jinja nga bakozesa ekima ekyojji enyo, bwe kityo, n'amateeka bwe gasaanidde okussibwa ku mitima gy'abaana ab'emirembe gyonna. Ekigambo kya Katonda kitugamba nti amateeka ge galina okuwandiikibwa/okukwekebwa mu mitima gyaffe (Zabbuli 119:11). Guno gwe mutendera ogw'okuyiga, tekibeerawo mu kiro kimu. Tuteekwa okuba abanyiikivu mu kuyiga kwaffe, oluvannyuma ne tufuba okuyigiriza abaana baffe. Ekigambo kya Katonda kye tuyigiriza, kubanga ddala kiramu era kya maanyi, era kisobola okubikkula ebirowoozo n'ebigendererwa by'omutima, ebirungi n'ebibi

FAYILO Y'AMAZIMA

Mu bunyiikivu—Okugumiikiriza nga owuliriza n'okussaayo omwoyo; okulemerako n'obunyiikivu eri ekilubirirwa; okuvunaanibwa n'obwegendereza n'okufuba; si mu butafaayo oba obulagajjavu.

SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola amaanyi g'Ekigambo kya Katonda era laba engeri gy'osoboola okukikozesa mu bulamu obwa bulijjo.

Kubanga ekigambo kya Katonda kiramu, era kikozi, era kisala okusinga buli kitala kyonna eky'obwogi obubiri, era kiyitamu n'okwawula ne kyawula obulamu n'omwoyo, ennyingo n'obusomyo, era kyangu okwawula okulowooza n'okufumiitiriza okw'omu mutima. (Abaebbulaniya 4:12).

Tukiraba nti kikulu nnyo okufuba okunoonya Katonda n'okugoberera Ekigambo kye era nga ekyo kirina okukulemberamu okufuba kwaffe okw'okufula abalala abayigirizwa. Abaana baffe bajja kumanya ebigambo byaffe bwe byawukana n'ebikolwa byaffe, ekitegeeza obunnanfuusi. Ekigendererwa kyaffe

ng'abazadde kwe kwanjula abaana baffe eri okwagala kwa Katonda n'Ekigambo kye. Ebisoboola okukoma ku baana baffe ebisinga amaanyi bye tulina kwe kwagala n'amazima. Obunnanfuusi buleetawo obujeemu, naye okulaba ebibala by'Omwoyo wa Katonda mu bulamu bwaffe kijja kubaleetera okukkiriza n'okwesiga Kristo.

Abaana baffe bwe baali awaka, nze ne mukyala wange twakizuula nti ekimu ku bintu ebisingayo okuba eby'omugaso eri abaana baffe n'okubayigiriza ebikwata ku Kristo bwe bulamu bwe twabeerangamu buli lunaku. Twewaayo okubeera ekyokulabirako kya Kristo, nga tweyisa nga Katonda bw'ayagala. Tewali muzadde asobola kutuukirira, naye tuyinza okwemalira ku nkola y'okukyusibwa Omwoyo Omutukuvu wa Katonda era, ng'abaana baffe batutunuulira, kino kye kimu ku bintu ebisingayo okuba eby'omuwendo mu kuyigiriza.

SIMA BUZIBA

Wandiika okulabula n'okubuulirira eri abazadde. Emirembe emeka egizingirwamu?

Naye mmwe abaanywerera ku Mukama Katonda wammwe, mukyali balamu okutuusa leero. (Ekyamateka 4:9)

Okufuula abayigirizwa n'Okubambaza eby'okulwanyisa

Okufuula omulala omuyigirizwa tekikoma ku kuyigiriza bantu Baibuli. Ekigendererwa kwe kubayamba okukula mu by'omwoyo basobole okugenda mu maaso n'okufuula abalala abayigirizwa. "Buli omu ayigirize omu" y'enkola y'okubizaamu, era mu nkomerero esobola okukwata ku nsi yonna. Tuteeka Kristo mu baana baffe okuyitira mu ndowooza zaffe n'enneeyisa yaffe ebifanana ebya Kristo. Nga Yesu bwe yakola n'abayigirizwa be, naffe tubawa ebyokulwanyisa okulwanyisa entalo ez'eby'omwoyo ze bajja okusanga mu nsi. Baibuli etuyamba okutegeera okwolesebwa kuno eri abaana baffe:

Laba, abaana bwe busika bwa Mukama;
 N'ebibala eby'olubuto ye mpeera ye.
⁴Ng'obusaale bwe bubeera mu mukono gw'omuzira,
 Abaana ab'omu buvubuka bwe bali bwe batyo.
⁵Alina omukisa omuntu omufuko gwe bwe gujjula abo;
 Tebaakwatibwenga nsonyi,
 Bwe banaayogeranga n'abalabe baabwe mu mulyango. (Zabuli 127:3-5)

Abaana baffe kirabo okuva eri Katonda, omukisa gwe, ogulina okutuleetera essanyu lingi mu maka gaffe. Katonda ayita abaana "empeera," era tulina okubatwala ng'ebirabo eby'omuwendo, so si kubalaba ng'omugugu. Tulina obuvunaanyizibwa okubakuza nga Katonda bwalagidde, okuba abawanika abalungi mu kiseera ekyo. Abaana bagodwako nga "obusaale,"

si mu mufuuko gwokka wabula ne "mu mukono gw'omulwanyi." Kino okusingira ddala kitegeeza taata, kubanga Katonda amuwadde obuvunaanyizibwa obw'okuntiko mu maka.

Mu kiseera kino tuli mu buwangwa obukozesa emmundu, bbomu, amasasi n'ennyonyi ez'enjawulo mu lutalo, mu kifo ky'okukozesa emiteego n'obusaale. Welabe nga ozeyo mu byafaayo, oba lowooza ku firimu omwali mukozesebwa obusaale okulumba omulabe ng'oli wala. Omulwanyi omukugu yatunuza omulabe we akasaale n'akuba omuntu gwe yali ayagala; n'olwekyo ekifaananyi ky'"obusaale mu mukono gw'omulwanyi" kyogera ku mwana, mu mukono gw'omuzadde, ng'angebwa mu ngeri ey'amagezi eri ekkubo ettuufu. Bino omuwandiisi omu by'ayogera ku lunyiriri luno:

Obusaale buteekwa okubumbibwa. Tewali kasaale katandika nga ka golodwa, nga kategekeddwa okukozesa mu lutalo. Omuserikale eyandyagade okulasa akasaale akatereevu ateekwa okumala ebbanga ng'akuba n'okubumba ettabi nerifuuka akasaale ak'omulembe. Bwe kityo bwe kiri mu kukuza abaana. Abaana ab'obulenzi n'ab'obuwala bateekwa okutendekebwa nga bakyali bato okusobola okugoberera obutuukirivu. ... Kino kizingiramu okuyigirizibwa Baibuli, okutereeza empisa, okugunjula okunyewu, n'okukakasibwa okw'okwagala.

Kikulu nnyo okutwala abaana baffe ng'ebyokulwanyisa olw'ensonga y'obutuukirivu. Akasaale kye kintu ky'okuba ebweru, okuva gy'oli. Ekyokulwanyisa eky'obulumbaganyi, ekikolebwa okulumba obutali butuukirivu bw'ensi gye tulimu. Obusaale era bulabwa ng'ekyokulwanyisa eky'okwerinda: abaana abeetegefu okuvvuunuka ebikemo by'ensi n'okusindikirizibwa bannaabwe abatatya Katonda. Abazadde balina okuyamba abaana baabwe okuyamba Katonda.

Abaana busaale bukubibwa n'amaanyi mangi, okuyita ebweru w'amaka—okugenda mu kifo Mukama w'abayita okuweereza. Omugundu gwabwe guyinza okuba ogw'amaanyi, oluusi ebweru w'ekitundu, ekibuga, n'eggwanga. Kino kye kigendererwa n'okusaba okutufu ku lw'abaana baffe, mu kifo ky'okubalemesa olw'ebyo bye twagala n'ebitusanyusa.

Abazadde abasinga balowooza nti abaana be bwebayita mu bibiina ebyawaggulu babeera ba ddembe eri ebilagalalagala n'okwegatta, awo abeera awangudde. Naye ebyo bayita, Katonda ayagala abaana bo obatendeke ngekyokulwanyisa kyotegese muni okutukirira. ngenjogera bwegamba" bwoba nekilubilirwa nga tofuna buli kadde oba oyagala oteebe obudde bwonna.

Laba ekyokulabirako kino" omuntu nakuwa ettaka, nga litegekeddwa bulungi okusiga, okukola. Ngettaka gimu nebakugamba nti wano wawo kolelawo kyoyagala. No salawo okulinda omwaka nti wasobole okiteleela, oba musiru kwenkana ki okulowooza nti ettaka liba likyali mu mbeera yemu Okujjako mu a mujjudde ebimererezi byensigo ezameruka. Ebyo ensi byekola okusuula ensigo era nenguzi mu ttaka nga jemitima ja baana. Bwetuba tetutatde kigambo kyakatonda mu mitima jabwe awo Kiba kitya? Tewali nomu alina manyi eri abaana baffe.

Katonda ayagala ku kozesa mukisa guno okusigamu amazima ge. Obwo buvunanyizibwa bwe. Bwetusiga ekigambo kyakatonda mu mitima jabaana baffe katonda yatusubiza kibala ebibala ebituufu (matayo 13:23)

Okwekebera 2

Obadde omwesigwa ng'olabirira ettaka eddungi ery'omutima gw'omwana wo? Oyinza otya okwongeramu amaanyi?

Oyinza okwawula ebimererezi n'obwononefu mu ttaka? Nyonyola ebyo ebyesenzamu nga byetagisa okujjibwamu

Bwenali nga nkyali musumba wa bavubuka, abazadde bampitanga nga bagamba, "Owaye simanyi byobadde osomesa baana bange ku Sande ekiro, naye ayogera ku katonda, ndowooza kyandisinzeeko bwojja nomusisinkana nate. Ndowooza yetegese okukiriza yesu kristo "okuddamu kwange kwali kwekumu. "Lwaki mumpita okukola ekyo? Lwaki totuula naye nawe nomubulira? Wali okilowozezaako ekyokukulembera omwana wo eri kristo?"

Twayiga dda nti abazadde basaanidde okutandika okuyamba abaana baabwe eri Kristo nga bakyali bato. Naye era tulina okukimanya nti obulokozi mulimu gwa Katonda. Tetubuvunaanyizibwa kuleetera baana baffe kukkiriza Kristo. Mu Yokaana 6:44, Yesu yagamba nti: "Tewali ayinza kujja gye ndi Kitange eyantuma bw'atamuwalula." Omwana wo tayinza kulokolebwa nga tawulidde njiri. Buvunaanyizibwa bwaffe okweyongera okuyigiriza abaana baffe ekituufu n'ekikyamu, Baibuli ky'eyogera ku nsonga zonna (Matayo 28:20). Tulina okubannyonyola Yesu yani, engeri y'okubeera n'enkolagana ennungi naye, n'engeri y'okubeera mu ye buli lunaku.

Essomo 8: Ennono Z'okuyigiriza

Enteekateeka ya Katonda ey'okuyigirizwa kw'abaana baffe esangibwa mu Ekyamateeka 6:7–9, erimu ennono etaano.

Ennono 1: Okuyigiriza Mu Nnyumba

Ekyamateeka 6:7 egamba nti: "Yogera nabo ng'otudde mu nnyumba yo." Okusobola okwogera n'omuntu, tuteekwa okubeera nabo. Katonda asooka kugamba nti okuyigiriza kulina kubeera mu nnyumba yo, kubanga eno gye tusinga okubeera n'abaana baffe. Abazadde balina okuba n'obuyinza ku ebyo ebibaawo awaka. Bataata, mulina okuteekawo ekyokulabirako n'okukakasa nti kino kigenda mu maaso. Olina obukulembeze mu maka.

Ekigambo ky'Olwebbulaniya eky'okutuula, yasab, kigambo eky'ekikolwa. Wadde nga tulwooza nti okutuula kitegeeza butaba na kya kukola, tusobola okukiraba nti Katonda atugamba okwemalira ku kuyigiriza Baibuli. Kino tekitegeeza nti olina okukubaganya ebirowoozo ku Baibuli buli lw'otuula n'omwana wo, naye kyandituleetedde okusibamu ne tulwooza ku ngeri gye tukozesaamu ebiseera byaffe awaka.

Okulabula: Tuli mu kiseera ng'ebikozesebwa eby'amasannyalaze n'emikutu gy'amawulire bye bizze mu kifo ky'enkolagana n'abantu. Abaana bangi beyawula nga balaba ttivvi, okuzannya emizannyo gya vidiyo/kompyuta, okuweereza obubaka ku ssimu n'okukolagana ku mikutu gi mugata bantu. Kino basobola okukikola okumala essaawa eziwera era abazadde bangi bakikkiriza kubanga balina eby'okukola. N'olwekyo, tulina okufuba okulaba engeri ebiseera gye bikozesebwamu mu maka gaffe.

Obuterevu n'obutali buterevu

Enkola y'okuyigiriza awaka eyinza okutuukirirwa mu ngeri bbiri: buterevu n'obutali buterevu. Okuyigiriza okw'obuterevu kye kiseera ky'oteekawo okubeera n'okusaba n'abaana bo. Ekiseera kino kiba kitegekeddwa nga kizingiramu amaka gonna.

Bw'oba olina abaana abato n'abatiini, kiba kirungi okubawula mu kiseera ky'okusoma. Kiyinza okuba ekizibu okukuuma omwana ow'emyaka etaano n'omuvubuka eyewadeyo okuyiga Baibuli. Mu maka agamu taata ne maama bayigiriza mu kiseera kye kimu, taata mu kisenge ekimu n'abaana abakulu ate maama mu kirala n'abato.

Okuyigiriza mu ngeri etatali ya buterevu kibaawo singa Katonda aleeta omukisa okwogera ku bintu eby'omwoyo mu ngeri etategekeddwa. Kino kitegeeza nti omuzadde alina okulekera awo okukola ebintu ebirala. Kino okusobola okubaawo, abazadde balina okulaga nti webali.

Abaana bange bwe baali bakyalibato, Ssaabangawo kusobola kwogera nabo. Ng'omusajja ayagala okukanika n'okuteereza ebintu, bulijjo mbako n'ebintu kye nkola mu nnyumba. Mu myaka ena egyasooka mu bufumbo bwange, nga nva ku mulimu, nneebuuza nti, mulimu ki gwe ng'enda okukolako mu kiro kino? Natuukanga awaka ne nstandika kw'ekyo; mu kiseera kye kimu, batabani bange abato nga bangoberera nga baagala okubafaako. Mu ddakiika ntono

nnyo, baakitegeera nga nti nnali sibaagalawo, bwe batyo ne batandika okuzannya bokka, oba okutawanya mukyala wange, kubanga nnali nnelwoozako nzeka.

Ffenna tutuuka mu mbeera ng'eyo okutuusa ennaku lwe zifuuka wiiki, wiiki n'ezifuuka emyezi n'okweyongerayo. Oluvannyuma twesanga nga abaana baffe tebaagala kwogera naffe, n'olwekyo badda ku mikwano gyabwe oba enkolagana enkyamu okusobola okubudaabudibwa. Ebiseera ebisinga obungi, bwe bafuuka abatiini, tutandika okwagala okubeera nabo, naye kiba kikerezi. Eky'essanyu, ekizibu kyange saakikiriza kugenda wala. Nnakitegeera nti bwe ntuuka awaka, omulimu ogwali kusinga obukulu gwali gwa kulabirira maka gange.

Okutekawo obudde

Mukiseera mutabani wange weyawereza emyaka ettaano, nayiga nti ekikyasinze okuba ekyomugaso bwebuwereza bw'awaka. Buli lunaku nga nsaba nti, katonda wange nga nkomawo ewaka nyamba mbeere omuwereza, nyamba mbeere wo ku lwa mukyala wange n'abaana. sijja Kuba nakigendererwa kilala Okujjako mukyala wange n'abaana. Nayiga nti awaka wewalina okusooka si mirimu oba emikwano. Mukifo ky'okwefuula nti sirina budde, ngenda kuberangawo era nkolenga obuvunanyizibwa bwange awaka, ekifo kyenasinganga okwagala lyefumbiro. Batabani bange bombi bwebandabanga nga bajja gyendi nga bagala mbafeeko. Baatuulanga eyo okumala eddakiika asatu okutuuka ku ssaawa emu nga bantegeeza ku lunaku lwabwe. Baali bakimanyi nti taata yali asobola okuwuliriza. Ekyo kye kintu ekisooka ekikulu mu kwogera: okubeerawo. Obudde gw'obutekawo, si kubunonya.

Oluvannyuma lw'okwewaayo okuberawo, nnayiga okuwuliziganya n'abo obulungi. Ekimu ku bintu ebikulu bye tuyiga kwe kuba nti mu kiseera kino tosomesa. Kino kigenda eri bamaama ne bataata: temusomesa. Mutabani wange Nick bwe yatandikanga okunyumya embooji, nayanguwanga okumubuulira kye yandibadde akola. Mukyala wange yannyamba okulaba nti baagala bwagazi kwogera nga mpuliriza. Bali tebeetaaga enjiri ey'ensonga nya. Baali beetaaga taata awuliriza.

Lumu Nick yali antegeeza ekizibu kye yalina n'omuyizi omulala ku ssomero. Bwe yamaliriza ne mmugamba nti, "Nicholas, ekitufu ekirina okukolebwa wano kyeki? Oboolyawo tusaanidde okwogera ne taata w'omwana ono."

"Taata, kino nsobola okukikolako nzekka." Mu kiseera ekyo teyali mwetegefu kuwebwa magezi.

Oluvannyuma lw'ennaku ssatu, Nick n'omuyizi oyo baakomekereza balwanye era bombi ne bayimirizibwa ku ssomero okumala ennaku bbiri. Mu kifo ky'okugamba nti, "Olaba, nakugambye," natuula mu bukkakkamu ne mmugamba nti, "Nick singa twatuula ne taata w'omulenzi ono, ne tukyogerako, olwoozza wandibadde oyingidde mu lutalo?"

"Nedda," bwe yagambye.

Nayongerako nti, "Kale, olina ennaku bbiri olw'okuyimirizibwa ku ssomero. Mu nnaku ezo ebbiri, nnina pulojekiti z'olina okumaliriza ng'ekitundu ky'okukangavvulwa."

Abaana tebatera kuwuliriza biragiro byaffe. Naye ebiseera ebyo byamukisa munene okutendekebwa mu bulamu. Kyokka kino okusobola okukituukiriza, olina okuba ng'oli wamu nabo, ng'otuukikako era ng'oyogera nabo.

Abaana bo bwe batuuka mu myaka gy'obutiini, okitegeera nti tebatera kukunonya kwogera nga bwe ba kolanga. Ebiseera ebisinga tebaagala kwogera ng'oyagala okwogera. Batandika okweggyako era olina okuyiga okukyusamu.

Batabani bange bwe baali abatiini abakuze, nnabuuliriranga abantu ebiro bibiri buli wiiki era nnatuukanga kikerezi awaka. Nnakitegeera nti, wadde nga nnali nkooye, nnali netaaga okubeerawo ku lw'abaana bange. Obuweereza bwange obusooka si be bantu abajja okundaba oba abantu be njogerako nabo— ge maaka gange. Okubayigiriza kitwala ssaddaaka. Abavubuka bangi, ebiseera byabwe eby'okwogera naffe bisembeerera obudde bwaffe obw'okwebaka.

Empuliziganya ey'okwagala gwe musingi gw'empuliziganya ennungi. (Laba essomo 1, oba weekenneenye omuzingo 2 okumanya ebisingawo.) Kino kizingiramu okuba abetegefu okutaataaganya emirimu gyaffe, okuba n'endowooza ennungamu, n'okuzuula ekifuula ebiseera bino okuba ebyangu era ebisinga okunyumirwa abaana. Ekifo ekisinga obulungi kiyinza okuba okutula ku mmeza y'effumbiro, mu ddiro oba ebweru mu luggya. Buli mwana wa njawulo era olina okuwaayo obudde okumanya buli omu kinnoomu.

Okwekebera

Oluvannyuma lw'okuyiga ennono y'okuyigiriza mu ngeri etali ya butereevu n'obukulu bw'okubeerawo, waliwo enkyukakyuka ze weetaaga okukola? Bwe kiba bwe kityo, wandiika okuyayana kw'okukyuka mu mbeera ey'okusaba.

Ennono 2: Okuyigiriza wabweru w'awaka

Ekyamateeka 6:7 kyeyongerayo n'ensonga endala ekwata ku kuyigiriza abaana: "era bw'onootambuliranga mu kkubo." Okutambula kulaga nti olina ky'okola. Katonda atuwa emikisa mingi okusomesa abaana baffe nga tuvuga mmotoka, nga tukola ebweru mu luggya, nga tugenze mu nkambi, okuwuga oba wonna we tuli.

Ekilagiyo kya Katonda kitujjukiza okuwuliriza Omwoyo we buli kiseera ne mu bifo byonna. Bwe tuba tunoonya Katonda, tujja kulaba ng'aggulawo "madirisa" g'omwaganya okugabana mu biseera ebitali bya bulijjo. Bwe tukoze obulungi emyaganya gino, tuba banyikivu mu kutendeka kwaffe.

Nzijukira nnyo bwe twali tusurfinga ne Nick ne twogerera ddala okumala ebbanga. Twali nga aberabide eby'okusurfinga nga tugabana ebirowoozo ku butonde bwa Katonda n'engeri gy'ali ow'ekitalo. Nzijukira nga ndi ne mutabani wange Justin mu nkambi ne twogera okumala essaawa eziwera ku ndowooza y'omukwano n'okuganza. Ne muwala wange Katie, twaterenga okugalamira ku trampoline, oluvannyuma lw'okubuuka ennyo n'amaviivi gange mpulira ganzita, ne twogera. Waliwo emyaganya mingi gye tusobola okubuulira abaana baffe amazima n'ebisuubizo bya Katonda. Ebiseera ebisinga eby'okuyigiriza abaana bange Baibuli tebyategekebwa; byaliwo mu bulamu obwa bulijjo. Mazima ddala tuteekwa okulowooza ku buli kakisa.

SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola Yesu kye yali akola mu kyawandikibwa kino wammanga, engeri gye yali abeerawo, n'engeri gye gabanangamu ekigambo.

Ku lunaku olwo Yesu n'afuluma mu nju, n'atuula ku lubalama lw'ennyanya. 2Ebibiina bingi ne bimukunghanirako, n'okusaabala n'asaabala mu lyato, n'atuula mu lyo; ekibiina kyonna ne kiyimirira ku lubalama. 3N'ayogera nabo bingi mu ngero, (Matayo 13:1-3)

Entegeeka Eyokukola 1

Mu kaseera nga okola emirimu gy'awabweru, osobola okugabana ko ennono zebyawandikibwa na baana bo? Saba Katonda akujjukize emikisa gino bwe giba gikujjide. Musabe akuwe obuvumu n'amagezi okuleeta Kristo n'endowooza ye mu mulimu gw'okola n'omwana wo.

Ennono 3: Okuyigirizanga Kumakya N'olweggulo.

Ekyamateeka 6:7 egamba tunyikirikenga okuyigiriza abaana, bwetuba tugenda okwebaka era ne bwetuzukuka ku makya. Kirowozeeko nga kyekisembayo ngogenda okwebaka, era kye kiba kisooka kumakya. Ffena tubeera nebitutawanya munsu muno nebitujja ku kulowooza katonda, era netumujjukira luvantuma. Abayudaaya balagirwa nabo okuba ne byawandikibwa kumakya nakawungeezi ebibajjukiza katonda. Mu kuno omuzadde alina okuba ekyokulabirako. Ekigendererwa kwongeza buvunanyizibwa bwaffe eri katonda era kiyambe abaana baffe okubiteeka mu nkola.

Entegeeka Eyokukola 2

Osabira wamu n'abaana bo ku makya n'akawungeezi? Emirundi emeka gy'osaba nabo? Bw'owulira nga tolina budde, lowooza ku kusaba nabo ng'obatwala ku ssomero. Manya ddi lw'oyinza okutandika okusaba nabo, ng'owandiika ennaku oba ebiseera.

Nasabanga n'abaana bange nga tugenda ku ssomero era buli kawungeezi nga sinnaba kwebaka. Bajjanga mu kisenge kyaffe, ne bakunjaanira ku kitanda, ffenna ne tusaba wamu. Batabani bange bwe baafuuka abatiini, twanyumyanga nnyo nga tumaze okusaba okutuusa ku ssaawa 10:30 oba 11:00 ez'olweggulo. Abaana abo baali baagala nnyo okwogera ku mikwano gyabwe, ebizibu bye baali bayitamu, oba okusalawo okubi kwe baali bakoze. Kikulu nnyo abaana bo abatiini okwagala okwogera naawe. Nga nneesiga Mukama era nga nkolera ku nnono zino, nnalaba Katonda ng'akola omulimu mu baana bange ogwali ogw'ekitiibwa ddala. Nkyakungula emiganyulo gy'ebiseera bino eby'omukisa era nkimanyi nti kino Katonda ky'ayagala ggyoli n'amaka go.

Bayibuli egamba nti: "Mubeere beetegefu mu biro ne mu biseera ebitasanira" (2 Timoseewo 4:2). Tuteekwa okunoonya emyaganya buli kiseera, nga tufaayo ku kiragiyo kya Katonda eky'okuyigiriza abaana baffe n'obunyiikivu n'okweyongera.

Entegeeka Eyokukola 3

Wiiki eno, jjukira ebiseera by'olina n'abaana bo. Ng'ekyokulabirako, bw'oba ng'obavuga mu kifo ekimu oba ng'oli ku lugendo, saba Katonda akuwe omukisa ogw'okuyigiriza. Yogerako ng'omwami n'omukyala ku ngeri gy'oyinza okutandika okukozesa obulungi ebiseera bino ng'oyigiriza ennono za Baibuli, era obiwandiike wano.

Abakkolosaayi 1:10 wagamba nti: " era mutambulenga nga bwe kisaanira Mukama, nga mumusanyusa, nga mubalanga ebibala mu buli kikulwa ekirungi, era nga mweyongeranga mu kutegeera Katonda." Kino okusobola okubaawo, tuteekwa okuddayo ku musingi gwaffe. Okuyitira mu biseera byaffe eby'okwewayo eri Katonda n'obuwulize bwaffe, tweyongera okumanya Ebikwata ku Katonda, okusemberera Katonda, era ne tulung'amizibwa okukola emirimu emirungi.

Wadde nga ndi mubi nnyo mu kujjukira Ebyawandiikibwa, era nga sitera kwogera n'ekimu okuva mu birowoozo, nzijukira bulungi ennono z'abyo. Ntera okujjukira okuyita mu luknaku lwona ebyo bye mbeera nsomye ku makya ago. Emirundi mingi, wajjawo ensonga z'abaana bange ezaali zikwatagana butereevu n'ebyo bye nnayiga ku makya. Bwe nnafunanga akakisa, nnajjukiranga ebyo bye nnali nsomye ne mbibuulirako abaana bange. N'olwekyo, bakakafu nti ndi muyivu mu bya Baibuli eyeewuunyisa. Ekituufu kiri nti nze siri. Nnina bubeezi omusingi omutuufu

SIMA EBUZIBA

Wandika endowooza y'omuwandisi wa Zabbuli ku makya n'akawungeezi. Kiki kye yali akola era ekyo kiyinza kitya okukuyamba mu kaseera k'okwewayo eri Katonda?

Ayi Mukama, buli nkya onoowuliranga eddoboosi lyange.
Buli nkya nnaakusabanga, ne nnindirira ky'onoonziramu. (Zabbuli 5:3)

Akawungeezi n'enkya ne mu ttuntu nneemulugunyanga ne nsindanga;
Naye anaawuliranga eddoboosi lyange. (Zabuli 55:17)

Okwolesanga ekisa kyo enkya,
N'obwesigwa bwo buli kiro. (Zabuli 92:2)

Nnakeera emmambya nga tennasala, ne nkoowoola:
Nnasuubira ebigambo byo. (Zabbuli 119:147)

Ennono 4: Okuyigiriza Nga Gwe eKy'okulabirako

Katonda ayagala tubeere buli kiseera nga tufumiitiriza ku njigiriza ze. Ekyamateeka 6:8 wagamba nti, " Era onoobisibanga ku mukono gwo era onoobyetimbanga mu kyenye okuba akabonero ak'okubikujjukizanga." Abaisiraeri tebaakoma ku kukwata Baibuli mu mutwe, kigambo ku kigambo, era baagyatulanga enfunda n'enfunda okugiyingiza mu mitima, naye era baalinanga n'okwambala ebibajjukiza ebilabikako. Katonda amanyi embeera zaffe ez'okwerabira n'okulagajjalira ebintu.

Olw'okuba tukozesa emikono gyaffe kumpi ku buli kintu kyonna, okusiba ekintu ku mikono kyandibadde kijjukizo buli lunaku. "Ebyasibibwa mu kyenye" ye ensawo entonotono ey'eddiba eyayambalwanga ku mukono, ekiraga okufumiitiriza buli kiseera ku Byawandiikibwa. tekiyinzika okuba nti oyinza okwerabira ekintu ekilengeja mu maaso go. Okujjukizibwa kuno buli kiseera kyakulabirako ky'ekyo Katonda ky'ayagala okuva gyetuli ng'abazadde: okufaayo buli kiseera ku buvunaanyizibwa bwaffe obw'ofuula abaana baffe abayigirizwa, nga tubateereddewo ekyokulabirako era nga tunoonya emikisa okugabana nabo okwagala n'Ekigambo kya Katonda.

SIMA EBUZIBA

Nnyonnyola engeri ebigambo by'omuwandisi wa Zabbuli gye bikwata ku by'oyiga:

¹Alina omukisa omuntu atatambulira mu kuteesa kw'ababi,
Newakubadde okuyimirira mu kkubo ly'abo abalina ebibi,
Newakubadde okutuula mu ntebe z'abanyooma.

²Naye amateeka ga Mukama ge gamusanyusa,
Era mu mateeka ge mw'alowoleza emisana n'ekiro.

³Naye alifaanana ng'omuti ogwasimbibwa okumpi n'ensulo ez'amazzi,
Ogubala ebibala byagwo mu ntuuko zaagwo.

Amalagala gaagwo tegawotoka,
Na buli ky'akola, akiweerwako omukisa. (Zabuli 1:1-3)

Bw'oba okulembeza Katonda, ajja kukuwa omukisa mu biseera ebizibu n'okugezesebwa. Ebikoola byo bijja kuba bya kiragala era ojja kuba obala ebibala, ne mu biseera eby'ekyeya.

Wandiika olukalala lw'ennono za Bayibuli okuva mu Byawandiikibwa bino wammanga eziyinza okukuyamba okuba eky'okulabirako ekirungi eri abaana bo.

⁸Mwekuumenga ebiragiro byonna bye mbalagira leero, mulyoke mube n'amaanyi, musomoke omugga guno Yoludaani musingire mutwale ensi Mukama gy'abawa; (Ekyamateeka 11:8)

³Tosulanga bwesigwa n'amazima.
Bisibenga mu bulago bwo,
Biwandiikenga munda mu mutima gwo. (Zabuli 3:3)

Ennono 5: Okuyigiriza Nga Obeera n'Ennyumba Etya Katonda

Ennono eno ey'okutano tujja gyogerwako mu ssomo eriddako.

Essomo 9: Okubeera n'Amaka Ag'obwa Katonda

Ennono ey'okutaano okuva mu nyiriri eziri mu Ekyamateeka eyogera bweti ku mateeka ga Katonda, "Era onoobiwandiikanga ku myango ne ku nzigi z'ennyumba yo." *Emyango*, okuva mu kigambo ky'Olwebbulaniya *mezuah*, kitegeeza "oluggi oluyimiridde, oba ebikondo ebiri ku mabbali g'omulyango oba eddirisa." Enkuluze ya Baibuli eya Tyndale eyogera bino wammanga:

Mu Ekyamateeka 6:9 ne 11:20, Abaebbulaniya baalagirwa okuwandiika amateeka ku miryango gy'ennyumba ne ku wankaaki w'ekibuga. Ekikolwa kino Kikyagobererwa Abayudaaya. Buli nnyumba y'Abayudaaya erina akaboxi ak'ekyuuma oba ak'embaawo ekateekabwa ku mulyango gw'ennyumba nga obuwanvu k'enkana ekibegabega. Akaboxi kano, nga kamanyiddwa nga mezuzah, munda mwako mulimu ekipande ekitono nga kyawandiikibwako ku ludda olumu n'ebigambo bya Ekyamateeka 6:4–9, ne 11:13–21, ate ku ludda olulala n'ekigambo Shaddai, nga ly'erinnya ery'Olwebbulaniya elya Katonda omuyinza w'ebintu byona!

Ebyawandiikibwa bino, era ebimanyiddwa ng'ekitundu kya 'Shema,' ge mazima amakulu ag'okugondera. Tusobola okugamba nti Katonda yali ayagala ebyawandiikibwa bino biwandikbwe ku nzigi buli ayingira mu nnyumba ajjukizibwe nti okugondera Katonda n'Ekigambo kye kye kyali obweyamo bw'ennyumba eyo. Buli kimu kiteekwa okusiimibwa katonda.

Bonna abayingira mu maka gammwe, mikwano gyammwe ne mikwano gy'abaana bammwe, ebintu byammwe n'eby'abaana bammwe, birina okugulumiza Mukama. Ekimu ku bintu ebiyambako mu kuyiriza abaana baffe kwe kulondoolwa n'okwetegereza ebintu bye tukkiriza mu maka gaffe. Katonda ayagala amaka gaffe gabeere kifo kya butuukirivu, era kimugulumize. Emyaka nga amakumi ana oluvannyuma lwa Musa okuwandiika Ekyamateeka, Abaisiraeri baali beetegekera okuyingira mu nsi ensuubize. Omukulembeze waabwe, Joshua, yateekawo okusomooza mu ngeri y'okubawa eky'okusalawo.

Era oba nga mulwooza nga kibi okuweerezanga Mukama, mulonde leero gwe munaaweerezanga; oba bakatonda bajjajjammwe abaali emitala w'Omugga be baaweerezanga, oba bakatonda ab'Abamoli, bannannyini nsi mwe muli; naye nze n'ennyumba yange, ffe tunaaweerezanga Mukama." (Yoswa 24:15).

Yoswa, ng'omukulembeze w'ennyumba ye, yali akimanyi nti ebyokusalawo byali bijja mumaaso. Ng'ensi bw'eri leero, waaliwo abantu mu nsi ensuubize nga tebaweereza Mukama, nga tebaamumanya, oba nga tebaalina empisa n'emitindo Katonda gye yali ayagala

SIMA EBUZIBA

Wandiika olukalala lw'eby'okulondebwa ebyawebwa abantu wammanga. Lwaki kyali kikulu nnyo okusalawo obulungi

Mpita eggulu n'ensi okuba abajulirwa gye muli leero, nga ntadde mu maaso go obulamu n'okufa, omukisa n'okukolimirwa; kale londa obulamu, olyoke obenga omulamu, ggwe n'ezzadde lyo. (Ekyamateeka 30:19)

Awo Eliya najja eri abantu bonna n'abagamba, munakomyawa okubeera ne ndowooza ebiri? Bwaba mukama katonda, mumugoberere, naye bwaba Bayaali, mumugoberere. Naye abantu tebamuddamu kigambo kyonna (1 Basekabaka 18:21)

Tewali ayinza kuwereza baami babiri, akyawako omu nayagala omulala oba anabeera wa mazima eri omu nanyooma omulala. Tosobola kuwereza katonda ne mamona (Matayo 6:24)

Eby'ensi Ebisikiriza

Abaruumi 1 erimu olukalala oluwanvu olw'empisa embi ezaaliwo mu kiseera ekyo, n'okutuusa leero. Omutume Pawulo yaggalawo essuula eyo ng'alabula nti: " era newakubadde bamanyi nga Katonda asala omusango, era nti abakola ebyo basaanidde kufa, tebabikola bukozi, era naye basiima ababikola. (Abaruumi 1:32). Ng'abazadde, obuvunaanyizibwa bwaffe ku ebyo ebibaawo awaka. Okusenziira ku Byawandiikibwa bino, tusalirwa omusango olw'ebintu ebibi bye tusalawo n'ebyo bye tukiriza mu maka gaffe. Gu kusinga si lwa kuba nti ebibi bino kyokka, naye era ne bw'ofuna essanyu mu kubikkiriza. Lowooza ku by'okwesanyusaamu by'okkiriza era by'onyumirwa awaka: ttivvi, firimu, emizannyo gya kompyuta, ennyimba, magazini, n'ebirala.

Abazadde batera okugamba nti, "Bw'oliweza emyaka 18 oliba wadembe okulaba firimu ey'ekika kino." Naye tulina okukimanya nti emyaka si kisaanyizo kya kibi. Kino kiwulikika ng'okwogera ku kintu ekitasaana kolebwa ku myaka gyonna—ekituufu gye tuli era ekituufu eri abaana baffe. Obwenzi tebusaanira ku myaka gyonna, era ekiseera kyonna, era bulina okukomezebwa.

Taata omu yajja gye ndi oluvannyuma lw'okusomesa abazadde, n'antegeeza nti ye ne mutabani we omutiini baafuna obutakkaanya obw'amaanyi ku by'ennyimba. Mutabani we yamugamba nti, "Taata, ate alubaamu zo eza Pink Floyd? Nsomye ebigambo by'ennyimba ezo era nga mbi. Tezawukana ku ze mpuliririza." Taata oyo yantegeeza nti yakomekereza alubaamu za Pink Floyd ezo nga asisudde mu kasasiro kubanga yali amaze okutegeera nti obunnanfuusi buleetawo obujjemu.

Abakristaayo bangi leero basasula ssente nnyingi ku mikutu gya ttivi okusinga zebawayo mu kimu eky'ekkumi. Lowooza ku ekyo Katonda ky'anaatugamba nga tuyimiridde mu maaso ge: "Wasasula doola 47.50 buli mwezi olwa Ttivi eyayonoona obwongo bwo n'obw'abaana bo, n'owa ekkansa yange ssente mmeka?"

Ekyewuunyisa, abazadde Abakristaayo bangi batuula kumpi n'abaana baabwe, nga baseka olw'ebintu eby'obugwenyufu n'endowooza ey'ensi. Tekyewuunyisa nti leero tulina obuzibu bw'abawala "okusula" n'abalenzi—akatyabaga akatebereka. Mu kiseera kino emikutu gyaffe egy'amawulire gyeyongera okufulumya endowooza ez'ekika kino mu birowoozo by'abaana baffe, ne tuggulawo oluggi ne tubukkiriza okuyingira. Tuteekwa okyimirira ku kye tukiriza.

Mukyala wange yafuna magazini y'abakyala era nze nenjisoomamu. Natuuka ku kitundu ekikwata ku ngeri gy'oyinza okusanyusaamu "omusajja" wo—si mukyala wo—wabula omusajja wo. Ekiwandiko ekyo kyali nga akatambi k'obuseegu, nga biri mu magazine y'abakyala ey'olukale.

Abakyala, osobola okusoma ebiwandiko eby'ekika ekyo n'otunuulira ebitabo bya Victoria's Secret n'olowooza nti tebikukwatako, naye bikukwatako. Abakazi batera okwetegereza abakazi okusinga abasajja bwebakola. Bw'otunuulira omubiri gw'omukazi omulungi tolowooza ng'abasajja bwe bakola; Gwe obeera to yaaka. Obeera olowooza, mmukyawa. Alinde okutuusa lw'anaazaala abaana basatu. Abasajja abakulu, abavubuka, n'abalenzi bwe balaba omukazi ng'ayambadde mu ngeri etali nnungi ku ttivi, oba mu magazini, beeyisa mu ngeri ya njawulo. Mu nsi ya leero, ebifaananyi eby'obuseegu oba ebyawandiikibwa biri buli wamu: ebipande, amasimu, ebirango ku ttivvi, ku yintaneeti ne buli kika kya magazini.

Mazima ddala ebintu bikyuse. Bwe nnali nkyali muto, ekintu kyokka kye twalabanga ye Disney ku Ssande ekiro. Oyinza okuteebereza, emabega mu myaka gye 70, okubeera nga olaba Disney ne maama wo ne taata wo, akalango nga Victoria's Secret commercial ne kazanya? Taata yali asobola akuba ebituli mu ttivvi, era omu ku bantu abakola ne ABC yandibadde amuwuliramu. Ekyo kye ndibadde enkomerero y'okulaba Disney. Bwe wetegereza ebiri mu firimu, ojja kukizuula nti firimu za PG13 (n'emizannyo gya vidiyo egifaanagana) zitera okubisamu emirundi kkumi, obungi bw'okulaga okwegatta, n'ebkirira eby'okwegatta n'okuwemula okusinga ne zi firimu ze bagamba nti zabaakulu. Sitaani amanyi bulungi ekyo ky'akola abaana baffe. Olina okuba ng'omanyi ebintu bino, era olina okumanya gwe weesiga.

Nze ne mukyala wange tulina mikwano gyaffe Abakristaayo be tuyinza okwesiga nga tulonda firimu. Nali ndabye firimu ey'abantu abakulu? Yee. Naye nnonda n'obwegendereza okusinziira ku ebyo ebirimu. Mu ngeri y'emu, olina okusalawo, wakati wo ne munno mu bufumbo ne Mukama, ky'onookkiriza. Jjukira nti obunnanfuusi buleetawo obujeemu.

Okussaawo Essira Ery'ammanyi

Nayingira mu kisenge kya mutabani wange Justin nga wa myaka 12, era yali azannya omuzannyo gwa vidiyo. Buli luvannyuma lw'ekiseera, ebigambo ebitonotono by'alabikanga buli abazanyi lwe besembeeranga. Bwe nali ndaba omuzanyo nga nyimiride emabega wa Jusin, ebigambo eb'okuvuma byavayo. Nagamba, "Justin, kiki ekyo?"

"Ah, Taata, nze ebyo sibisoma."

"Naye sooka oleke, ebigambo eby'ekika ekyo biteera kulabika kwenkana ki?"

"Kale, bakikozesa mumuzanyo gwonna."

"omuzanyo kujjeko," bwe namugamba. "Omuzannyo gw'ani guno?"

"Mukwano gwange ku ssomero yagunjazika."

"Ssaagala kuddamu gulaba mu nnyumba eno."

Lumu Nick bwe yali akyali muttini, nakomawo awaka era mu kisenge kye mwalimu abaana bataano nga baseka okufa obufi. Baali bazannya omuzannyo gwa mukwano gwe ogwa vidiyo. Nick yampiita mu kisenge kye okulaba kye baalowooza nti kyali kisanyusa nnyo. Omuzannyo guno gwalimu omukyala eyali y'essaze empale erabika obulungi ng'akuba abassajja ababbi amasasi. Ekyewuunyisa kiri nti bwe yali akola kino, amabeere ge gaali gabuuka buli wamu. Abalenzi baali bafa enseko. Wadde nga kyali kirabika ng'ekiseesa, nnamugamba nti tekyali kilungi.

"Lindamuko, Tata, lindamuko" Amangu ddala nagenda mu setting za pulogulaamu n'akyusa eky'okuba nti amabeere g'omukyala tegakyabuuka. Oluvannyuma yassamba nga bweyali akoze mu kusooka nga andaga nti amabeere g'omukazi gali tegakyyenyanya.

"Naye Nick, olowooza lwaki balina pulogulaamu eyo? Olw'essira lye bassa ku nsonga eno. Omuzanyo kuggyeko. Tetuddamu kugukiriza mu nnyumba nate."

Nalina okussa mu nkola etteeka eriggya, tewali mizannyo gya kompyuta mu nnyumba yaffe nga sikkirizza.

Intaneeti ya bulabe nnyo okusinga emizannyo gya kompyuta. Kakasa nti olina pulogulaamu okukuuma abaana bo (ne bataata) eri ebifaananyi eby'obuseegu. Okuva mu 1998 okutuuka mu 2003, empapula z'obuseegu ezisoba mu bukadde 240 zaayongelwa ku yintaneeti, ezisoba mu kikumi buli lunaku. Ate buli lunaku abakola ebifaananyi eby'obuseegu bakozesa abantu abasinga amagezi mu nsi yonna okugezaako okunoonya engeri y'okuyita ku bukuumi obubwewala.

Ebifaananyi eby'obuseegu kirwadde mu balenzi baffe abatiini, era biyinza okubeera eby'omutawaana n'okusinga enjaga. Tulina okubaako kye tukolawo. Tulina okulondoola emikutu gyabwe gi migatta bantu, emikutu gy'empuliziganya n'ebintu ebirala. Essimu ez'okuseleza zigguddewo ebikemo ebirala bingi eri abaana baffe. Wadde nga tulina tekinologiya ayamba abazadde okufuga abaana bye balaba ku siimu okuva mu zi app n'abitogole ebiweereza, tuteekwa okweyongera okulondoola enkola y'ezo apps n'empuliziganya eziriwo. Tulina okwenyigira mu nsonga eno n'okumanya ebikolwa ebyo ebibi ebinyinza okwonoona abaana baffe.

Ensonga y'Obutayigirwa (eby'Ekyama).

Abazadde bangi bali bawulidde ebigambo bino, "Fuluma ekisenge kyange!" oba ekintu ekifaananako bwekityo. Nga nange mwontwalidde. Nick bwe yaweza emyaka 13, nali mu kisenge kye era twali tukubaganya ebirowoozo ku mateeka gaffe ku kika ky'ennyimba ze twali tukkiriza mu maka gaffe. Oluvannyuma yagambye nti, "Kale, kati onoova mu kisenge kyange?"

Natuula mu ntebe ye ne mmugamba nti, "Kiki? Ani yagamba nti kino kisenge kyo?" Teyanziramu ne nneeyongera n'okugamba nti, "Nick, leka nkubuulire obulimba obwo gye bwava: mu bunya bwa geyena. Sirina ndagaano naawe era tonsasula ssente za bupangisa. Nvunaanyizibwa ku buli kimu mu nnyumba eno. Bwe ndi yimirira mu maaso ga Mukama, nga fudde, tojja kuyimirira kumpi nange ng'ogamba nti, 'Katonda, ezo CD zali zange n'obutambi; Tovunaana taata.' Katonda agenda kunvunaana ebitundu 100 ku 100 ku buli kintu ekiri mu nnyumba eno. Yee, olina by'oyagala eby'enjawulo naye bwe biba tebituukana na mutindo gwe nnateekawo nga kabona mu maka gange, ebintu ebyo tebijja kukkirizibwa mu nnyumba yange. Era ekisenge kino tekirifuka kikyoo. Ekisenge kino kyange. Kubanga nkwegala nnyo era oli mwana wange, nkukkiriza okubeera wano. Sifaayo oba olina emyaka 13 oba amakumi asatu mu etaano. Bw'onoobeeranga mu nnyumba yange, omutindo gwange gujja kusigala. N'olwekyo, Nicholas, toddamu kuwuliriza bulimba obwo."

SIMA EBUZIBA

Yakobo yakola atya ng'omukulembeze mu maka ge? Yafangayo atya, era lwaki olowooza nti kyali kyamugaso?

²Yakobo n'alyoka agamba ab'omu nnyumba ye n'abo bonna abaali naye nti, "Muggyeewo bakatonda abalala abali mu mmwe, mwetukuze, mukyuse ebyambalo byammwe, mwambale ebitukula; ³tusituke twambuke e Beseri; nange ndizimbira eyo Katonda ekyoto, eyannyamba, mu biseera ebizibu, era eyabanga nange mu kkubo lye natambuliramu. (Olubereberye 35:2-3)

Entegeeka Ey'okukola

Mufune obudde ng'omwami n'omukyala nga mukubaganya ebirowoozo ku nkyukakyuka ze mulina okukola oluvannyuma lw'okusoma essomo lino. Lowooza ku pulogulaamu za ttivvi, firimu, emizannyo, ebipande, ebitabo, yintaneeti, emikutu gimigaatta bantu, essimu, oba ekintu kyonna Katonda ky'akulaga ekyetaaga okukyusibwa. Wandiiika enkyukakyuka zo era wandiiika obweyamo bwo okutereeza ebintu. Laba *Eky'ongerezedwako L: Eby'okwesanyusa Ebitasana* okumanya ebisingawo.

Malirira okunoonyereza n'okuyiga ebisingawo ku software ez'obukuumi okukuyamba okulondoola empuliziganya y'abaana. Manya ebisingawo ku mukutu gwaffe ogwa Intaneeti, FDM.world.

Commentary ya *The Bible Knowledge Commentary* ewa amagezi agafundikira ennono zino etaano ez'obuyigirizwa okuva mu Ekyamateeka:

Abantu ba Katonda baalina obuvunaanyizibwa okufumiitiriza ku biragiro ebyo, okubikumira mu mitima gyabwe. Kino kyabasobozesa okutegeera Amateeka n'okugassa mu nkola. Oluvannyuma abazadde baali basobola okutaeeka ku mitima gy'abaana baabwe. Obuyigirize bw'abaana obw'empisa n'obwa Baibuli bwatuukirizibwa bulungi si mu kiseera eky'okuyigiriza ekitegeekebwa buli lunaku wabula abazadde bwe baafuula Katonda n'Ekigambo kye ekitundu ky'embooji eyinza okubaawo buli wamu n'ekiseera kyonna mu lunaku (v. 7).

Essomo 10: Mu Beere Bumu

Okunonyereza okwakolebwa mu 2000 kwalaga nti maama ali mu maka agatalokokanga bwaba nga yasoose okukkiriza Yesu Kristo, emikisa giri 17 ku buli kikumi nti ab'omu maka abalala nabo bajja kumanya Kristo. Taata bw'aba nga y'asoose okukkiriza Yesu Kristo nga Mukama we era Omulokozi we, emikisa giri 93 ku buli 100 nti ab'omu maka abalala bajja kumanya Kristo.

Bataata, mulina amaanyi agava eri Katonda. Gokozese. Togezaako kusulawo buvunaanyizibwa bwo. Nga tusoma ennono zino, tolowooza, `ekyo siyinda kukikola. Mukyala wange mukulembeze mulungi mu by'omwoyo. Amanyi bulungi Bayibuli okusinga nze, n'olwekyo nja kumuleka akikole.' Werabira okutya kwo. Ekyo Katonda ye yakikola era n'akissaawo. Ajja kukuwa amaanyi. Yesu ayagala ofuuke nga ye. Yatuwa ekyokulabirako ekisingayo obulungi ekiraga obukulu bw'okubeera omuyigirizwa n'engeri y'okuyigiriza abalala.

Ng'abazadde, tulina okwekebera buli kiseera okusinzira ku Baibuli, nga tugondera Ebyawandiikibwa okusobola okwewala obunnanfuusi nga tutendeka abaana baffe. Katonda tanoonya kutukurira, wabula okukolera awamu naye, era ayagala enkyukakyuka. Bw'oba ng'okozesa okuboggola n'okuyomba ng'ekitundu ku kugunjula, ng'okikirira bubi ku Kristo, n'obutakulembera ng'osaba Katonda n'ab'omu maka go okusonyiyibwa, kino kijja kukulemesa okufuna obuwulize bw'abaana bo. Katonda asonyiwa ensobi zaffe, naye tulina okugondera ennono ze okusobola okuleetawo enkyukakyuka mu ffe n'abalala

Okwekebera

Abazadde balina okuba obumu mu birowoozo ne mu kusalawo, nga bali kimu. Nnyonnyola Ebyawandiikibwa kye byogera ku nnono za Baibuli ez'obumu. Ng'abafumbo, laga we mulina okweyongera okubeera obumu.

Naye mbeegayirira, ab'oluganda, olw'erinnya lya Mukama waffe Yesu Kristo, mukkiriziganye mwekka na mwekka, okwawukana kulemenga okuba mu mmwe, naye mube n'omutima gumu n'okulowooza kumu. (1 Bakolinso 1:10)

mutuukirize essanyu lyange, mulowoozenga bumu, nga mulina okwagala kumu, omwoyo gumu, nga mulowooza bumu. (Abafiripi 2:2).

Emisingi zino zikwata ku maka gonna ag'abazadde ababiri omuli n'amaka ag'omugatte. Maama, bw'oba oline omwami atali mulokole, osobola okuyigiriza abaana bo? Yee. Bw'oba oli maama

ali akuza abaana obw'omu, osobola okuyigiriza abaana bo? Yee. Ate bw'oba oli jjajja oba omuzadde omukuza? Yee, kisoboka.

Ekikozesebwa Eky'Amaanyi eky'Okusaba

Okusaba kulina okuba ekitundu ekikulu eky'obuyigirizwa. Ekigambo kya Katonda kitugamba nti tuteekwa "okusaba awatali kulekera awo" (1 Abasessaloniika 5:17). Katonda atugamba okujja gy'ali n'obuvumu (Abaebbulaniya 4:16); "okusaba, okunoonya, n'okunkona." (Matayo 7:7); n'okuleeta byonna mu kusaba." (Abafiripi 4:6). Ng'abakulembeze b'amaka, bataata basaanidde okusabira awamu ne bakyala baabwe n'abaana baabwe buli lunaku. Taata alina okulowooza ku ky'okuba ekyokulabirako ekirungi mu buli kimu. Katonda atuwadde eky'okukozesa eky'amaanyi eky'okusaba, n'olwekyo tusaanidde okukigatta mu bulamu bwaffe obwa bulijjo. Mu kifo kya taata eyavaawo oba ataaliwo, bamaama abakuza abaana obw'omu basobola okubeera ebintu bino byonna eri abaana baabwe.

Mu maka gange, nze nzekka eyawulira muwala wange omuto ng'asaba. Teyasabanga mu maaso ga mukyala wange oba baganda be. Weyatuukira mu myaka gye egy'obutiini, yali asaba n'amagezi mangi n'ekigendererwa okusinga abantu abakulu abasinga obungi: nga asabira amaanyi ga Katonda, okusonyiyibwa ebibi bye, mikwano gye n'ab'omu maka ge, olw'obulokozi bw'abantu. Okusaba kwe kwateera nga nyo okundeteera amaziga. Nfunye omukisa ogw'okumulaba ng'akula n'afuuka omukyala omuto ow'okusaba kubanga buli kiro twasabiranga wamu. Oluvannyuma lw'okusaba ne muwala wange, abalenzi bange abatiini b'atwegattanga ko ne mukyala wange mu kisenge kyaffe era ffenna twasabiranga wamu. Kyali kya maanyi nnyo era gwali mukisa munene.

Okubateekamu Ekigambo kya Katonda

Okuyigiriza abaana baffe Ekigambo kya Katonda gwe mutima gw'obuyigirizwa. Katonda atugamba "okufuba okulaba nga, ku kukkiriza kwammwe mwongerako obulungi, era ne ku bulungi bwammwe mwongerako okutegeera;" (2 Peetero 1:5). Tuteekwa okufuba okuyiga Ekigambo kya Katonda ffekka, olwo tusobole okwongerayo Ekigambo eri abaana baffe. "Okufuba n'obunyiikivu bwonna" kiraga enkola etekomao, etataataaganyizibwa. Okusobola okukola ekyo, tusaanidde okuyiga Baibuli obutayosa, so si ng'ofunye obudde. Olina okukola enteekateeka n'okuginywererako.

Abafumbo basobola okugabana emirimu, singa ekyo kikukolera. Nnayigiriza batabani bange nga bakyali bato. Okuva muwala wange lwe yali asomera awaka, mukyala wange yamuyigirizanga Kristo. Bwe twabanga n'okuyiga Baibuli buli wiiki, ffenna twakunjaananga wamu. Era nnatwalanga obudde okubeera ne muwala wange akawungeezi nga tusaba ffembi. Nnamusabanga okugabana nga mmubuuza nti, "Kiki ky'oyize leero mu budde bwo obw'okusoma Baibuli?" Ekyo kyannyamba okugaziya ku ebyo bye yali ayiga n'okulabirira okukulaakulana kwe mu by'omwoyo.

Emitendera musanvu egy'okuyiga Baibuli buli wiiki

Omutendera 1: Kikuume nga kyangu

Ekigendererwa kwe kuteeka Ekigambo kya Katonda mu mutima gw'omwana wo, so si kufulumya mukugu wa Baibuli. Waliwo ebintu bingi, eby'emyaka egy'enjawulo bisobola okukuyamba okuyiga Bayibuli. Laba olukalala olumpi mu Ky'ongerezedwako D: Ebitabo ebisembewa.

Omutendera 2: Kikuume nga kimpi.

Ab'omu maka ba wakuna mu mbanga lye bamala nga bakyayingiza obyogerawa. Jjukira nti esiseera ky'okuyiga Baibuli kyandibadde kiseera kya kusanyusa mu maka, so si kusomesebwa.

Bwenatandika okusoma Baibuli nabaana bange, nali Musumba wa bavubuka era abaana bange ebiseera ebyo bali bakyali bato nyo. Emirundi emitono lwe nakikolanga, mutani wange Nick nga taterera wamu, yayingiranga n'atuula waggulu ku ntebe nga yesulise, nga bwasuula pillow mu bbanga. Kyali kimalamu amaanyi.

"Nicholas tuula wansi. Kikomye. Tuli mu kaseera ka kuyiga Baibuli Kati."

Bwe twagenda okwebaka, mukyala wange yagamba nti, "Mukwano, bw'oba osomesa mu siniya, onyumirwa nabo. Kati lwaki, bwekituuka ku baana bo bennyini, obeera mukambwe?"

Ss'alina kya kuddamu. N'olwekyo, nnayiga okufuula ebiseera byaffe eby'okubeera awamu nga byasanyu so si kusomesa. Chocolate shakes ne popcorn si kibi. Ate era nnakitegeera nti Nick awuliriza bulungi bwaba yesulise.

Omutendera 3: Kifuule kya ssanyu.

Jjaye okwagala kwo n'essanyu lyo olw'okukkiriza, oluvannyuma ekyo okiwe abaana bo. Oli musanyufu okubeera mu Kigambo? Oli musanyufu olw'ebyo Katonda by'akugambye leero? Oli musanyufu okulaba omulimu Katonda gw'akola mu ggwe n'emiriraano? Bw'oba toli musanyufu, buli kiseera ojja kuba nga awa omusomo.

Batabani baffe bwe baali abato, baalaba firimu z'eki Kristayo ezikwata ku bantu abali mu Bayibuli. Mutabani wange Nicholas, nga kati omusajja, akyajjukira ebintu bye yalaba ku vidiyo ezo ng'akyali muto.

Nze ne muwala wange twali tuzannya emizannyo gya Bayibuli nga muto. Emirundi mingi twazannyanga emirundi esatu egy'omuddirinjana. Twali tuyinza okumala essaawa ezisukka mu emu nga tusoma Baibuli mu ngeri eyo. Yasikangayo akapapula akaliko ekibuuzo n'ekyokuddamu. Nnali nsobola okunnyonyola eby'okuddamu mu bibuuzo ebyo, era yali akyagala nnyo.

Omutendera 4: Genda n'enkyukakyuka

Amaka gonna gafuna embeera ze batasuubira. Abaana bo bayinza okutandika okugenda okuyiga omupiira oba baseball oba okuzina, era tolina kugamba nti, "Nedda, tosobola kuzannya baseball kubanga ku Lwokuna ekiro tuyiga Bayibuli."

Ndowooza amaka gaffe gakoze okuyiga kwa Baibuli buli kiro mu wiiki mu kiseera ekimu. Nick yatandika okukuba bbandi. Okuva lwe yantandika okutendekebwa mu bbandi, twasengula olunaku lw'okuyiga baibuli ne tuluzza ku Ssande ekiro. Oluvannyuma Justin yayingira omupiira gwa volleyball era yantandika okutendekebwa. Bwe kityo twakikyusa ne tudda ku Lwokubiri ekiro.

Olina okuba ng'okyusaamu, naye tekitegeeza nti ekintu kyonna ekiyinda okugwaawo kiyinda okuba eky'okwekwasa okuyiga Baibuli.

Omutendera 5: Lemerako

Wadde ng'oluusi kiba kyetaagisa okugenda n'enkyukakyuka, olina okusigala nga okubiriza okuyiga Baibuli, bw'otyo n'osigala ng'okuma obweyamobwo. Katonda awo omukisa obuwulize.

Ng'ekyokulabirako, abazadde bakunjaanya amaka gaabwe okumala emyezi egiwerako okuyiga Baibuli, oluvannyuma ekiseera ky'omusana ne kijja oba ab'omu maka ne bagenda mu luwummula. Okusoma Baibuli kuyimirizibwa, era bagamba nti bajja kuddamu wiiki ejja, oba wiiki eddirira, oba oboolyawo oluvannyuma lwa wiiki ssatu. Oluvannyuma lw'ekiseera, wabaawo obuzibu mu nnyumba yaabwe, olwo ne bakitegeera nti kati wayiseewo emyezi okuva ab'omu maka lwe bakunjaana okuyiga Baibuli.

Omutendera 6: Beera wamazima mu kusubira kwo

Kuumira wangulu omutindo gwo naye nga by'osubira obikumira mw'ekyo ekisobooka. Okuyigiriza omwana wo ebikwata ku Katonda kugenda mu maaso obulamu bwo bwonna. Osiga ensigo ez'omuwendo ezijja okutwala obudde okumera, okukula obulungi n'okubala ebibala. Jjukira nti okwagala kye kisinga okukubiriza, n'olwekyo wekumire wakati w'okwagala n'okugunjula nga bw'oyigiriza n'okutendeka buli mwana.

Taata omu yanjamba nti yaleeteranga abaana be okusoma essuula okuva mu Baibuli buli lunaku n'okuwandiika olupapula lumu ku ebyo by'egamba gye bali. Yali mukakafu nti yali ayigiriza abaana be Bayibuli, naye okuva ku ntunula ya mukyala we, nnakiraba nti omukyala oyo yali takkiriziganya na nkola ye. Namubuuza ekyaliwo nga tebajjuza lupapula lwonna oba nga bye baawandiise tebikkirizibwa. Yantegeeza n'okwenyumiriza okwamaanyi nti abalagira okuddamu ne bawandika.

Kozesa ebintu n'engeri y'okuyigiriza etuukana n'emyaka n'obusobozi bw'abayizi bo. Abazadde abakalubizibwa okutegeera eky'okukola, oba engeri y'okufula ekiseera ky'okuyiga Baibuli okuba ey'esanyu, saba omusomesa okuva mu Ssande school oba osobola okutuula n'olaba engeri gye bakolaganamu n'abaana. Noonya ekiyinda okuleetera abaana okwagala okuyiga era osabe omusomesa akuyambeko katono.

Omutendera 7: Tandika

Oboolyawo eddala elisinga obukulu mu kyiga Baibulu kwe kutandika. Enkyukakyuka buli kiseera ettisamu era oyinza okutya nti ebintu tebijja kutambula nga bw'otegese. Weekenneenye ensonga eziri waggulu era saba Katonda akuwe amagezi n'amaanyi okukolera amaka go by'ayagala. Tokkiriza kutya, amalala, omulimu gwo, oba okutya nti tojja kusobola okukulemesa. Olina obuyinza bungi okukyusa abaana bo okusinga omuntu omulala yenna. Bukozese gye bali. Bagwala, era baagala nnyo okubawa obudde n'okulabirirwa kwe kizadde.

Lumu mu kiseera ky'omusana, twakozesanga akatabo ak'owewayo eri Katonda akayitibwa 'Our Daily Bread' kubanga ebintu byali bikoya. Justin yasoma Ebyawandiikibwa, Nick n'asoma olugero, buli omu n'awa eboroozo bye, era ne tusaba. Kyali kyangu naye nga kikola bulungi.

Abaana bange bwe baali abattini, ne mbalaba nga bagudewo Bayibuli zaabwe, kyampa omukisa. Baali bakuze ekimala okusobola okwenonyeza Ekigambo kya Katonda. Bwe nnali nkyali muvubuka, ekintu kye nnali nsembayo okulonda ye Bayibuli. Ekyo nali sikirowoozanako. Nali sisobola kufuna budde kukola kintu ng'ekyo.

N'okutuusa leero nkubiriza abaana bange okubeera mu Kigambo n'okusaba obutayosa. Nnabayigiriza engeri y'okubeera n'ekiseera eky'obwa ssekinomu eky'okusaba n'oyiga ekigambo kya Katonda buli lunaku, naye ffenna twetaaga okuzzibwamu amaanyi olumu na lumu.

Tokkiriza nsi kulagira baana bo bye bakkiriza. Fuba okufuula abana bo abayigirizwa.

Ebyongerezeddwako Eby'okukozesa

Eby'ongerezeddwako bino bigatidwako ng'ebikozesebwa ebirala. Bisangibwa mu miszingo ennya gyona, naye si buli muzingo nti gusangibwamu buli by'ongerezeddwako. Bw'oba oyagala okwekenneenya eky'ongerezeddwako ekituufu, funa we kiri mu lukalala luno wammanga.

Ekyongerezeddwako A: Ebbaluwa y'obweyamo bw'abazadde	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako B: Okuwaayo Obulamu Bwo eri Kristo	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako C: Okukulaakulanya Enkolagana ey'oku lusegere ne Katonda buli lunaku	Omuzingo 1
Ekyongerezeddwako D: Ebitabo Ebisembewa	Omuzingo 1& 3
Ekyongerezeddwako E: Obwesige n'okusonyiwa	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako F: Okwekebeera Mu Bulungi Bw'okuwuliriza	Omuzingo 2 & 4
Ekyongerezeddwako G: Okulongoosa Empuliziganya Yo ey'Okwagala	Omuzingo 2 & 4
Ekyongerezeddwako H: Okulaga Omwana Wo Okwagala	Omuzingo 2
Ekyongerezeddwako I: Ebintu Ebikulu eri Abazadde abali Obw'omu	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako J: Okukuza Abaana Mu Maka ag'omugaate	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako K: Okukulemba Omwana Eri Kristo	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako L: Eby'amasanyu Ebitasaana	Omuzingo 3
Ekyongerezeddwako M: Okukangavvula Enneeyisa	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako N: Amateeka n'Ebivaamu	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako O: Okubiriza n'ebirabo	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako P: Olukalala lw'emirimu gy'awaka	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako Q: Ebibuuzo eri Abatiini	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako R: Ebibuuzo eri abavubuuka	Omuzingo 4
Ekyongerezeddwako S: Okwekebeera kw'abazadde	Omuzingo 1-4
Ekyongerezeddwako T: Enkuluze	

Ekyongerezeddwako D: Ebitabo Ebisembebwa

Wadde ng'ebitabo bingi ebirungi ennyo biriwo okwongera okunyweza enkolagana yo ne Katonda, tukuwa amagezi bino wammanga okukulungama, okukuyigiriza, n'okukusoomooza.

Ebitabo by'Obuyigirizwa

Experiencing God: Knowing and Doing the Will of God by Henry T. Blackaby, Richard Blackaby, and Claude V. King

Man to Man by Charles R. Swindoll

Marriage Is a Ministry series by Craig Caster

Men of Courage: God's Call to Move Beyond the Silence of Adam by Dr. Larry Crabb

Parenting Is a Ministry series by Craig Caster

Understanding Teens series by Craig Caster

Ebitabo Ebikwata ku Kwewayo eri Katonda

Daily Experience with God by Andrew Murray

Drawing Near: Daily Readings for a Deeper Faith by John F. MacArthur

Every Day with Jesus: First Steps with New Believers by Greg Laurie

Experiencing God: Knowing and Doing the Will of God by Henry T. Blackaby, Richard Blackaby, and Claude V. King

Meet the Bible: A Panorama of God's Word in 366 Daily Readings and Reflections by Brenda Quinn and Philip Yancey

Moments Together for Couples by Dennis and Barbara Rainey

My Utmost for His Highest by Oswald Chambers

On the Other Side of the Garden: Biblical Womanhood by Virginia Ruth Fugate

Our Daily Bread, simple digital and printed devotionals at <https://odb.org/>

Self-Confrontation by John C. Broger

Streams in the Desert by Mrs. Charles E. Cowman

The Love Dare Day by Day: A Year of Devotions for Couples by Stephen and Alex Kendrick

The One Year Book of Psalms by William J. Peterson and Randy Petersen

Ebikozesebwa mu kwewaayo n'okufuuka abayigirizwa eri abatiini

Bad to the Bone: Fifteen Young Bible Heroes Who Lived Radical Lives for God by Miles McPherson Bible app by YouVersion (available on Apple and Android)

BibleProject podcasts and videos, <https://bibleproject.com/>

Growing Little Women: Capturing Teachable Moments with Your Daughter by Donna J. Miller, with Linda Holland

Josh McDowell Daily Devotions, subscribe online at josh.org/resources/youth-family/daily-devotions/youth/

alksheets by David Lynn (various books for junior high and high school) *Youth Devotions* by Josh McDowell

Ekyongerezeddwako I: Ebintu Ebikulu eri Abazadde Abali Obw'omu.

Enteekateeka ya Katonda eyasooka mu maka kwe kugatta omusajja n'omukazi mu kwagala n'okwemalira ku bufumbo. Oluvannyuma yawanga omukisa okwagala kwabwe n'okwemalira ku kirabo ky'abaana. Mu mbeera ey'omukwano, okwagala, n'okugondera Omutonzi waabwe, abazadde bandibadde baagala n'okutendeka abaana baabwe mu makubo ga Katonda. Katonda yali ayagala ebibala by'obufumbo bibeere abaana abatya Katonda.

¹⁴Mwebuuza nti, "Lwaki?" Kubanga Mukama yabanga mujulirwa eri ggwe n'eri omukazi ow'omu buvubuka bwo, gwe wakuusakuusa, newakubadde nga ye munno era omukazi gwe walagaana naye endagaano. ¹⁵Era teyakola omu? Newakubadde nga yalina omwoyo ogwafikkawo? Era yakolera ki omu? Yali anoonya ezzadde eriritya Katonda. Kale mwekuumenga omwoyo gwammwe, so tewabangawo akuusakuusa omukazi ow'omu buvubuka bwe. (Malachi 2:14-15)

Omusajja n'omukazi bwe baakyuka okuva ku mutonzi waabwe ne boonoona mu lusuku Adeni, enkolagana yaabwe ne Katonda n'esaanawo, ne bagobebwa mu lusuku, era enteekateeka ya Katonda eyasooka ey'amaka yakosebwa. Okugwa kwaleetawo enjawukana n'enkaayana wakati w'omusajja n'omukazi, ekyagenda mu maaso n'okufuga n'okwonoona enkolagana y'abasajja n'abakazi n'obufumbo n'ennaku zino. Ng'oggyeko ekyo, abaana b'omu bufumbo baasikira ekibi kya bazadde baabwe era ne bafuna ebizibu ng'ebyo. Amaka g'omuzadde ali obwannamunigina, agaava mu kufa, okwawukana n'abaana abazaalibwa bamaama abatali bafumbo, gaava ku kugwa kw'omusajja.

Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko, era, Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka." (Matayo 19:8).

Amaka g'omuzadde omu agaasooka okuwandiikibwa mu Byawandiikibwa gaali ga Agali, Ibulaamu n'omuwala Omumisiri eyali omuddu wa Salaayi (Ibulayimu ne Saala) ne mutabani we Yisimayiri, ibulaamu gwe yazaala. Salaayi yali tasobola kuzaala baana, n'olwekyo yakubiriza bba okuzaala omwana ne Agali. Oluvannyuma Salaayi yakyusa endowooza ye n'akyawa Agali ne mutabani we. Emirundi ebiri, Agali yasisinkana Katonda.

Agali yasooka kuisinkana Katonda nga tannazaala mwana we. Salaayi yamuyisa bubi nnyo n'addukira mu ddungu. Katonda n'amusisinkana, n'amukakasa nti yawulira ennaku ye. Yamubuulirira addeyo ewuwe era n'amulagira okutuuma mutabani we Erinnya Yisimayiri, ekitegeeza nti "Katonda awulira."

Oluvannyuma lw'emyaka mitono, ye ne Yisimayiri, abaava mu maka ga Ibulaamu, baavaayo ne batambula mu ddungu. Olw'okuba yali mukakafu nti yali anaatera okufa ne mutabani we, yayimusa eddobozi lye n'akaaba. Katonda yakakasa nate omuzadde ono ali obwannamunigina nti ye Katonda awulira. Katonda yamubudaabuda, n'amubuulirira, era n'amuggula amaaso eri bye yali ayagala n'ab'omu maka ge.

¹⁷Ayi Mukama, wawulira abawombeefu bye bakusaba,

onyweze omutima gwabwe,
era obawulirize.

¹⁸Onoolamulanga abataliiko kitaabwe n'abajoogebwa mu bwenkanya.

Abantu obuntu balemenga kubatiisatiisanga. (Zabuli 10:17-18)

Soma ebikwata ku Agali ne yisimayiri mu Olubereberye 16:1–16 ne 21:9–21. Obuwangwa bwaffe bukyuse nnyo okuva amaka gano lwe gaaliwo emyaka enkumi n'enkumi emabega, naye abazadde abali obwannamunigina leero balina ebizibu bingi bye bimu, ebyetaago, enneewulira n'obusimo. Wadde nga bayibuli eyogera ku mukazi, bataata abali obwannamunigina ne bamaama abali obwannamunigina bamanyi obulumu obw'okugaanibwa, ekiwuubaalo, okutya ku lw'abaana baabwe, n'ebizibu by'eby'enfuna. Lowooza ku nnono zino wammanga ze tuyigira ku Ebyo Agali bye yayitaamu ne Katonda awulira.

- Malayika wa Mukama (okulabika kwa Yesu Kristo mu ndagaano enkadde) yasanga Agaali mu ddungu.
- Malayika wa Mukama n'amulung'ama wakati mu nnaku ye.
- Yamuwa ebisubizo bye
- Yamuwa essubi ery'ebiseera bye eby'omu maaso wamu namagenda ga mutabani we
- Agali yamuddamu n'okukkiriza ng'ayita Katonda *El Roi*, Katonda alaba.
- Katonda yawulira okukaaba kwa mutabani we
- Yayogera ne Agali ku mbeera yobulamu bwa mutabani we.
- Katonda yalagira Agali asitule mutabani we mu mikono gye
- Katonda yazibula amaaso ga Agali okumulaga obugabirizi bwe.
- Katonda yali wamu ne Yisimayiri.

Ekintu ekikulu kye tuyiga mu lugero luno luri nti Katonda alaba, awulira, afaayo era alindirira okuyingira mu maka g'omuzadde omu. Ayagala nnyo abaana abali mu maka gano, abaana abafiiriddwa olw'okufa, okwawukana kw'abazade oba okulekebawo abo Katonda be yayita okubaagala n'okubatendeka. Tukimanya nti Katonda takoma ku kuwulira wabula awonya. Katonda alindirira okulaga obwesigwa bwe n'amaanyi ge gy'oli n'abaana bo. Olina okuddamu nga Agali, n'obwesige n'obuwulize.

Ennono z'Amaka g'Omuzadde Omu

1. Funa amaanyi go n'okulung'amizibwa kwo buli lunaku okuva eri Mukama
2. Abazadde abali obw'omu balina okubeera ne Mukama waffe buli lunaku. Singa eby'okukola ebingi biggyaawo nkolagana yaffe ne Kristo, mu kiseera ekitali kya wala tujja kwesanga nga tetulina maanyi era nga tuweddemu amaanyi olw'embeera gye tulimu.
3. Twetaaga endowooza ya Katonda, amagezi, essubi, n'obulagirizi buli lunaku. Abazadde bateekwa okuteekawo ekyokulabirako ekirungi, nga balaga abaana baabwe engeri gye kifaananamu okubeera mu bulamu obw'okutya Katonda mu mbeera enzibu.

Ateesobola yeewaayo gy'oli,

Bulijjo bamulekwa ggwe obayamba. (Zabuli 10:14)

4. Kubiliza abaana bo okubeera n'enkolagana n'omuzadde omulala
5. Ne bwe kiba nti omuzadde omulala tatuukiriza buvunaanyizibwa bwe nga Baibuli bw'esomessa, abaana bo balina okuba n'enkolagana ennungi n'omuzadde oyo. Tewekkiranya ku mwana wo okubeera bulungi mu mubiri oba mu birowoozo. Omwana wo bw'akula, ajja kwesalirawo ku nkolagana ye n'omuzadde omulala.
6. Tekamu amanyi okutumbula obumu eri omuzadde omulala.
7. Bwe kiba kisoboka, mukkaanya ku mateeka go n'engeri y'okangavvulwamu. Kino okusobola okubaawo, abazadde balina okweggyamu okwerowoozaako n'obutasonyiwa. Obulamu buyinza okutawaanya n'okubuzaabuza omwana alina okudda eno n'eri mu maka ag'enjawulo. Abazadde bwe basobola okukolera awamu kiyamba okumalawo obumu ku buzibu buno. Abaana bwe balaba bazadde baabwe nga bakolera wamu kibawa omukisa. Kino oluusi tekisoboka. Toteeka mwana wo oba ggwe kennyini mu mbeera ey'akabi oba ey'obulabe.

Oba nga kiyinzika, ku luuyi lwammwe, mutabaganenga n'abantu bonna.
(Abaruumi 12:18)

8. Kiriza omwana wo bw'aba ayagala okulaba omuzadde omulala
9. Tolina kuyisibwa bubi olw'okuba abaana bo bamala ebiseera n'abazadde baabwe abalala. Endowooza yo esobola okuleetawo obuzibu mu nneeyisa. Enkyukakyuka yokka nzibu nnyo ku baana. Tokkiriza ndowooza mbi ku ludda lwo kwongera ku bunkenke. Beera mwetegefu okuwuliriza omwana wo ng'atuuse awaka oluvannyuma lw'okukyalira omuzadde omulala, ng'oli mwetegefu okumuuliriza n'okumulaga essanyu singa aba musanyufu. Bwe kiba kyetaagisa, mubajjukize nti bali waka amateeka gammwe gye kola.
10. Weenywereze n'abaana bo mu kkanisa eyigiriza Bayibuli.
11. Wadde nga tewali kkanisa etuukiridde, waliwo ekkansa etuukiridde gy'oli n'abaana bo. Ekigambo kya Katonda kitukubiriza okukola bino wammanga:
obutalekanga kukunjaana wamu, ng'abalala bwe bayisa, naye nga tubuulirira, era nga tweyongeranga okukola ebyo bwe tutyo, nga bwe mulaba Olunaku luli nga lunaatera okutuuka. (Abetulaniya 10:25)

Abasimbirwa mu nnyumba ya Mukama
Bakulira mu mpya za Katonda waffe. (Zabuli 92:13)

12. Ekkansa ye famire ya Katonda. Abaana bo beetaaga okwagala, obutebenkevu, obulagirizi, n'okukuzibwa abalala ab'omu nyumba ya Katonda. Abaana okuva mu maka g'omuzadde omu beetaaga okubeera n'ekyokulabirako ekirungi n'okulaba engeri amaka g'abazadde ababiri gye gakolamu.

Kitaabwe w'abo abatalina bakitaabwe,
era omukuumi wa bannamwandu,
Oyo ye Katonda mu kifo kye ekitukuvu ky'atuulamu. (Zabuli 68:5-6).

Okutukirila mu katonda kwekuno: okukyalila ba mulekwa ne ba namwandu nga bali mubuzibu (Yakobo 1:27)

13. Fuba okukolagana, okunjaana, n'okuba n'ebiseera eby'essanyu n'ab'omu maka g'Abakristaayo abalala.

14. Olw'okuba si bafumbo, abazadde bangi abali obwannamunigina balowooza nti tebagya era nti tebakwatagana na bafumbo. Wadde olw'okuba bazadde, nabo tebawulira nti bakwatagana n'abatali bafumbo. Kino kiyinza okuvaamu ekiwuubaalo n'okweyawula ku balala. Abazadde bwe baba nga bali mu kiwuubaalo era nga beeyawula ku balala, abaana baabwe bajja kugoberera ekyokulabirako kyabwe oba beenonyeze okolagana n'abalala ku lwabwe. Kozesa omukisa gw'ab'enganda abalala, emikolo gy'abaana bo egy'essomero, n'emikisa gy'okwenyigira mu nkunjana n'emikolo okuyitira mu kkanisa yo.

naye bwe tutambulira mu musana, nga ye bw'ali mu musana, tussa kimu fekka na fekka, n'omusaayi gwa Yesu Omwana we gutunaazaako ekibi kyonna. (1 Yokaana 1:7).

15. Bwe wabaawo obwetaavu, noonya okuwaburwa okw'obwa Katonda.

16. Bw'oba ng'owulira nti waliwo ensonga n'embeera mu bulamu bwo oba mu bulamu bw'abaana bo ebyetaaga okufibwaako amangu n'okugonjoolwa, oyinza okunoonya okuwaburwa okuva eri omusumba wo oba omuwabuzi Omukristaayo omukugu.

Okulunjanama okw'amagezi nga kubuze, abantu bagwa:

Naye awali abawi b'amagezi abangi, we waba emirembe. (Engero 11:14)

Ekkubo ery'omusirusiru ddungi mu maaso ge ye:

Naye ow'amagezi awuliriza bye bamubuulirira. (Engero 12:15).

Ekyongerezeddwako J: Okukuza Abaana Mu Maka ag'omugaate

Omutendera gw'ofuna obumu guyinza okuizibuwala eri abazadde n'abaana. Ensonga etaano zino wammanga by'ebisomooza amaka agagattibwa bye gasinga okusanga. Eky'ongerezeddwako kino kijja kukuyamba okumanya ebizibu n'okuwa amagezi agasobola okukuyamba okubigonjoola.

1. Okufiirwa nokukosebwa

Famire zino ebiseera ebisinga babeera no bulumi ku mitima jabwe ne kikosa abazadde nabaana. Okwawukana mu bafumbo kubeera wo olwensonga nyingi, naye yadde biri bwebityo abaana nabazadde bakosebwa. Kirungi nti abazadde babeera bo bamanyi ensonga lwaki bayawukanye, lwakuba mu butonde mubaamu okwekwaasa nga onenya omulala, ne kitegeeza nti omwami no mukyala olusi babeera ne nsonga zabwe lwaki bawukana.

Omuntu yenna bwaba tamanyi kwagala kwa katonda ngomusajja, omukyala, oba omuzadde yenna, batya mazima ddala bwebanetegerezamu boka na boka wa webalemereddwa mu bufumbo?

Tosala musango, nawe guli kusalira, ekikutunuliza kiki akasubi akali ku liiso lyamugandawo mu kifo kyakali ku liiso lyo? Oba kanzijeko akasubi akali ku liiso lya muganda wo newelabira Okujjako ensenke eri ku liiso lyo? Munanfuusi gwe sooka ojjeke akali ku liiso lyo osooke olabe bulungi Okujjako akali ku liiso lya muganda wo. (matayo 7:2-7)

Engeri ziri nya eziyitibwamu okuwona

Esooka 1: Funa obudde ononyereze ku kwagala kwa katonda kwe yetaaga eri omwami no mukyala.

Bwoba nga gwe toli kyakulabilako era nga tewatendekebwa mu mpisa ezokubeera omwami oba omukyala, omukisa guli waggulu nyo okusobya buli kadde. Okuwonyezebwa, nobutaddamu ku kola nsobi, olina okunonyereza okwagala kwa katonda okusobola 9kubeera omwami oba omukyala anabeera omuzadde omurungi.

Sooka ojjeke ensenke eri ku liiso lyo gwe "(matayo 7:5)

kitegeeza kusooka kumanya nsobi zo ngokozesa ekigambo kya katonda ngekikozesebwa. Tulina akatabo okuva mu FDM world, kayitibwa Obufumbo nabwo buwereza. Ojjakuyiga omugaso gwobufumbo nebyogoberera okutukiriza omwagalwa wo byeyetaaga.

Jukira, Katonda yatonda wo amaka era bwetutamutunulira kutambuliza bufumbo ku ye era ne kigambo kye mubutuufu bwakyo, netutambulira ku ntegeera yaffe kibi.

Omutendera ogw'okubiri: Nonya okuwonyezebwa ngoyita mu kusonyiwa.

Yesu kristo ye yekka asobola okuwonya omutima gwoyo yenna abeera akosedwa ngali mu bufumbo obwawukanye, Bwoba oyagala okuwonyezebwa no kugenda mu maaso olina okugoberera emitendera gino gyonna.

Bwetwenenya ebibi byaffe, ye wamazima era wakisa okutusonyiwa nokutunaazako ebibi byaffe byonna n'obutali butukirivu. (1 Yokaana 1:19)

Tulina okwenenya eri katonda ebibi byaffe, ebintu byonna okuyita mu kigambo kye okutereza mu bufumbo bwamwe wemulemaganye. Nga ffe abakristayo tulaba ensobi zaffe eri abo betukosa oba nebibi byetusobya okuyita mu butamanya.

Oyo abikka ku kusobya kwe taberera, naye ayatula ebibi bye nabileka afuna ekisa okuva eri katonda (Engero 28:13)

Era tulina okwatula ebibi byaffe eri abo betuba tusobezaako. Era oyatule namakubo go eri omulala, musabire naye asobole okuwonyezebwa (Yakobo 5:16)

Oyagala okuwonyezebwa eri obulumu bwokwawukana no mwagalwa wo, jukira yakobo 5:16. Bwetukola kino tuba tuwonyezedwa.

Omutendera ogwokusatu: Olina okuba nga oli mwetegefu okusonyiwa.

Buli lwoyimirira okusaba sonyiwa abo bonna abakusobya nga Kitaffe ali mu ggulu bwasonyiwa okusobya kwo. (Makko 11:25)

Osobola okumuwandikira akabaluwa ne bwekaba katono oba email ngomusaba akusonyiwe, okubasaba okusonyiwa tekitegeeza nti kyebakola kyali kirungi oba kituufu, ekigendererwa kyokusonyiwa kya kristo okukola okwagala kwe, ojjakulaba mu Appendix E Obwesigwa no kusonyiwa mu volume 2.

Omutendera ogwokuna: Okunoonya okutabagana nabagarwa bewayawukana n'abo olusi tekiba kyangu.

N'olwekyo bwoleetanga saddaka eri kukyoto kya Mukama, nomala ojukira owoluganda akulinako akakuku, leka awo Ssadaaka yo osooke otabagane naye awo olyoke ojje oweeyo Ssadaaka yo. (Matayo 5:23)

Okutabagana nabagarwa bewayawukana nabo oba baganda bo oba baana kitegeeza ebintu bingi:

- Mukiriziganye obutayogera bubu buli omu eri munne, nadala mu maaso ga baana.
- Temukubaganya nsonga ezimu nga abaana bawulira okugeza (ebyensimbi, okuwagira abaana nendala nyingi)
- Gezaako Okukwasaganya ebilangiro nokukwasisa empisa abaana kiyambe okukendeeza okutaburwa nokubakuza mu ngeri esanidde.
- Mukolere wamu nga mutabagana nabaana webetagira obuyambi bwomuzadde, mufuneko obudde mutabagane ko ne famire endala, oba nemu luwumula.

Okuvuma, okutabanguka, omwenge, oba okweyisa mu mpisa etali nungi kikola kinene ku nsonga lwaki okutabagana kizibu. Natlye bwekiba kisoboka osobola okutabagana wasobole okubaawo okutabagana mu mukama waffe. Ate olumu obukaawu buvaawo obwandikosezza abaana. Gwe kakaksa nti omulimu gwo ogukoze ate nga tewekirilanyizza.

Nga Wetegereze nobwegendereza, oyo akendedde mu kisa kya katonda, omulandira gwonna oguleeta obukaawu oguleeta obuzibu obukaawu busobola okwonoona abo abalala abakwetolodde. (Abebulaniya 12:15)

- Osobola okwogera mu ngeri esaana eri muzadde munno.
- Bwoba nga toli mwetegefu nabo okukolera awamu ng'omuzadde
- Obutasonyiwa bwo ng'omuzadde busobola okuleeta okukendeera mu kukiriza. Obunanfusi kyakurwanyisa kyamanyi okuva ewa sitan okulemesa abaana baffe okumanya katonda. Nekileeta obujeemu eri abaana.

Bwojja eri yesu okumutendereza, okufuna okuva jaali, okumusaba obuyambi obuva jaali n'omukisa, oba oyagala akuwulire era akuddemu? Jukira matayo 5:23-24" genda osooke otabagane now'oluganda. Okwesiga mukama kitegeeza Kuba mwetegefu okugondera katonda era nokukola byayagala okole. Wetegese? Saba ekisa okuva jaali akuyambe.

Okuyamba Abaana Bo

Okugattululwa kye kimu ku bintu omwana by'ayinza okumumalamu amaanyi. Abaana abasinga mu maka agatabuddwa bafunye okugezesebwa okuzibu n'ebiwundu ebizito ebitera obutakolebwako nga tebannasabibwa kukkiriza maama wa muto oba taata omuto mpozzi ne bannyinaffe oba baganda ba muto. Ebiseera ebisinga omuzadde anoonya obuyambi bwe mu nneewulira ng'ayita mu mukwano ng'abaana tebannafuna budde kwemanyiiza n'okwefuna okuwona.

Kya bulijjo abaana okukkiriza nti balina obuvunaanyizibwa mu ngeri emu —nti be bavuddeko okwawukana. Balwooza nti singa bandibadde bamala kweyisa bulungi oba okuyamba ennyo mu ngeri emu oba endala olwo okwawukana tekwandibaddewo. Olina okubagumya emirundi mingi nti kino si bwe kiri.

Olina okubagumya nti okweyisa obubi kwabwe okwa bulijjo tekwalina kakwate na kwawukana era tebaalina kye bayinza kukola kuyimiriza kwawukana. Okugumya kuno kwetaaga okuweebwa mu ngeri ey'obukkakkamu n'okusaasira omwana wo mu ngeri ey'ekitalo. Abaana abamu balwana nnyo oba okumala ebbanga okusinga abalala mu kitundu kino. Omu ku baana bo bw'aba atwala ekiseera ekiwanvu ng'ayita mu kino, mugumiikiriza era beera mwetegefu okubawuliriza n'okubagumya n'okwagala n'amazima.

Era kya bulijjo abaana okusoberwa lwaki Katonda yandirekedde kino okubaawo. Omwana tasobola kutegeera lwaki Katonda teyalemesa kwawukana kubaawo singa baba baagala nnyo era nga beetaaga nnyo bazadde baabwe bombi.

Okusooka, yamba omwana wo okulaba ebintu mu ngeri ey'olubeerera.

Beetaaga okutegeera engeri obufuzi bwa Katonda n'olukusa lwe olw'okulabirira gye bikola ku kigendererwa kye ekisembayo, ne mu mbeera eziruma. Abazadde bangi balwooza nti abaana baabwe beetaaga okuba waakiri emyaka kkumi n'ebiri oba okusingawo nga bategeera amazima gano, naye ndabye abaana abato ku myaka mukaaga nga bakwata kino ne bakikiriza. Ekituufu kiri nti abaana basobola bulungi nnyo okutegeera amazima okusinga abantu abakulu. Naye engeri gy'obannyonnyolamu kikulu. Omuzadde yeetaaga okwanjula amazima gano ku ddaala ly'omwana n'okugakkiriza ku lwabwe.

Abantu bonna ab'oku nsi abalooza nga si kintu, era akola nga bw'ayagala mu ggye er'yomu ggulu, era ne mu abo abatuula mu nsi. Tewali ayinza okuziyiza ky'ayagala okukola, wadde okumubuuza nti, "Okola ki?" (Danyeri 4:35)

Ayi Mukama, wannoonya nze, wammanya.

2Omanyi bwe ntuula, era ne bwe ngolokoka,
Otegeera okulowooza kwange nga kukyali wala.

3Onoonyeza ddala ekkubo lyange n'okwebaka kwange,
Era omanyi amagenda gange gonna.

4Kubanga simuli kigambo mu lulimi lwange,
Laba, Ayi Mukama, ggwe ky'otomanyira ddala.

5Onzingizizza mu maaso n'emabega,
Era ontaddeko omukono gwo.

6Okumanya okulinjaanga okwo kwa kitalo, kunnema;
Kwa waggulu, siyinza kukutuukako.

7N'agenda wa okuva eri omwoyo gwo?
Oba naddukira wa amaaso go?

8Bwe nnaalinnya mu ggulu, nga gy'oli;
Bwe nnaayala obuliri bwange mu magombe, laba, nga gy'oli.

9Bwe nnebagala ebiwaawaatiro eby'enkya,
Ne ntuula mu bifo eby'ennyanya ebiri ewala ennyo;

10Newakubadde eyo omukono gwo gunannunjamya,
N'omukono gwo ogwa ddyo gunankwata.

11Bwe ndyogera nti, " Ekizikiza kimbuutikire,
N'omusana ogunneetoolodde gufuuke ekiro;"

12Naye era enzikiza gy'oli teba kizikiza,
Naye ekiro kyakaayakana ng'emisana;
Kubanga enzikiza n'omusana bifaanana w'oli.

13Kubanga ggwe olina omwoyo gwange;
Wammumbira mu lubuto lwa mmange.

14Nkutendereza,
kubanga okukolebwa kwange kwa ntiisa, kwa kitalo;
Emirimu gyo gya kitalo;
N'ekyo emmeeme yange ekimanyidde ddala.

15Tewakisibwa mubiri gwange,

FAYILO Y'AMAZIMA

Omufuzi—Okubeera n'amaanyi ag'oku ntikko, amagezi agataliiko kkomo, obuyinza obujjuvu, amanyi byonna eby'emabega, eby'omu kiseera kino, n'eby'omu maaso.

Bwe nnakolerwa mu kyama,
Bwe nnatondebwa n'amagezi amangi mu bya wansi eby'ensi.

16Amaaso go gaalaba omubiri gwange nga tegunnatuukirira,
Ne mu kitabo kyo ebitundu byange byonna ne biwandiikibwa.
Ebyabumbibwanga buli lunaku buli lunaku,
Bwe byali nga tebinnabaawo n'ekimu.

17Era n'ebirowoozo byo nga bya muwendo mungi gye ndi, Ayi Katonda!
Bwe bigattibwa awamu, nga bingi!

18Bwe mba mbibaze, bisinga omusenyu obungi;
Bwe nzuukuka, nga nkyali wamu naawe. (Zabuli 139:1–18)

Enyiriri zino zisomesa nti katonda atumanyi, enaku zaffe zonna azimanyi era twatondebwa mukifananyi kye. Nga to amanya katonda oba okumukiriza okuba omulokozi wo, yakumanya nenaku zo azimanyi Zona beera kungsi. Katonda yatuwa ekilabo ekyo bulamu kya bwerere. Yakulonda okumugoberera era nakuwa eddembe omukirize oba omugaane (zabuli 139:1-6 MSG).

Ayi Mukama, wannoonya nze, wammanya.
2Omanyi bwe ntuula, era ne bwe ngolokoka,
Otegeera okulowooza kwange nga kukyali wala.
3Onoonyeza ddala ekkubo lyange n'okwebaka kwange,
Era omanyi amagenda gange gonna.
4Kubanga simuli kigambo mu lulimi lwange,
Laba, Ayi Mukama, ggwe ky'otomanyira ddala.
5Onzingizizza mu maaso n'emabega,
Era ontaddeko omukono gwo.
6Okumanya okuliŋgaanga okwo kwa kitalo, kunnema;
Kwa waggulu, siyinja kukutuukako. (Zabuli 139:1–6)

Katonda yawa omuntu eddembe okukola obulungi oba okukola obubi ekyo kitegeeza omuntu okukola ye byayagala. Amazima gali nti abaana bakatonda ba salawo kugwa okugoberera ensi byeyagala. Katonda Singa aziyiza obubi nakola oburungi bokka, abo abatanalokoka tebandisikiriziddwa kukyuka kudda eri eri katonda.

Osobola okuwa omwana wo ekyokulabirako ngokozesa enkolagana yo nabo, osobola okugamba omwana wo nti bwoba ogambye nti onjagala, era nokola kyenkusabye bwenkuwa ekyokuzanyisa awo okikola kubanga olina kyofunye, okwo tekuba kwagala. Si katonda eyatekawo ebintu ebibi okubeerawo era katonda ayagala okukuyamba oyitewo.

Omuntu yenna bw'akemebwanga, tayogeranga nti Katonda ye ankema, kubanga Katonda takemebwa na bubu, era ye yennyini takema muntu yenna. 14Naye buli muntu akemebwa, ng'awalulwa okwegomba kwe ye n'asendebwasendebwa. (Yakobo 1:13–14)

Katonda ye yekka asobola okuyunga emitima egimenyese omwana bwabuuza katonda lwaki aganyiza embeera okutukawo, aba asobeddwa ku lwebyo ebiba biguddewo. Era tebaganya katonda kuyingira mu mitima jabwe egiba gimenyese.

“Kuba omutima gw'abantu bano gusavuwadde,”
“N'amatu gaabwe gawulira bubi,”
“N'amaaso gaabwe bagazibye;”
“Baleme okulaba n'amaaso, n'okuwulira n'amatu,”
“N'okutegeera n'omutima,”
“N'okukyuka,”
“Ne mbawonya.” (Matayo 13:15)

Omwana alina okuyiga okusabira mu kukiriza nga yesiga katonda mu kuteesa kwe, era kiletera abantu okweyisa nga bwe bagala. Balina okusaba katonda Abaya be okubayisa mukaseera akazibu okumusaba awulire esaala yabo abamenyese Emitima. Era addemu abo abaloozoza okunyenyezebwa mu ngeri zonna. Kakasa omwana wo nti obulumi bwoyitamu bwakaseera era okwagala kwa katonda kugenda kuyisawo mu bulumi obwo

Ekyokubiri, kyamugaso nyo okuba nga tebakusunguwalira oba abazadde abalala.

Tunula Wetegereze omuntu yenna bw'agwa wansi okuba ku kisa kyamukama katonda, obukaawu buleeta emitawana era mu kino bangi bawambibwa. (Abebulaniya 12:15).

Bwetunyigira omuntu yenna, kino kiletera naffe okuba abakaawu ffeka na ffeka, tuwulira enaku, obusungu, okutaburwa nokiyisa obubi abantu. Kyekimu no busungu n'obukaawu, Bwoba nga olina akutabudde, olowooza naye awulira nga gwe bwowulira? Yensonga lwaki katonda atusomesa obutaba bakaawu eri bannaffe yadde baba batusobezza, tuba tulina okubasonyiwa abo abatukosezza. Tulina okubasonyiwa kubanga tuba twelumya ffeka bwetutasonyiwa.

Okubeera abakaawu, okunyigira omuntu yenna, nobutasonyiwa kilinganga kulya butwa. Nga katonda bwatasonyiwa ebibi byaffe, atugamba tulina okusonyiwa abatusobya (Makko 11:25)

Gabanako wamu nabo nti okusonyiwa kikutula olujegere lwokubonabona. Nokujjawo ebiziyiza byonna, empisa ezonoona emilandira egiva ku kukosebwa. Okusonyiwa kijjawo byonna, kikomyawo enkolagana neddawo bupya, nokuwonya ebiwundu ku mutima ebyaletabwa abalala.

Amazima gano galaga ekifananyi kya yusufu (Lubereberye 37:45) kiyamba abaana okubalaga atya katonda bwakola mu bulumi nokigezesebwa. Yadde bamuyisa bubi, nebamulyamu olukwe, nebamulekawo baganda be abalenzi, teyaganya busungu kumufuga, bamutunda mu buddu, bamusibe, silwakuba nti alina kyeyakola. Byonna Yusuf byeyayitamu byabaawo kubanga taata we ne baganda be abalenzi basalawo bubi. Nga tebanatabagana ne baganda

be, yajulira mukama olwomulimu gwokuwonyezebwa katonda gwe yakola eri obulamu bwe, nemyaka egyayitawo nga bawukanye.

Yusufu yatuuma omubereberyewe manasse "katonda anelabizza okufuba kwange era wamu nenyumba ya Kitange. Omwana we owokubiri yamutuuma Efulayimu" Katonda ampadde nze okubala ebibala. (Lubereberye 41:51-52)

Yamba omwana wo Okulabira ebintu mu ntegeera ya katonda.

Bwoba nga ozeemu nofumbirwa, gezesa obugumu kiriza nga tewekiranyiza mu buyinza, empisa kikulu nyo. Katonda yakuyita okuba no buyinza eri abaana bo.

Abaana, mugondere ga bazadde bamwe mu mukama kino kituufu, Samu ekitibwa taatawo ne maamawo lino lye teeka elisooka eryokusubira. (Abefeeso 6:1-2)

Nga omuzadde atazaala baana abo, olina okukiriza katonda wo akozese obuyinza bwe yakuwa okutambuza amaka. Bwofumbirwa, toli wo lwa mwagalwa wo yekka, kubanga ebilayiro Wali obigamba katonda. I do kitegeeza buvunanyizibwa nga omwami/omukyala era omuzadde mu famire. Nzikiriza obuvunanyizibwa bwonna mu famire neeri abaana ababeera ewaka, okubagala no kubatendeka ngokwagala kwa katonda bwe kuli. Omwami no mukyala bwebatukiriza kino bombi kino kiletawo amazima amatuufu ewaka.

Kino kyamugaso eri mwe nga abazadde okunyonyola abaana bamwe nti ffe abakristayo tuliwo kukola kwagala kwa katonda. Katonda yemutonzi wa famire era tutunulidde ye tutya bwetunatambuza famire. Ekigambo kye kigamba nti omwami no mukyala balina okukolera ewamu mukutendeka abaana.

Katonda yalina o buyinza ewaka

Abakyala mweweyo eri ba bbamwe, nga bwekisaana mu mukama waffe, Abaami mwagalenga bakyala bamwe era temubakambuwalira. Abaana mugondere bazadde bamwe mu bintu byonna era kino kisanyusa katonda. Ba taata temukangavula obubi abaana bamwe (Abakolosaayi 3:18-21)

Taata gwe mutwe gwewaka, maama naye kitundu ku buyinza ewaka. Balina kukolera wamu mukutendeka abaana wamu (Abaruumi 13:1-2)

Katonda yeyatekawo obuyinza obwo mu maka era tulina okumwesiga bwetutakikola mu lunyiriri 2 lugamba abo abalesa baleta okwesalira omusango bokka kulwempisa za katonda.

Namwe abaana abato mweweyo eri abakulu eri buli omu era muberenga abantu balamu, kubanga katonda akyawa aba malala naye awa ekisa abawombeefu, N'olwekyo mwewombeeke wansi womukono gwa katonda..... (1 Petero 5:5-7)

- Weweeyo eri abakulu, kino kitwaliramu ne sezaala wo oba nyazaalawo
- Katonda akyawa abamalala naye abawombeefu abawa ekisa

- Ebikutawanya biweeyo jaali, Bwokyuka najja eri katonda musabe amaanyi agokuwonyezebwa okuva mu bulumi, obwava mu kwawukana kwabazadde mukusalawo kwabwe, Katonda abawa eddembe muli munda era essanyu ye mukama yaligaba.

Abazadde bonna balina okubeera abagumikiriza

Omuwereza wa mukama talina kuyomba, wabula okweyisa obulungi mu mpisa ez'obwakatonda eri abantu bonna, mu kusomesa, Okugumikiriza, obuntu bulamu okutereza abo ababawakanya era katonda bwabasobozesa nebenenya nebamanya amazima era nebadda mu ntegeera ya Katonda basobola okutoloka eri enkwe za sitani (2 timosewo 2:24-26)

Katonda ebilagiro yabilambulura bulungi ku ngeri ki bwolina okukola abaana abafuba mu ngeri ezimu.

1. Obutayomba kitegeeza butawakanya okugisinganya ebigambo
2. Okuba omwerufu, nga toboggola, kikole mu mukwano
3. Beera mwetegefu okuyigirizibwa
4. Obugumikiriza lugendo, si mu budde bwo
5. Mu buntu bulamu nomutima omukakamu sikulaga nti gwe osinga ko abalala naye mwenna muli Kyekimu mu maaso ga katonda mwayitibwa era nemwawulibwa katonda mu kifo ekyo.
6. Okutereza tekitegeeza kwesasuzza, olina okukiriza obuyinza bwo, bugoberere nga bwogattako empisa

Okukola okwagala kwa katonda ngomwami no mukyala, omuzadde kyekyamanyi kyolina okukola okuyamba abaana okutereera. Ennono zino tosobola kuziteeka munkola omurundi gumu. Embeera yobulamu ekyukakyuka eleetera omukisa okuteeka munkola ennono ezimu.

Obukulembeze Obwawamu

Ekilowoozo ekisooka 1: Obumu mu bukulembeze

Kibi nyo abakulembeze (omwami no mukyala) mu famire omuli abaana abatabule bawukana mu kukola emirimu awamu okusinziira ku nteekateeka ya Katonda mu maka. (Abefeeso 5:30-33)

Ekilowoozo ekyokubiri 2: Okutabagana wamu nga abazadde.

Mutekewo enkola eyokutabagana nga abazadde ba baana abazaala abo bobeeera nabo ewaka. Saba katonda akuyambe wabeewo enkolagana enungi esikiriza emitima jabazadde ba baana abazaala abaana bobeeera nabo. Kyamugaso nyo okubeera nga mukwatagana kisobole okuyamba omwana ewaka.

Toganya mulabe kujjawo mpuliziganya yo nomuzadde womwana gwewayawukana naye mukutekawo enkola eyokutabagana nga abazadde mu kukuza abaana. Tekiba kirungi gwe okubeera nga osalirawo omuzadde nanyini mwana kiba kyamugaso nyo

okubeera nga mukwatagana. Tekawo ebanga elyokukwatagana awatali kwemulugunya. (Abefeeso 5:21)

Ekilwoozo ekyokusatu 3: Abaana abajja ewaka

Naddala abaana abato kirungi okubawa obudde eri abaana ababeera bavudde mu maka amalala okujja okubeera ewuwo, Empisa abamu ziba zawukana neza baana bo ewaka. Olumu baba bagala okugabana ko ebyayita byabwe, ebisomooza, nokuyiibwa. Beera omuntu awuliliza, sanyuka nabo bwebaba basanyuka, ne bwebaba nga balina obutabanguko bwebayitamu nabazadde babwe nga tebabugonjoola. Beera mwegendereza ngoyogera ebyo ebinayamba omwana era obalage ekisa. Empisa zabwe ziyinza okuba nga mbi era nga bakusobya naye balele nga abaana.

1Buli kintu kiriko entuuko yaakyo, na buli kigambo ekiri wansi w'eggulu kiriko ekiseera kyakyo. 2Ekiseera eky'okuzaalirwamu, n'ekiseera eky'okufiiramu; ekiseera eky'okusimbiramu, n'ekiseera eky'okusimbuliramu ekyo ekyasimbibwa. 3Ekiseera eky'okuttiramu, n'ekiseera eky'okuwonyezaamu; ekiseera eky'okwabizaamu, n'ekiseera eky'okuzimbiramu, 4Ekiseera eky'okukaabiramu amaziga, n'ekiseera eky'okusekeramu; ekiseera eky'okuwuubaaliramu, n'ekiseera eky'okuziniramu. 5Ekiseera eky'okusuuliramu amayinja, n'ekiseera eky'okukunjaanyizaamu amayinja; ekiseera eky'okugwiramu mu kifuba, n'ekiseera eky'obutagwiramu mu kifuba. 6Ekiseera eky'okunoonyezaamu, n'ekiseera eky'okubuulirirwamu; ekiseera eky'okukuumiramu, n'ekiseera eky'okusuuliramu. 7Ekiseera eky'okuyulizaamu, n'ekiseera eky'okutungiramu; ekiseera eky'okusirikiramu, n'ekiseera eky'okwogereramu, 8Ekiseera eky'okwagaliramu, n'ekiseera eky'okukyayiramu; ekiseera eky'okulwaniramu, n'ekiseera eky'okutabaganiramu. (omubulizi 3:1-8)

Embeera ezenjawulo mu bulamu bw'abaana, baba betagisa enkwatagana eyenjawulo okubasobola, okuddamu enkolagana nomwana nga akomyewo ewuwo okuva e womuzadde amuzalira ddala. Awo oba oyiga Okukwasaganya embeera mungeri yomukwano okubeera nga otekawo enkolagana yempuliziganya mungeri eyo eri abaana bo.

Ekiteeso 4: Si kyakulwanyisa

Omwana wo si kyakulwanyisa ekilwana entalo zamwe nabagarwa bamwe bemwayawukana nabo. Mulina kukwatagana mu ngeri esanidde ku lwobulamu obulungi obwabaana okwewala obubi bwonna. Todamu ku kozesa mwana wo ngekyokulwanyisa osobole gwe okutukiriza ebigendererwa byo gwe.

Mwawulira bwebagamba nti "mwagalenga balilanwa bamwe mukyawenga abalabe bamwe" Naye mbagamba nti mwagalenga abalabe bamwe, mubasabire omukisa abo abakolimira, abakukola obubi gwe bakole burungi era mubasabirenga abo ababayigganya, olwo mulyoke mubeere abaana ba Kitaffe ali mu ggulu. Kubanga ayakisa enjuba eri ababi nabarungi era atonyesa enkuba eri ababi nabarungi. Bwemwagala abo ababagala munafuna mpeera ki?

Nabanyazi si bwebatyo bwebakola? era bwemubuza aboluganda bokka mpeera ki jofuna? Mubeere batukirivu nga Kitaffe ali mu ggulu bwaali omutukuvu. (Matayo 5:43-48)

Omwagarwa gwewayawukana siye mulabe wo, wabula sitani. Sigala ngokola okwagala kwa katonda, si kububwo gwe. Temuwangula lwa bubi wabula lwabulungi (Abaruumi 12:21)

Ekilowoozo 5: Enkuza Embi

Famire entabule ebiseera ebisinga mubeeramu abaana abenjawulo nga bazalibwa abazadde abenjawulo, weweeyo mu katonda osobole okuyigiriza no kukuza abaana bonna bobeeera nabo ewaka oba obazaala oba tobazaala. (1 Timoseewo 5:21)

Baganda bange abakiriza mu kitiibwa kya Mukama waffe yesu kristo (Yakobo 2:1 NIV)

Ensonga eyokuna: Ebyenfuna

Okuteeka mu sente musobole okwawukana kyakulabilako. Ebyenfuna olusi bikyankalanya nokuleeta obutabanguko ewaka. Tekawo enkola eziyiza omwana wo okubitekamu omuzanyo ku nsonga yensimbi ewaka.

Kale mwewombeekenga wansi w'omukono ogw'amaanyi ogwa Katonda, alyoke abagulumize ng'obudde butuuse. 7Musindiikirizenga ku ye okweraliikirira kwammwe kwonna, kubanga ye ateesa ku mwoyo ebigambo byammwe. 8Mutamiirukukenga, mutunulenga; omulabe wammwe Setaani atambulatabula, ng'empologoma ewuluguma, ng'anoonya gw'anaalya. 9Oyo mumuziyizenga nga muli banywevu mu kukkiriza kwammwe, nga mumanyi ng'ebibonoobono ebyo bituukirira eri baganda bammwe abali mu nsi. (1 Peteero 5:6-9)

Embeera bwejja nga yetagisa ebyensimbi okugeza, nga mulina olugendo jemulaga, emikolo, ebyemizanyo, okusoma, emotoka nebilala ebilinga ebyo, kirungi okubeera mu kusaba mu mbeera eyo yita abantu bonna mukungane mu kusaba.

Ebyenfuna bwebiba bitono atenga ensasanya nene nga tosobola ku sasula byetaago, manyisa omwana wo otya bwogenda okutereeza ensonga eyo.

Okulabula: Taata bwaba nga si yazaala abaana mu famire atenga nabaana be webali, kyamugaso nyo abaana enjuyi zonna okubayisa ekyenkanyi nadala nga waliwo obwetaavu bwa sente era mu buli nsonga zonna mulina okuzikwata mu ngeri eyenjawulo nobwegendereza.

Ensonga eyokutaano 5: Obukakafu bwetagisa.

Embeera ezenjawulo zitukawo mu ngeri jobeera owulira eri obulamu bwo mu mukwano era kitukawo neku baana nga batandise okuvuvuka okuva ku myaka kumi kumi nebiri ne kumi namusanvu, togeza noteekawo embeera yobukaawu eri abaana abo no kiriza omulabe okukozesa ngonyiiga noyisa bubi abaana abo oba nomwagarwa wo gwewayawukana naye nekigulawo ekubo lyo kwonoona.

Beera mwegendereza nyo ekikwatagana ku ngeri jomatizamu omwana ngomubulirira kubanga babeera bwakula okuva mu musajja omuto okufuuka omusajja omukulu oba bwaba omuwala okufuuka omukyala. Enkyukakyuka ebeera wo mu mu biri jabwe nga katonda

bweyakiteekateeka nga bavubuse babeera betaaga nyo abazadde okubawa obudde nga boogera nabo.

Okuwuliziganya mu ngeri eyo bukakamu nga nungi wakati womuzadde nabaana kisobole okuyamba abaana. Tonyiiga nyo nti bakusobezza wabula ofune engeri eyomukwano okumudamu bwaba nga omwana mwetegefu okukwasaganya bwekiba kyetagisa.

Leka waleme kuberawo kintu kyonna kyokola mu ntegeera yo, oba mu ndowooza yo (Abafiripi 2:3)

Jukira ekitabo kyomubulizi 3:1-8. Buli kintu kibeera ko ekiseera kyakyo ekituufu.

Tendeka omwana wo mu kubo elisanira okumukulizamu awo nebwalikula tali livaamu (Engero 22:6)

Kino kitukakasa ffe nti abaana baffe betaaga omukwano basobole okuzibwa obulungi awatali kwekiriziganya n'amazima.

Ekyongerezeddwako K: Okukulembera Omwana eri Kristo

Ekyetaagisa kyokka okufuuka omwana wa Katonda kwe kukkiriza n'okufuna Mukama waffe Yesu Kristo. Bayibuli telaga myaka gyennyini omwana gy'alina okutuukako okusobola okufuna obulokozi. Yesu yakubirizza abazadde okuleeta abaana baabwe abato gy'ali era n'aboggolera abaagezaako okugaana abaana.

Naye bonna abaamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye; (Yokana 1:12)

Naye Yesu n'abayita ng'agamba nti, "Muleke abaana abato bajje gye ndi, temubagaana: kubanga abali ng'abo obwakabaka bwa Katonda bwe bwabwe. ¹⁷Mazima mbagamba nti Buli atakkirizenga bwakabaka bwa Katonda ng'omwana omuto, talibuyingiramu n'akatono." (Luke 18:16-17)

Abaana abato abasinga obungi bajja kusaba Yesu ajje mu mitima gyabwe. Olw'obutamanya bwabwe, nga beewuunya, n'emitima egyeesiga, biwa etaaka ejjimu eri enjiri. Omwana alina okutegeera amazima gano wammanga, agalina okunnyonyolwa mu lulimi olutegeerekeka obulungi nga lutuukana n'emyaka. Bwe banaakula, bajja kutegeera amakulu g'amazima gano ag'ebuziba.

1. Katonda yatutonda n'ebintu byonna ebitwetooldde. Atwagala era atukuuma okuva mu ggulu.
2. Katonda mulungi. Talina kintu kibi kyonna ky'akoze oba ky'alowooza.
3. Abantu bonna boonoonyi. Kino kitegeeza nti buli muntu akoze ebintu ebibi. Waayo ebyokulabirako by'ekibi: okulimba, okubba, okukuba abalala n'ebirala.
4. Kkiriza eri omwana nti wakola ebintu ebibi, era naawe oli mwonoonyi.
5. Buuza omwana oba baali bakoze ekibi. Oyinza okweetaaga okubajjukiza ekintu ekitali kituufu kye baakola gye buvuddeko awo.
6. Katonda atwagala wadde nga tuli boonoonyi. Ayagala tusonyiwa. Nnyonyola nti *okusonyiwa* kitegeeza obutasunguwala n'obutajjukira nti twayonoona.
"Kubanga Katonda bwe yayagala ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu yekka, buli muntu yenna amukkiriza aleme okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo." Yokaana 3:16
7. Yesu Mwana wa Katonda. Yali abeera mu ggulu ne Kitaawe. Yesu yajja ku nsi nga wayiseewo ebbanga ddene. Yajja n'ategeeza buli omu nti Katonda atwagala nnyo.
8. Nnyonyola nti olw'okuba abantu bonna boonoonyi, Yesu yafiira ku musaalaba. Yesu teyasigala nga mufu. Oluvannyuma lw'ennaku ssatu yazukira!
9. Olw'okuba Yesu yafa era n'azuukira mu bafu, Katonda ajja kutusonyiwa ebibi byaffe byonna singa tukkiriza mu Yesu.
"Kubanga, buli alikoowoola erinnya lya Mukama alirokoka." (Abaruumi 10:13)
10. Yesu kati abeera mu ggulu ne Kitaawe. Era ayagala okubeera mu mitima gyaffe.

11. Nnyonnyola nti bwe baniriza Yesu, ajja kujja abeere mu mutima gwabwe. Bajja kufuuka omwana wa Katonda.

Naye bonna abamusembeza yabawa obuyinza okufuuka abaana ba Katonda, be bakkiriza erinnya lye; (Yokaana 1:12).

12. Buuza omwana oba ayagala Yesu amusonyiwe olw'ebibi bye era abeere mu mutima gwabwe. Nnyonnyola nti newankubadde Katonda ali mu ggulu, atuwulira bwe twogera naye.

13. Omwana bw'aba mwetegefu, basabe baddemu, kitundu ku kitundu, essaala eddako.

"Ow'omukwano Mukama Yesu, nkimanyi nti ndi mwonoonyi. Webale kufa ku musaalaba olw'ebibi byange. Nkwegayiridde, jjangu mu mutima gwange, obeere Mukama wange era Omulokozi wange. Webale kunsonyiwa. Nnyamba okubeera naawe buli lunaku. Mu linnya lya Yesu nsaba. Amiina"

Ekyongerezeddwako L: Eby'amasanyu Ebitasaana

Sayo omwoyo eri ebisanyusa awaka, oba kyetagisa okukyusa, sooka obilabe, mubikubaganyeko ebiwoozo ng'abagalana oba abafumbo.

1. Kola olukalala lwenyimba, obutambi, kompyuta, magazine, ebipande, puulogulamu za TV, obutambi bwa firimu, app z'esimu, emikutu gi migata bantu nebisanyusa ebilala gwe n'omwana wo bye musaana okuwuliriza n'emunyumirwa wamu era nga birina okukoma. Ekibuuzo kyangu ekyOkwekebera okuyamba okubitereeza byonna wano. Yesu bwakukyalira awaka wo leero ayinza okukakasa oba okukiriza ebikozesebwa?

2. Wandiyagadde okukyusa awaka wo mu nsonga zonna w'olemeredwa? ___ Eye ___ Nedda
3. Wandiiika obweyamo bwo okukola enkyukakyuka we kiba kyetaagisa era n'okunyiikirira okuyigirizwa abaana bo ku ngeri z'okwesaanyusa n'eby'okwesanyusaamu.

Enkyukakyuka Enakola

Abazadde basaanidde okwegendereza obutakola nkyukakyuka ng'ezo mu ngeri y'ekibwatukira oba nga abatulugunyi. Abazadde tebasaanidde kuyita mu kisenge ky'omutiini n'obusungu, ng'oyuzza ebipande ku bisenge oba okusaanyaawo ennyimba. Abaana bo asaanidde kubatukirira n'okwagala n'obwetoowaze, awatali kusunguwala wadde okwetulinkiriza.

Bw'oba nga mu kusooka wakkiriza eby'okwesanyusaamu ebitasaana mu maka go, kozesa bino wammanga:

1. Saba era onoonye okulungamizibwa kwa Mukama n'amagezi.
2. Mukubaganye ebiwoozo mukiriziganye nga abafumbo ku biki byemulina okusuula.

3. Omwana wo bw'aba ng'ayagula ebintu ebyo ne ssente ze, ng'alina olukusa okuva gyoli, oyinza okuwaayo eby'okwesanyusaamu ebitasaana n'oteekawo eby'okwesanyusaamu ebisaana, eby'amakulu omwana wo by'ayagala.

Kubaganya ebirowoozo ku nteekateeka yo ku ngeri gy'ogenda okukolamu enkyukakyuka zino. Wandika enteekateeka zo.

Ekyongerezeddwako T: Enkuluze

Ennyinyonyola zino ziggiddwa mu nkuluze ya Webster's New International Dictionary of the English Language, G & C Merriam Company, ne The Complete Word Study Dictionary, Spiros Zodhiates, AMG Publishers.

Okusigala; okugenda mu maaso mu kifo; okugumira awatali kwewaayo.

Okukakasa; okukakasa nga kituufu; kakasa mu ngeri ennungi.

amalala oba amalala: Okwegulumiza; okuwulira oba okweraga nti oli mukulu, obutafaayo ku balala. Okwegulumiza; okwewa eddaala erya waggulu, eddaala eritali lya makulu.

egumira ebintu byonna: Eddubu, *stego* (Oluyonaani). Okukweka, okukweka. Okwagala kukweka ensobi z'abalala oba okuzibikka. Kikuuma obusungu nga emmeeri ekuuma amazzi oba akasolya nga enkuba tetonnya.

okukkiriza: *Pisteuo* (Oluyonaani). Okubeera n'okukkiriza oba okusikiriza ennyo mu kintu. Kiraga endowooza y'essubi erisuubirwa.

okwewaana: Okwogera ku muntu yennyini, oba ebintu ebikwata ku muntu yekka, mu ngeri ey'okwewaana; okwewaana.

omubeezi: Oyo awerekedde oba ali mu kibiina n'omulala; omufumbo, omubeezi, okufaayo kw'omukwano ogutali gumu ogw'enjawulo ng'omufumbo oba munne.

okugeraageranya: Oyo ye munne, oludda olulala, ekitundu ekikontana, munne, mubeezi, naye nga si kifaanagana.

okukkaanya: Okugonjoola enjawukana nga buli omu akkiriziganyizza.

okutereeza: Ekigambo kya Katonda kitubuulira engeri y'okuzzaawo ekintu mu mbeera yaakyo entuufu, okuteekawo ekintu ekigudde ekigolokofu, nga kisonga ku bulamu obw'okutya Katonda.

okuyonoona: Miano (Oluyonaani). Okusiiga langi nga okusiiga endabirwamu, okusiiga langi, okucaafuwaza, okwonoona.

okukangavvula: Hupopiazoo (Oluyonaani). Ekozesebwa okunnyonyola abakubi b'ebikonde nga bakuba emiggo egy'okukoona; ebikonde ku kitundu kya ffeesi wansi ddala w'amaaso okutuusa lwe gaaba amaddugavu ne bbululu. (Ebitundu ebikwatagana: 1 Timoseewo 4:7–8; Yuda 3; 2 Peetero 1:5–6)

amaanyi ag'obwakatonda: Amaanyi, *dunamis* (Oluyonaani). Amaanyi ag'amaanyi, oba obusobozi okukola Katonda yekka ky'asobola okukola.

enjigiriza: Okuyigiriza kwa Katonda okw'obwakatonda kuwa omubiri omujjuvu era omujjuvu ogw'amazima ag'obwakatonda ageetaagisa mu bulamu, okutya Katonda, n'amaka.

okuzimba: *Oikodome* (Oluyonaani). Okuzimba olw'amagoba ag'omwoyo oba okukulaakulana kw'omuntu omulala; ekozesebwa okulaga okuzimba ennyumba oba ekizimbe.

okugumira ebintu byonna: Okugumira, *hupomeno* (Oluyonaani). Okubeera wansi, okugumiikiriza wansi, okubonaabona, ng'omugugu gw'ennaku. Okukkiriza kw'omugumiikiriza, okukwata ekifo kyakwo nga tekikyayinza kukkiriza wadde okusuubira.

okusanyusibwa: *Sagah* (Olwebbulaniya). Isaaya yakozesa ekikolwa kino okulaga okuwuguka, okuwuguka oba okuwuubaala olw'okutamiira (Is. 28:7). Yali asobola okunyonnyola okutamiira, si kuva mu wayini oba bbiya yekka naye n'okuva mu kwagala (Engero 5:19–20).

obugya: Obutamitira oba obutabeera bulungi ng'olaba obulungi oba omukisa gw'omulala, nga buwerekewako obukyayi ku ddaala eritali limu n'okwagala okuba n'enkizo ezenkanankana; okunyiiga mu ngeri embi.

okusuubira: Okusuubira oba endowooza y'ekintu ekigenda mu maaso; omutindo ogusuubirwa.

okuleka: Okwegaana. Buli lunaku kwataganya ebintu bye tukulembeza n'Ekigambo kya Katonda, ekiteeka by'ayagala ku byaffe.

obugonvu: Kirabika, kituukirawo; obwenkanya, obwenkanya, obw'ekigero, obugumiikiriza, obutakkaatiriza ku bbaluwa ya mateeka. Alaga okufaayo okutunuulira mu ngeri ey'obuntubulamu era mu ngeri entuufu ensonga z'omusango.

obutuufu: *Dokimion* (Oluyonaani). Ekintu ekigezeseddwa ne kikkirizibwa. Ekozesebwa okunyonnyola ebyuma ebyali biyise mu nkola ey'okuggyawo obucaafu bwonna.

gulumiza: Okufumiitiriza, okussa ekitiibwa, okutendereza, okuwa ekitiibwa oba ekitiibwa nga omuteeka mu kifo eky'ekitiibwa.

omutima: *Kardia* (Oluyonaani). Entebe y'okwegomba, enneewulira, omukwano, obwagazi, ebisikiriza; ebirowoozo.

omutima: *Lebabu* (Olwebbulaniya). Ebirowoozo, omuntu ow'omunda (okwagala, enneewulira). Ekigambo kino okusinga kyogera ku nneeyisa yonna ey'omuntu ow'omunda.

omuyambi: *Azar* (Olwebbulaniya). Okuyamba, okuwagira, okuwa okuzzaamu amaanyi; omu eyeetooloola, akuuma, era n'ayamba omulala.

omuyambi: *Ezer* (Olwebbulaniya). Okuyamba oba obuyambi obuweebwa; kiraga abantu abawa obuyambi. Omukazi yatonda ng'omuyambi wa Adamu ow'okujjuliza (Olubereberye 2:18, 20). Mukama ng'omuyambi wa Isirayiri (Koseya 13:9). Mukama ng'omuyambi wa Isirayiri omukulu (Okuva 18:4; Ekyamateeka 33:7; Zabbuli 33:20; 115:9–11).

omuyambi: Oyo ajja n'ayamba, so si kukulemba.

okuyigirizibwa mu butuukirivu: Ebyawandiikibwa biwa okutendekebwa okulungi. Okuyigiriza mu kusooka kwali kwogera ku kutendeka omwana mu nneeyisa ey'okutya Katonda; si kunenya kwokka n'okutereza enneeyisa enkyamu (Ebikolwa 20:32; 1 Timoseewo 4:6; 1 Peetero 2:1–2).

ekika: *Chrestos* (Oluyonaani). Okukola ebirungi; kitegeeza okuba omukkakkamu, omusaasizi, omusaasizi, ow'ekisa, era ow'empisa ennungi okwawukana ku mukambwe, omukaluba, omusongovu, omukaawa oba omukambwe. Endowooza y'empisa ennungi.

okumanya: *Epignosis* (Oluyonaani). Okwetaba mu bujjuvu mu kufuna okumanya, n'okukukozesa.

okugumiikiriza oba okugumiikiriza: Okubeera ow'obusungu obuwanvu, ekikontana n'obusungu obw'amangu; kizingiramumu okutegeera n'obugumiikiriza eri abantu. Kyetaagisa okugumira embeera, so si kufiirwa kukkiriza oba okulekulira.

omukwano: *Agape* (Oluyonaani). Okuddamu kw'omutima gwa Katonda eri aboononyi abatasana. Agape kwe kwagala kwa Katonda okwolesebwa mu kwefiiriza olw'okugasa ebintu by'okwagala kwe, Omwana we n'aleeta okusonyiyibwa eri omuntu. Engeri ya Katonda enkulu enoonya ebirungi by'abalala awatali kulowooza ku bikolwa by'abalala; kizingiramumu Katonda okukola ekyo ky'amanyi nti kisinga ku muntu so si ekyo omuntu ky'ayagala. Agape ali mu kusalawo okwagala awatali bukukkulizo.

omukwano: *Fileo* (Oluyonaani). Engeri omwoyo gw'omuntu gye gukwata ku ekyo ekigusikiriza ng'ekisanyusa. Yawukana ku agape era ayogera ku kitiibwa, ekitiibwa eky'amaanyi, n'omukwano omugonvu era asinga kukwata ku nneewulira. Okwagala kw'omukwano; esalibwawo essanyu omuntu ly'afuna okuva mu kintu ky'ayagala okwagala okwo. Phileo mukwano ogw'obukukkulizo.

okufumiitiriza: Okuwowoggana, okwogera oba okugugumbula amaloboozi ag'okuwuubaala, ng'okusoma ekitundu mu ddooboozi ery'omwanguka oba okunyumya naawe kennyini, okukwatagana n'ekiwandiiko kisobole okunnyika mu birowoozo byo. Ng'ensawo ya caayi ennyogovu mu mazzi bw'eyita mu mazzi, n'okufumiitiriza ku Byawandiikibwa bwe kuyita mu birowoozo byaffe. Mu nsi ya Baibuli, okufumiitiriza tekyali nkola ya kasirise.

Omuwereeza (noun): Omuweereza oba omuweereza; oyo alabirira, afuga, era atuukiriza.

wereeza (verb): Okutereeza, okulung'amyaa, n'okuteeka mu nsengeka; okuweereza, okuweereza omulala; okukolera Mukama ng'omuuddu.

obutasanyukira butali butuukirivu (obutali butuukirivu): Bw'olaba omuntu ng'agwa mu kibi oba ng'akola ensobi, toba musanyufu wadde okwesasuza gy'ali.

etuukiridde: *Teleio* (Oluyonaani). Okukola ekijjuvu, ekiraga nti waliwo ekintu ekigenda mu maaso. Naddala n'amakulu okuleeta ku nkomerero enzijuvu, okumaliriza, okutuuka ku kiruubirirwa ekigendereddwa, okumaliriza omulimu oba omulimu.

preference: Omuntu ky'ayagala nga tannatuuka oba okusinga munne. Si kituufu wadde ekikyamu.

okuwa: *Pronoeo* (Oluyonaani). Okulowooza ennyo, okulowooza ku, okulowooza, okufaayo, okulowooza nga bukyali mu ngeri ey'okusaba, okufaayo mu kulabirira omuntu omulala.

ekigendererwa: Ekigendererwa oba ekyetaagisa okuvaamu oba ekiruubirirwa.

react: Okukola nga oddamu ekizimba oba ekisikirizibwa, okukola mu kuwakanya.

okukola mu mubiri: Omukristaayo okweyisa mu mbeera mu ngeri ey'ekibi, mu muze gw'obutonde bwabwe obw'edda obugwa, oba okukola mu maanyi gaabwe n'okutegeera okusinga amaanyi n'amagezi g'Omwoyo Omutukuvu.

nga basanyukira amazima: Nga musanyuka nnyo; okusanyuka olw'ekyo ekituufu nga basinziira ku bisuubizo bya Katonda.

okwenenya: Okumalirira; okulongoosa obulamu bw'omuntu ng'ekivudde mu kwejjusa olw'ebibi by'omuntu; okwejjusa olw'ekyo omuntu ky'akoze oba ky'alekayo okukola mu maaso ga Katonda. Okukyuka n'ogenda mu kkubo eddala; okukyusa endowooza y'omuntu, okwagala kwe, n'obulamu bwe, ekivaamu okukyusa enneeeyisa; okukola ebintu mu ngeri endala.

okunenya: Ekigambo kya Katonda kitubuulira ekikyamu oba ekibi mu kukkiriza n'enneeyisa.

ddamu: Weeyisa bulungi oba mu ngeri ennungi.

okuddamu mu kwagala: Okuddamu n’obulagirizi obw’omunda, okwagala, amagezi, n’amaanyi g’Omwooyo Omutukuvu.

okugabanya mu butuufu: Okusala ekintu ekigolokofu nga bw’okola mu kubajja, mu kuzimba amayinja, oba ng’osala olugoye olugenda okutungibwa wamu.

obukambwe: Emanyiddwa olw’okukaluba; obukambwe, obukambwe, obubi, obutali bwa kitiibwa, oba okunyiiza mu ngeri oba mu bikolwa.

okumatiza: *Rawah* (Olwebbulaniya). Okuwa amazzi, okutonnya; okunywa ekijjulo ky’omuntu. Kitegeeza okuwa omuntu ekyokunywa mu ngeri ey’obugambo n’ey’akabonero (Zabuli 36:8-9; 65:10–11). Kitegeeza okunywa byonna omuntu by’ayagala, okumatiza (Engero 5:19; 7:18).

obukuumi: Embeera y’okubeera nga toline bulabe oba kutiisibwatiisibwa, okuba n’obwesige nti omuntu alina obukuumi, era nti obulamu bw’omuntu bukakasibwa omulala, nga mu mukyala awummudde bulungi mu bukulembeze bw’omwami.

noonya era oteekewo ebirowoozo byo: Ebikolwa ebiragiro ebiraga ekikolwa nkola etaggwaawo. Noonya kitegeeza okunoonya n’okufuba okunoonya. Teekawo ebirowoozo byo kitegeeza ekiraamo, omukwano, n’omuntu ow’omunda.

sooka onoonye: Ekiragiro okukola n’obutakoma (Matayo 6:33).

noonya ekkubo lyo: Okugoberera ekisinga okutuukagana n’ebyo by’oyagala nga tofaayo ku ngeri ebikolwa byo oba amakubo go gye bikosaamu abalala. Obutayagala kufuna biteeso, nga muno mulimu okulagirwa okuva mu ndowooza ya Katonda oba munno.

okusoma: Ekikolwa ekiragiro; ekiragiro okukola n’okusigala ng’okola. Kitegeeza okugumiikiriza n’obunyiikivu, okunyiikira, okufuba ennyo okukola kyonna ekisoboka, okwagala ennyo n’obunyiikivu mu kutuukiriza ekiruubirirwa.

okuweereza: *Hupotasso* (Oluyonaani). Endowooza ey’obwannakyewa ey’okwewaayo, okukolagana, okwetikka obuvunaanyizibwa, n’okwetikka omugugu.

talowooza kibi kyonna: *Logizomai* (Oluyonaani). Kikozesebwa ng’ekigambo eky’okubala ebitabo, ekitegeeza okussa ebintu awamu mu birowoozo by’omuntu, okubala oba okugatta, okwemalira mu kubala.

nga tulina ebikozesebwa mu bujjuvu buli mulimu omulungi: Katonda agenderera ffe okutegeera by’ayagala n’okuweebwa amaanyi okugoberera mu buwulize nga tugoberera emisingi gya Baibuli mu Kigambo kye.

ekyusiddwa: *Metamorphoó* (Oluyonaani). Mu kino mwe tuggya ekigambo enkyukakyuka (metamorphosis). Okukyuka n’ofuuka ekintu eky’enjawulo ddala, ng’enkware okutuuka ku kiwujjo.

amazima: Gava mu Kigambo kya Katonda; eraga bulungi ekituufu n’ekikyamu.

omulimu gw’okukola: *Poiema* (Oluyonaani). Muno mwe tuggya ekigambo ekitontome. Okukola ekintu; omulimu, ekintu ekikolebwa, omulimu oba omulimu ogw’ekikugu.

Ebisembayo

1. Mariel Alper PhD, Matthew R. Durose, and Joshua Markman, "2018 Update On Prisoner Recidivism: A 9-Year Follow-Up Period," Bureau of Justice Statistics, May 23, 2018, <https://www.bjs.gov/index.cfm?ty=pbdetail&iid=6266>.
2. Spiros Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary: New Testament* (Chattanooga, TN: AMG Publishers, 2000), 557.
3. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, 1088.
4. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, 1017.
5. William MacDonald and Arthur Farstad, *Believer's Bible Commentary: Second Edition* (Nashville, TN: Thomas Nelson, 2016), 35.
6. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, 860.
7. Candace Cameron Bure and Darlene Schacht, *Reshaping It All* (Nashville, TN: B&H Publishing Group, 2011) 108–09, Kindle.
8. W.E. Vine and F.F. Bruce, *Vine's Expository Dictionary of Old and New Testament Words*, vol. 2 (Old Tappan, NJ: Revell, 1981), 144–45.
9. *Webster's New International Dictionary of the English Language*, Second Edition Unabridged (Springfield, MA: G & C Merriam Company, Publishers, 1939).
10. Patrick McCawley, *Webster's II New Riverside Dictionary Revised Edition*, Office Edition, (Wilmington, MA: Houghton Mifflin Company, 1996).
11. *Webster's Dictionary of the English Language*, (Springfield, MA: Merriam-Webster, Incorporated, 2012).
12. *Webster's New International Dictionary of the English Language*.
13. Blue Letter Bible, accessed 2013, <https://www.biblestudytools.com/lexicons/greek/nas/hupotasso.html>.
14. John F. MacArthur, Jr., *The MacArthur New Testament Commentary: 1 Peter* (Chicago, IL: Moody Publishers, 2004), 177–78.
15. Albert Barnes, *Notes on the New Testament: Explanatory and Practical*, ed. Robert Frew, vol. 10 (London: Blackie & Son, 1884), 157.
16. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, 646.
17. Craig Caster, Marriage Is a Ministry series, Family Discipleship Ministries. This downloadable series is available at no cost on our website, FDM.world.
18. H. A. Ironside, *Notes on the Book of Proverbs* (Neptune, NJ: Loizeaux Bros, 1908), 246–47.
19. Bruce B. Barton, David Veerman, and Neil S. Wilson, *Life Application Bible Commentary: 1 & 2 Timothy, Titus* (Wheaton, IL: Tyndale House Publishers, 1994), 101.

20. D. Michael Martin, *The New American Commentary: 1, 2 Thessalonians*, vol. 33 (Nashville, TN: Broadman & Holman Publishers, 1995), 84.
21. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, 1220.
22. Thomas D. Lea and Hayne P. Griffin Jr., *The New American Commentary: 1, 2 Timothy, Titus*, vol. 34 (Nashville, TN: Broadman & Holman Publishers, 1992), 112.
23. John MacArthur, *The MacArthur New Testament Commentary: 1 & 2 Thessalonians* (Chicago, IL: Moody Publishers, 2002), 45.
24. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, 367–68.
25. John F. Walvoord and Roy B. Zuck, *The Bible Knowledge Commentary: Old Testament*, Dallas Theological Seminary (Wheaton, IL: Victor Books, 1985), 1 Thess. 2:7.
26. Vine and Bruce, *Vine's Expository Dictionary*.
27. MacArthur, *The MacArthur New Testament Commentary*, 46.
28. MacArthur, *The MacArthur New Testament Commentary*, 47.
29. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, 936.
30. J.D. Watson, *A Word for the Day: Key Words from the New Testament* (Chattanooga, TN: AMG Publishers, 2006), 321.
31. William Hendriksen and Simon J. Kistemaker, *New Testament Commentary: Matthew*, vol. 9 (Grand Rapids, MI: Baker Book House, 2002), 999.
32. Bruce B. Barton, *Life Application Bible Commentary: Matthew* (Wheaton, IL: Tyndale House Publishers, 1996), 577–78.
33. Thomas L. Constable, *Expository Notes on the Bible* (Galaxie Software, 2003), Matt. 28:19.
34. Greg Ogden, *Discipleship Essentials: A Guide to Building Your Life in Christ* (Downers Grove, IL: InterVarsity Press, 1998), 17.
35. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, 842–43.
36. InTouch Ministries, accessed August 23, 2012, http://www.intouch.org/you/article - archive/content?topic=fruitful_living_article.
37. Zodhiates, *The Complete Word Study Dictionary*, 5274.
38. Steven J. Lawson and Max Anders, *Holman Old Testament Commentary: Psalms 76–150* (Nashville, TN: Holman Publishers, 2006), 289.
39. Carl Friedrich Keil and Franz Delitzsch, *Commentary on the Old Testament* (Peabody, MA: Hendrickson Publishers, 1996), Deut. 6:6.
40. Warren Baker and Gene Carpenter, *The Complete Word Study Dictionary: Old Testament* (Chattanooga, TN: AMG Publishers, 2003), 1179.
41. Lawson and Anders, *Holman Old Testament Commentary*, 289.
42. Ivan Raskino, *A Pastor's Commentary on the Psalms* (New Delhi, India: Mountain Peak, 2015), 772.

43. Walter A. Elwell, PhD and Philip W. Comfort, PhD, *Tyndale Bible Dictionary* (Wheaton, IL: Tyndale House Publishers, 2001), 889.
44. Focus on the Family, accessed 2006, <http://www.family.org/socialissues/A000001155.cfm>.
45. Walvoord and Zuck, *The Bible Knowledge Commentary*, Deut. 6:6–9.
46. NavPress, accessed 2006, <http://www.navpress.com/EPubs/DisplayArticle/3/3.11.32.html>.

Ebikwata Kumuwandiisi

Omusirusiru. Omuyizi eyalina obuzibu okusoma ebiwandikidwa. Omuyizi wa siniya ey'okusatu naye nga omutindo gw'okusoma eguli ku ddaala ly'ekyookusatu. Omwami atalina ky'amanyi era taata atulugunya. Byona by'ali binyonyola Omusumba Craig Caster mu kiseera ekimu mu bulamu bwe, naye Katonda yalina enteekateeka ya njawulo gy'ali.

Wadde nga Craig yali atya okwogera mu lujjudde, Katonda yamuyita mu buweereza obw'ekiseera kyonna mu 1994. Yafuluma mu kukirira nga talina buyigirize wadde diguli mu seminaaliyo. Yayawulibwa mu 1995 era okuva olwo awandiise ebitabo bina; n'afuula abasajja bangi abayigirizwa; Awabudde ebikumi n'ebikumi; akulembede bangi nnyo eri Kristo; era ayigiriza enkumi n'enkumi okuyitira mu misomo gy'obufumbo n'okukuza abaana, mu zi semina z'abasajja, n'enkuŋgaana z'abasumba mu Amerika n'ensi yonna. Byonna olw'ekisa n'amaanyi ga Katonda.

Wadde nga Craig yawa Yesu obulamu bwe mu 1979, enkyukakyuka ze zaatandika bwe yatandika okubeera n'obudde ne Yesu n'Ekigambo kye buli lunaku. Mu butuufu, Yesu ayagala okuba n'enkolagana ey'oku lusegere ne buli omu ku ffe. Obulamu bwe bukyuse emirembe gyonna kubanga agoberera enkolagana eno era yeesigamira ddala ku Kristo.

Daamu amaanyi.

Bw'oba olafubana n'okwesiga nti Katonda asobola okukola mu bulamu bwo n'okuyita mu bulamu bwo, daamu amaanyi olw'ebyafaayo bya Paasita Craig. Tokkiriza bibi byo eby'emabega, obuzibu bw'okuyiga, okutya okuyigiriza oba okwogera, oba obutasoma kukulemesa kugondera okuyitibwa kwa Katonda ku bulamu bwo. Katonda ayagala okukufuula omuyigirizwa we, era bw'oba omufumbo oba ng'olina abaana, ayagala okukufuula omufumbo era omuzadde amussaamu ekitiibwa. Ekisa kye kyewuunyisa era tekirina kkomo. Ayagala nnyo era ayagala okugulumizibwa okuyitira mu ggwe.

Ebisubizo By'aKatonda gy'Oli.

Twebaza Katonda olw'ebisuubizo bye ebingi n'enteekateeka ze. Fumiitiriza ku bisuubizo bye okuva mu bigambo bya "Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo."

¹Simooni Peetero, omuddu era omutume wa Yesu Kristo, eri abo abaafuna okukkiriza okw'omuwendo omungi nga ffe bwe twakufuna mu butuukirivu bwa Katonda waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo; ²ekisa n'emirembe byeyongerenga gye muli mu kutegeerera ddala Katonda ne Yesu Mukama waffe.

³Kubanga obuyinza bw'obwakatonda bwe bwatuwa byonna eby'obulamu n'eby'okutya Katonda, olw'okutegeerera ddala oyo eyatuyita olw'ekitiibwa n'obulungi bwe ye. ⁴Mu byo mweyatuweera ebisuubizo ebinene era eby'omuwendo omungi ennyo; olw'ebyo

mulyoke muwone okuzikirira okuli mu nsi okuleetebwa okwegomba okubi, mulyoke mugabane ku bwa Katonda bwe. ⁵Olw'ensonga eno mufube okulaba nga, ku kukkiriza kwammwe mwongerako obulungi, era ne ku bulungi bwammwe mwongerako okutegeera; ⁶era ne ku kutegeera kwammwe mwongerako okwegendereza; era ne ku kwegendereza kwammwe mwongerako okugumiikiriza; era ne ku kugumiikiriza kwammwe mwongerako okutya Katonda; ⁷era ne ku kutya kwammwe Katonda mwongerako okwagala ab'oluganda; era ne ku kwagala ab'oluganda kwammwe mwongerako okwagala. ⁸Kubanga bwe muba n'ebyo ne biba ebingi, bibafuula abatali bagayaavu n'ababala ebibala olw'okutegeerera ddala Mukama waffe Yesu Kristo. (2 Peteero 1:1-8).

Ebikwata Ku Buweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka

Obuweereza Bw'Okuyigirizibwa Kw'amakka (FDM), obuwereza obwa na kyeewa ekyatandikibwawo mu 1994 n'omutandiisi era omuddukanya omusumba Craig Caster, efuba okuwagira, okusomesa n'okutendeka omubiri gwa Kristo okuweereza amaka. Okusobola okutuukiriza ekigendererwa kino, FDM ewa ebitabo by'okujjuzaamu, obutambi ezibisemba, n'ebikozesebwa ku yintaneeti eby'okusoma kinnoomu, ebibinja ebitono, okusoma mu kibiina ky'awaka, n'obuyigirizwa omu ku omu. Bakola emisomo egikwata ku bufumbo, okukuza abaana, okutegeera abavubuka, n'okuteekateeka abuyigirizwa mu kkanisa.

Ekigendererwa kya FDM mu buweereza kwe kukubiriza, okutendeka n'okuteekateeka abakulembeze b'amakanisa g'Abakrisitaayo okukulaakulanya okwolesebwa kw'okubeera abayigirizwa n'okubawa ebitabo eby'okujjuzaamu eby'esigamye ku Bayibuli okubayamba okuweereza amaka mu makkanisa gabwe. Okuva mu 1995, enkumi n'enkumi z'abantu bamalirizza emisomo gy'obufumbo n'okukuza abaana era ebikumi n'ebikumi by'amakanisa mu Amerika n'ebweru w'eggwanga biweereza ebibiina byabwe nga bakozesa ebintu bya FDM. Obuweereza bwabwe era buyamba amaka mangi okuyitira mu bintu bya yintaneeti eby'obwereere ebisangibwa ku FDM.world.

FDM yenyigira mu kuwereza mu nsi yonna mu mawanga nga Russia, Ukraine, Cuba, Mexico, Africa, Singapore, Japan ne China. Manya ebisingawo ku FDM.world.